Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

# OKUWABULA KWA BAYIBULI:
# Omusomo Ogw'Obwoleke

**kya**

**Frank J. Cummings, Ph.D.**
**(drfrank@pa-fc.com)**
**ne**
**Jonathan M. Menn, J.D., M.Div.**
**(jonathanmenn@yahoo.com)**

**Equipping Church Leaders East Africa, Inc.**
**714 S. Summit St., Appleton, WI 54914**
**+1-920-2846841 (mobile and WhatsApp)**
**www.eclea.net**

July 2010; revised, February 2020

Okuwabulwa kwa Bayibuli kitundu kikulu ku buvunaanyizibwa bw'omusumba. Ekitabo kino kikuleetedde ebitandikirwako ku wabulwa kwa Bayibuli, nga bwe biyigirizibwa mu misomo gya ECLEA. Ekitabo kyogera ku bintu ebisinga obukulu mu nsonga z'Okuwabulwa kwa Bayibuli mu ngeri ey'obwoleke: ekiruubirirwa n'ekikula ky'Okuwabulwa kwa Bayibuli; ekikula kya Katonda n'eky'abantu; obubonero kwe tulabira abawabuzi abeesigama ku Bayibuli era n'emirimu gyabwe; era n'oluwenda olw'okuwabulwa okw'ekiseera ekitono. Essira ly'ekitabo kino lisiddwa ku bumanyirivu bw'omuwabuzi eyeesigama ku Bayibuli: obumanyirivu bw'okukwatamu ensonga n'obwokwogeramu eri abantu: okutegeera ensonga; okuwuliriza; era n'okubeera n'obusaasizi. Waliwo ebizibu ebisisinkanibwa nga tugezaako okuluŋŋammya abantu era nabyo byogerwako, era nga n'ebizibu ebirala ebibaawo, era n'amagezi ag'okulabirira emmeeme yo. Ebyo ebituuse ku bantu era n'engeri z'okuwabula biteekeddwa wamu okuyambako ku muwabuzi eyeesigama ku bayibuli.

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

**ENNYANJULA:** Weebale okujja n'obaawo mu musomo ogw'Okuwabulwa kwa Bayibuli ogutegekeddwa aba Equipping Church Leaders – East Africa (ECLEA). Omusomesa waffe ye Frank Cummings, PhD, era ateeseteese n'obwegendereza ebigenda okukozesebwa okukutendeka osobole okuyiga ebitandikirwako mu Kuwabulwa kwa Bayibuli. Kuno kwe kuyaayaana kw'omutima gwange era kwe kusaba kwange nti Katonda agulumizibwe obudde bwe tunaamala nga tuli ffena era oweebwe nnyo omukisa ng'owabula abantu mu buweereza bwo. Wadde nga ffena tuli mu kuweebwa eby'okukozesa bye bimu, mwattu jjukira nti abantu baawukana nnyo: (a) mu ngeri gye bayigamu; (b) kw'ekyo kye bayigako; era (c) na ddi lwe bayiga. Kale nno, nsuubira nti ogenda kuŋŋumikiriza era n'abalala obagumiikirize (nga bwe tweteekateeka okuyiga ku bintu ebiwerako mu nnaku ebbiri eziddirira).

Ekisembayo, waayinza okubaawo ebyogerebwa nga bya kyama wakati nga tuli mu kusoma. Kale nno **tolina buyinza kugenda ng'osaasaanya ebikukwatako** eri abalala, naye Mukama ayinza okukuluŋŋamya n'osisinkana anaakuyigiriza oba or omuwabuzi naakuyamba okweyongera okufuuka ekikozesebwa eky'omugaso nga ggwe omuwabuzi. Tewali n'omu kuffe atuukiridde, naye tufuba okutuuka ku kiruubirirwa eky'okweyongera okufaana Yesu Kristo.

**Waliwo ebika by'okuwabula bisatu:**

1. Okuwabula okwabulijjo.
   a. *Okuwabula okwa bulijjo kwekwo kwe tusisinkana eyo "gye tutambulira"—* eky'okukulabirako., ensisinkano ey'olukisakisa, okusisinkana omukulembeze w'ekkanisa ng'okusaba kwakaggwa, oba ensisinkano endala n'oyo kasitoma wo, okusingira ddala nga temutera kusisinkana, ekyo tekitegeeza nti okuwabula okwo kuteeteeke. Ekyo okusingira ddala kubeera OKUWA AMAGEZI "okw'omulundi ogumu."
   b. *Eby'okulabirako eby'okuwabulwa okwabulijjo mulimu:* okuluŋŋamizibwa okutonotono (okugeza ng'okwebuuza okwogala kwa Katonda ku ky'oyagala okusalwo); embeera ey'ekiseera (okugeza butya bw'okwatamu obutategeeragana, obutakkaanya oba okutabuka n'omuntu omu ewaka, ku ssomero, ku mulimu oba ku muliraano); okwanukula ebibuuzo ebiva mu biyigirizibwa; mu kusomesa (era n'okugunjula) abaana ebifa ku Katonda, ku bulamu, era n'enkolgana yaabwe n'abalala; eby'okusabira; era n'okulondoola.
2. Okuwabula okuteeteeke.
   a. *Okuwabula okuteeketeeke bulijjo zibeera nsisinkano enteeketeeke n'oyo alina ekizibu nga mulina ekizibu ekimanyiddwa kye muvvunkana nakyo mu bulamu bw'oyo gw'obudaabuda.* Ebisinga ku bye tugenda okwogerako wammanga ebikwata ku kikula ky'omutendera gw'okuwabula byogera ku kuwabulwa okuteeketeeke.
   b. *Eby'okulabirako by'okuwabula okuteeteeke mulimu:* okuwabula mu kweteekerateekera okwogereza (nga kuvuganya. n'okweteekerateekera obufumbo); obufumbo nga butabuse; okuvunaanyizibwa/okuzzaamu amaanyi/okusabira ali mu kiseera ekizibu olw'ekikemo ekimuwangudde (ebiragalalagala, omwenge, ebifaananyi eby'obuseegu, n'ebirala.); abazadde n'abaana baabwe abavubuse abali mu lutalo; ng'oyamba omuntu ku bizibu byatubiddemu okugeza ng'obuswavu, okwesalira omusango, ennyiike, okwennyamira, okwennyika, okweraliikirira, okutya, obusungu, oba obutasonyiwa.
3. Okuwabula mu kiseera eky'akatyabaga.
   a. *Okuwabula mu kiseera eky'akatyabaga tekubeera kuteeketeeke, tekubeerako kulagaana nnyo bwe tubeera nga tuwabula ku buzibu obw'amaanyi mu bulamu bw'omuntu.* Kino kiyinza okubaawo mu kifo kyonna ewali akatyabaga, okugeza ng'amaka, eddwaaliro, oba era kiyinza n'okubeera ku ssimu.
   b. *Eby'okulabirako eby'okuwabula mu kiseera eky'akatyabaga mulimu:* abali mu kwegezaamu okwetta; akabenje akaguddewo embagirawo, obulwadde, oba okufa; entalo z'awaka; omutiini ali mu buzibu (afunye olubuto, anywa ebiragalalagala/oba ettamiiro, ey'enyigira mu kuzza emisango, oba okukwatibwa); munno okukutiisatiisa okwawukana naawe oluvannyuma lw'okutegeera ku bwenzi bwo, ebifaananyi eby'obuseegu, n'ebiarala.

*Olw'ekigendererwa ky'omusomo guno, tugenda kwogera ku lugendo lw'okuwabula* **OKUTEEKETEEKE**.

**<u>OKUWABULA KWA BAYIBULI KYE KI?</u>** Ekiruubirirwa n'ekikula ky'okuwabula kwa bayibuli kye ki? Okutandika kaweefube yenna, walina okubaawo ekigendererwa oba ekiruubirirwa ky'oyagala okutuukako. Bayibuli egamba nti "ewataba kwolesebwa abantu bazikikirira" (**Eng 29:18**). Mu butuufu, olwaleero otuuse wano ku musomo nga wakiteeseteese, ob'olyawo, ne wiiki yo yonna nteeketeeke. Mu ngeri yeemu, okukubaganya ebirowoozo kwonna ku "kuwabula kwa bayibuli" kitwetaagisa okunnyonnyola ennono y'okuwabula kwa bayibuli n'ekikula kyayo n'ekiruubirirwa kyayo. Tugenda kwolekeza obuufu bwaffe eri ennono zino.

Enjogera "Okuwabula kwa Bayibuli" etulga nti emiramwa oba ebirowoozo bye tukozesa nga tuluŋŋamya abasoowaganye byesigamye ku bayibuli. Katulabe ennono zino kye zitegeeza eri ffe ng'abantu kinnoomu. Kaakati, jjuzaamu mu **<u>Lupapula olw'Eky'okukola #1</u>** (wammanga), ng'ojjuzaamu ebintu okuva ku A okutuuka ku E ku lupapula. Oweereddwa eddaakika 12 okujjuzaamu ebintu, oluvannyuma tugenda kwanukula ebyo byozzeemu nga tuli wamu ng'ekibiina.

**<u>OLUPAPULA OLW'EKY'OKUKOLA #1: Ekiruubiriwa n'Ekikula eky'Okuwabula kwa Bayibuli</u>**

Mwattu jjuzaamu ebikuweereddwa nga *<u>kinnoomu:</u>*

A. Okuwabulwa kwa Bayibuli kwe ____________________________________________

____________________________________________________________________

____________________________________________________________________

____________________________________________________________________.

B. Nze nneekakasa nga ndi ku bitundu______ mu nsonga eyo eyogerwako waggulu.

C. Ebyawandiikibwa bino wammanga biwagira enzikiriza yange ku Kuwabulwa kwa Bayibuli:

1. ________________________ 2. ________________________

3. ________________________ 4. ________________________

D. Okuwabulwa kwa Bayibuli SI: ____________________________________________

____________________________________________________________________

____________________________________________________________________

E. Nze nneekakasa nga ndi ku bitundu ______ mu busobozi bwange obw'okuwabula abalala.

**<u>OMUTENDERA GW'EKIBIINA</u>**: Kaakati, mukuŋŋaane mu bugguluupu bwammwe obutono mukubaganye ebirowoozo ku biddibwamu bye mujjuzizza waggulu.

**<u>OKUWUUMBAWUUMBA</u>**: Okuwabulwa kwa Bayibuli kwe: __________________________

____________________________________________________________________

____________________________________________________________________

okusinziira ku byawandiikibwa bino:

____________________________ ____________________________

____________________________ ____________________________

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

**<u>Ennyiriri ezimu ezikozeseddwa:</u> 1 Bass 22:5; Zab 1:1; Zab 27; Zab 23; Zab 43:3; Zab 73:24; Zab 119:1-16, 105, 130; Eng 1:17; Eng 3:5-6; Eng 15:22; Eng 16:24; Eng 18:4; Eng 19:21; Eng 20:5, 18; Eng 24:6-8; Isa 28:29; Isa 30:21; Kos 4:6; 6:3; Yoka 8:30-32; Abar 13:4; Abef 3:14-21; Abef 4:1-3, 11-32; Abag 6:1-2; 1 Abass 5:11, 14; 2 Abass 3:14; 1 Tim 1:2-4; 2 Tim 3:16; Abeb 12:14-15; Yak 4:7.**

***<u>Omugatte</u>***: Ebiruubirirwa by'Okuwabula kwa Bayibuli bye bino:
1. Okuyamba abakkiriza okukwatagana n'Ekigambo; era
2. N'okumuyigiriza engeri y'okuvubamu okusinga okumuwa ekyennyanja (ekitegeeza., okuwa amagezi); era
3. N'okukuza omukkiriza mu by'omwoyo "Mu Kkubo lya Katonda, Buli Lunaku."

## <u>EKIRUUBIRIRWA N'EKIKULA KY'OKUWABULA KWA BAYIBULI</u>

**A. *Omusingi gw'okuwabula kwa Bayibuli.*** Enjawulo enkulu eri wakati w'okuwabula okwa bulijjo n'okwa Bayibulii nnyangu: omuwabuzi eyeesigama ku Bayibuli ajuliza Bayibuli, so si saayansi oba amagezi aga bulijjo, okubeera **<u>ensibuko y'amazima</u>**. Olugendo lw'okuwabula kwa Bayibuli lulina okutegeera ekizibu ekikulu eky'oyo eyeetaaga amagezi era ne luzuula kiki Bayibuli kyeyogera ku nsonga eyo. Ne bwe kiba nga Bayibuli terina kyeyogera ku "nsonga" efaanana bw'etyo, wasobola okubaawo ennono ya bayibuli ey'okugoberera.

**B. *Okuwabula ebeera nkolagana*:** <u>Ku mutendera ogusookerwako, okuwabula y'enkolagana *ey'omuggundu.*</u> Ekyo bw'okitegeera kibeera *kisumuluzo,* era ebisumuluzo ebiggulawo eby'enkolagana ennungi kwe *kutegeera ensonga* era *n'obwesige.*

**C. *Okuwabula kibeera kika kya nkolagana*.**

1. <u>Enkolagana ey'okuwabula ebeera wakati w'abantu babiri abakkiriziganya okukolagana ng'omu kw'abo (ye muwabuzi, ggwe) ng'akozesa obumanyirivu obw'enjawulo okuyamba oli omulala (eyeetaaga okuwabulwa) mu kusalira ekizibu kye amagezi nga ye, oba ne munne omulala</u>. Wadde ng'ekiruubirirwa ky'okuwabula okw'ekisumba kwe kuyamba abantu okukula mu by'omwoyo, ekiruubirirwa ky'omuwabuzi eyeesigama ku bayibuli kwe kuyamba eyetaaga amagezi okukula mu Yesu Kristo (Abaf 1:6; Yak 1:4; 1 Yok 4:12 ne 17).
2. Okuwabulwa kuwa asobeddwa amaanyi nga "<u>kumuyigiriza butya bw'alina okuvuba</u>" obutafaana na kya "kumuwa kyannyanja" (oba amagezi). **<u>Okuwa amagezi omulala tekiraina kubeera kya lubeerera, n'olwekyo, kirina okwewalibwa</u>**.

**D. *Okuwabula okulungi kwetaagisa okubeera n'ensalosalo.***

1. <u>Olutuula olw'okuwabula lubeera n'ekigendererwa ekitegeerekeka, n'obudde obugere, era nga lulina n'ensalosalo.</u> Ensalosalo zirina okuteekebwawo ku ntandikwa y'okuwa omulala amagezi. Ensalosalo zibayamba okussa essira ku nsonga n'okusaawo embeera ennungi eyamba awabulwa okuwulira nga talina kutya okubaako ebyama by'abotola. Wadde ng'omuwabuzi ne gw'awabula beetaaga okwogera ku nsalosalo, kiri eri omuwabuzi *okuteekawo ensalosalo era n'okuzikuuma* nga tezibuukiddwa. Ensalosalo zirimu bino wammanga:
   (a) *<u>Lambika ekigendererwa</u>*. Wadde <u>ng'ekigendererwa eky'amangu</u> kwe kuwa amagezi oyo asobeddwa era n'avvuunuka ekizibu kye; naye <u>ekigendererwa ekikulu</u> kwe kumuyamba okukula mu Yesu Kristo.
   (b) *<u>Essira n'Ekiseera-Ekigere</u>*: Kikulu mu lutuula olusooka oluyinza okuba nga lugenda kuddirirwa entuula endala nnyingi okutegeerera ddala ekizibu ekibatuuza, n'okukirambulula, n'okukakasa nti asobeddwa akkiriziganya naawe nti ky'oyita ekizibu ky'ekyo ddala. Emikisa gy'okunogera ekizibu ekyo eddagala gyeyongera singa omuwabuzi akuumira ebirowoozo bye ku kizibu ekyakkaanyiziddwako edda ku ntandikwa y'olutuula. Oluvannyuma lw'ensisinkano ezoogera ku kizibu ekyasooka nga ziwedde, entuula endala ziyinza okwetaagisa okubaawo okukola ku bizibu ebirala.
   (c) *<u>Manya w'okoma!</u>* Omuwabuzi abeera atuukiriddwa *olwobukugu bwe* kubanga abeera alina obumanyirivu era n'obukugu obw'enjawulo. Kale n'olwekyo, kikulu nnyo gy'oli, ggwe ng'omuwabuzi, *okumanya w'okoma.* Ono gw'owabula bw'akusaba omuwabule mu bikususseeko, olwo obeera tokyamuyamba bw'otandika okumuwabula kw'ebyo ebisusse obumanyirivu bwo.
   (d) *<u>Ebikwatagana, ebigobererwa ebisuubirwa</u>.* Omuwabuzi alina okutegeeza gw'agenda okuwabula *ludda wa* gye banaatuula; *budde ki okuwabula* wekunaatandikra; *na bbanga ki* buli lutuula lwe litwala; *emirundi emeka* gye munaasisinkana; era *kiki ekigenda okubaawo* mu kiseera kw'okwogerezeganya.

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

## EKY'OKULABIRAKO KYA KATONDA KU BUMANYIRIVU BW'OKUWABULA

**A.** ***Eky'okulabirako: Katonda n'Ebitonde.*** Katonda yatonda ensi olw'okwagala kwe. Katonda yagamba Adamu nti yali wa "ddembe" (**Olube 2:16**) okutambulira mu Nnimiro ya Adeni, naye Katonda era n'amulabula obuteeyisa mu nneeyisa eyali eyinza okumuleetera okufa. Katonda yatondera omuntu mu kifaananyi kye era omusajja n'amufunira omubeezi amusaanira. Omusajja n'omukazi bombi baalina enkolagana etuukiridde n'Omutonzi era nga balina buli kimu kye beetaaga. Obulamu bwali BUSUFFU!

**B.** ***Okugwa.*** Oluvannyuma Okugwa kwabaawo. Setaani yasomooza okulabula kwa Katonda kwe yawa Adamu, bwe yagamba Eva nti, *"Temulifa … amaaso gammwe galizibuka ne mufaanana Katonda!"* (**Olube 3:4-5**). Kale, ekibi bwe kityo ne kiyingira mu nsi era enkolaga wakati w'abantu ne Katonda n'ekyuka emirembe gyonna. Okufa kwokka si kwe kwayingira mu nsi, naye era n'okumanya obulungi n'obubi nakwo kwajja (oluny. 22). Katonda n'agoba Adamu ne Eva mu Lusuku olw'Edeni era n'assaawo n'ekitala ekitemagana ( oluny. 24) okuziyiza Adamu ne Eve okuddayo okulya ku muti ogw'obulamu, si kulwa ng agubawa obulamu obutaggwaawo (oluny. 22). Kiwulikika ng'eky'obukambwe, naye Katonda teyayagala kukozesa nkola ya mangu okuggyawo obujeemu bw'omuntu oba ekibi kye. Adamu ne Eva baalina omuwabuzi asingayo obulungi mu nsi, kyokka ne balemererwa okutwala amagezi ge. Naye ekyo ky'ekikula ky'okwesalirawo. Baalina eky'okusalawo, era naffe bwe tutyo (era n'abo be tuwa amagezi). Naye, byonna tebyasaanawo (kubanga tugenda kulya ku muti ogw'obulamu mu Yerusaalemi Ekiggya – **Okubi 22:1-2**)!!

**C.** ***Ebyafaayo Eby'Okununulibwa.*** Katonda yateekawo ekkubo eri omuntu eyayonoona okusobola okukomawo eri Katonda. Ekikolwa kye kyokka (Acts 4:12) eky'okuwaayo Omwana we, Yesu Kristo. "*Buli amukkiriza aleme okuzikirira naye abeere n'obulamu obutaggwaawo.*" (**Yok 3:16**). Bwe tweyongerayo katono mu maaso, Yesu yagamba nti ye "*Ye y'ekkubo, amazima n'obulamu. Tewali ajja eri Kitange okuggyako ng'ayise mu nze* (**Yok 14:6**). N'olwekyo, singa tukkiririza mu oyo Omu Katonda gwe yatuma, tuggyibwako omusango. Naye okuva lwe tulokolebwa okutuusa lwe tufa, tusigala tutukuzibwa. Okuwabulwa kwa Bayibuli kitundu ku lugendo luno olw'okutukuzibwa – okweyongera okufaanana Kristo. Bayibuli ky'ekikozesbwa mu lugendo lw'okutukuzibwa (**Yok 17:17**), era olw'olumu olugendo olwo lubaamu okugezesebwa (**Zab 119:71**) ne tusobola okweyongera okuyiga ku Kigambo. N'olwekyo, okulokoka tekitegeeza nti tugenda kusumattuka okugezesebwa, obulumi, okubonaabona, endwadde, okuwaayirizibwa, obukyayi, okufa, okuyigganyizibwa – ebyo byonna ebiva mu kubeera mu nsi eyagwa. Naye abamu ku bajja okuweebwa amagezi ekyo tebakimanyi. Mu butuufu, ffena tuli mu <u>lugendo olw'okutukuzibwa</u>.

**<u>OBUBONERO N'EMIRIMU GY'OMUWABUZI EYEESIGAMYA KU BAYIBULI</u>:** *Abasumba bonna oba Abakristaayo bonna, tebalina kubeera bawabuzi. Kitwala ki okubeera omuwabuzi omulungi?*

**A.** ***Obubonero kw'omanyira omuwabuzi omulungi eyeesigama ku Bayibuli.***
Buli kimu ku bino wammamga bitulaga omuwabuzi eyeesigama ku bayibuli:

1. <u>Alina okuba nga yekkiririzaamu</u>—Omuwabuzi alina okuba ng'amanyi obuvumu bwe naye era ng'amanyi by'asobola. Alina okumanya amaanyi ge era n'obunafu bwe, ng'amanyi ebirabo bye era n'ebitundu ebyo by'atategeera bulungi (soma **Mat 7:1-5; Abag 6:1-2**).
2. <u>Alina okubaako ne by'asuubira</u>—Newakubadde Katonda asobola okukola eby'amagero, ffe bye tutasobola. Bwe tweyongerayo, n'ekyamagero ekikolebwa Katonda kyekintu kye tuyita ekitali kya bulijjo, ekitasuubirwa buli kiseera oba eky'olwolumu. Omulimu gw'omuwabuzi omukulu kwe kuyamba abantu okuvvuunuka ebyo ebibasomooza ne basobola okweyongerayo n'olugendo lwabwe "olw'obulamu obwa bulijjo." N'olwekyo, omuwabuzi *tasobola* kusuubiza nti oluvannyuma lw'okuwa abantu amagezi "kigenda kuba ng'ekikangabwa oba ekizibu ekitambangawo ku bulamu bwabwe."
3. <u>Ng'alina endowooza ennungi</u>—Omuwabuzi alina okulaba omugaso oguli mu bantu. Ekirungo kino kiyamba omuwabuzi okutambula obulungi nabo n'abaweereza, mu kifo "ky'okutuusa obutuusa omukolo" gye bali.
4. <u>Okubeera ow'amazima</u>—Omuwabuzi is abeera kyakulabirako ekya Kristo, era abeera mujulirwa ekiseera kyonna. Okubeera "ow'amazima" kye kintu kye *tuli;* si kyangu okwefuula ky'otali. Okwolesa obwesimbu, obutuufu bwo, amazima go, ewamu n'okufuba okulaga nti ensonga ozitegeera, ekyo kiraga oli eyeetaaga okuwabulwa nti omussaamu ekitiibwa (nga Yesu bwe yakolanga).

**B.** ***Emirimu gy'omuwabuzi eyeesigamye ku bayibuli egiri mu byawandiikibwa.***
Mu buli lutuula olw'okuwabula, omuwabuzi alina okubaako ebintu by'ayolesa, oba byonna, ebimu ku bino wammanga:

1. Okwagala. Oli asobeddwa olina okumuwa omukisa gw'okubeera ng'ayagalibwa, amanyibwa, era n'ensonga ze okubeera nti ziwulirizibwa omuntu afaayo. Okiikirira Kristo mu maaso gaabwe, kale nno, ekyo kikulu okukiraga.
2. Okulabula. Olina okubatereeza, okubawakanya, okubatangaaza, era bano abasobeddwa n'obayamba okulaba ebintu obw'edda bye batalaba. Kino bayinza obutakiwuliramu mirembe wabula, kiyamba okugonjoola ekizibu ekibeera mu ddiiro. Kozesa Ekigambo kya Katonda okutereeza bye bakkiririzaamu, endowooza zaabwe, n'ebikolwa byabwe ebitali bya bayibuli abatabuddwa bye babeera nabyo, era obasongere ku ky'okukyusa endowooza yaabwe. Ekirina okusembayo, oyo gw'owa amagezi bw'abeera Mukristaayo naye ng'alina ekibi kye yagaaniramu, kiyinza okukwetaagisa ensonga okuzongerayo mu kakiiko k'ekkanisa akakwasisa empisa (**Mat 18:15-17**).
3. Okusabirigana. Kikwetaagisa okusabira abo abazze gy'oli, wakati mu kkansolingi era n'oluvannyuma nga mumalirizza.
4. Okubakubiriza. Weetaaga okuyamba abo b'obudaabuda okutambulira ku kusalawo okulungi kwe mukkaannyizaako. Kyokka, omuwabuzi era alina obuvunaanyizibwa okulaga obulungi ono gw'awabula ensi kye mulowozaako.
5. Muyambagane: musituliraganeeko emigugu. Mu Kristo, tewaliiwo bemalirira bokka (**Abag 6:2**). Okusisinkana kwo "n'oli anyigirizibwa" bambi kumuyamba okuwulira nga yeetikudde omugugu okuva ku bibegabega bye. Oli gwowa amagezi akiraba nti omufaako era ng'ossa ensonga ze ku mutima gwo. Akiraba nti ogezaako *okutegeera* ekyamutuukako na kiki kye kitegeeza singa kyali ku ggwe, era na kiki kye kitegeeza okuyita mu mbeera eyo gye yayitamu. Era n'ekirala, oluusi wabaawo abalina magezi n'obumanyirivu obukusingako mu nsonga ezimu gwe ezikutaawanya ng'owabula (**Eng 11:14; 15:22; 24:6**), kale nno ky'amagezi okubajuliza omuwabuzi oyo bwe kiba nga kyetaagisa.
6. Okwatula ebibi. Kino kitikkulako abantu omugugu, ne kibaggya mu buswavu, era ne batandika olugendo olw'okuzzaawo enkolagana yaabwe. Okwatula kuggulawo oluggi olw'ekisonyiwo. Abantu abamu balowooza nnyo ku kibi kyabwe; babeera beetaaga okuwulira ku bubaka obw'ekisa kya Katonda, era n'essuubi lye kireeta. Abalala b'amalala era beemanyi obutuukirivu, nga tebalaba bibi byabwe oba era nga tebakkiriza nti basobya; abo beetaaga okulabulwa etteeka lya Katonda. Enkola ey'okugoberera y'eno: "etteeka eri ab'amalala; ekisa eri abeetowaze."
7. Baako ky'ogezesa; okwawula. Olina okuyamba abo b'obudaabuda okutegeera eky'amazima n'ekitali. Bwe tweyongerayo, okwawula kulina enneeyisa egobererwa—kisukka ku kya ddala kw'ekyo ekirungi era ekituufu (ekitegeeza., ekyo *kyandibadde* kitya). Kale ensonga eno ey'okwaula amazima n'obulimba erina kwesigama ku mutindo gwa kigambo kya Katonda, okuyita mu Mwoyo Mutukuvu, obusobozi bw'okulaba omuntu oli omulala nga Katonda bw'amulaba (kale nga Yesu bwe yatunuulira omukazi eyali ku luzzi **Yokaana 4**—yalaba embeera mw'ali *era* n'alaba ne bwe yalibadde).
8. Okuzzaamu amaanyi. Kikwetaagisa okuluŋŋamya abo bobudaabuda: ng'obasomooza; "baagazise okukola ebintu mu bwangu ate n'amaanyi"; bazimbe; bannyonnyole "enkola" (ekitegeeza., enneeyisa empya) ggwe na bali b'oyamba muli mu lugendo olw'okuzimba.
9. Bayigirize. Okuyigiriza tekukoma; wabula, entuula ez'okuwabulwa tezirina kubeera ng'abali mu kibiina abayigirizibwa omuwabuzi. Yigiriza, nenya, tereeza, tendeka mu butuukirivu (**2 Tim 3:16**) nga bwe kyetaagisa. Okuwabula okusinga kubeera kumanyisa abasobeddwa okukola *okusalawo* okutuufu *n'okumanya ebizibu ebiva* mu kusalawo obubi. Mu mbeera eno, okubayamba ne bamanya *ekinabasikiriza* okusalawo ekirungi kiba kikulu (ekisikiriza ekisinga kwe kwagala Katonda ne muliraanwa wo). Ennono eno (nsuubira mu nnaku eziddirira tugenda kulaga engeri gy'ekolamu nga twegezesa mu bumanyirivu bw'okuwabula okusookerwako. Ekiruubirirwa kiri nti endowooza ey'obulimba, n'endaba, n'entegeera, n'ebimusikiriza eby'obulimba, n'ebirala, bigenda kusikizibwa, endowooza, n'endaba, n'entegeera, ebisikiriza n'ebirala ebiva mu bayibuli.
10. Bawe essuubi (**Zab 46:1; Abar 8:18, 28; 1 Abakk 10:13; Abeb 4:15-16; 13:5**). Emirundi mingi abajja gye tuli babeera tebalaba bwe bagenda kuva mu bizibu. Kubanga babeera beetunuulidde nga bo n'ebizibu byabwe. Ggwe ng'omuwabuzi, obeera "olengera wala." Osobola okulaba ebintu mu ndaba ya bayibuli. Kale n'olwekyo, osobola okubazzamu essuubi bo lye batasobola kwezzaamu.
11. Wuliriza n'obwegendereza. Weewale okwanguyiriza okusalawo, okusingira ddala nga weekubiira ku ludda olumu (**Eng 18:13, 15, 17**).

**ABASOBEDDWA BAYISIBWA BATYA.** Abasinga okujja okuweebwa amagezi bagenda kubeera ba mmemba b'ekkanisa yo, okusingira ddala, abo abatera okujjumbira. Newakubadde ng'oyinza okuba ng'omanyi bulungi oyo ayagala okuwabulwa, okuwabula okuteeketeeke kuweebwayo ennaku oluusi essande nga ziizo nga temunnasisinka kwogerezeganya.

**A. *Okuwabula kitundu ku kubuulira.*** Tukkiriza nti okuwabula kitundu ddala ku mulimu gw'okusumba oba okulabirira ekisibo. Abantu bangi batawaana n'okwagalibwa, okusembezebwa, banakuwavu, beeraliikirivu, balina ebizibu eby'ekisenge, bali mu kutya, balina ennyiike, obusungu, obuswavu, banyigirizibwa, bennyamira, kibazibuwalira okwesonyiwa (n'okusonyiwa abalala) olw'olumu mu bulamu bwabwe. Buli kizibu kw'ebyo bye twogeddeko kisobola, era kigwanira okwogerwako ku kituuti.

**B. *Okweronderawo.*** Abaagala okuwabulwa, era n'abo abasuubira okuweebwa amagezi, ku nkomerero be basalawo ku muntu gwe beetaaga okwogera naye era ne balondawo omuntu gwe baagala okweyabiza, oyo gwe basuubira okuzibira ebyama byabwe. Olw'olumu abantu abo babeera baagala okwogera n'omusumba kubanga tebagenda kuboolebwa oba okusonyiwala bwe boogera ebibalumu, ebizibu, oba n'ensonga ze balina ku bannaabwe.

**C. *Okutoowoloka okusookerwako.*** Abaagala okuwabulwa bangi batera okwejjusa lwaki bayogedde n'omuntu omu nga bamusaba bamusisinkane abawe ku magezi. Naye, abantu bwe batuuka ku mutendera ogutandikirwako (ekitegeeza., okukuba essimu era ne balagaana ku nsisinkano), si kya buliijo abadde ayagala okuwabulwa okuwulira ng'atowoolokose nga tannasisinkana muwabuzi.

**D. *Ekiseera ekigere*.** Ayagala okuwabulwa bw'amala okulagaana ku nsisinkano n'omuwabuzi, wayinza okubeera nga wakyabulayo ennaku oba wiiki nga ziizo okusisinkana. Olw'olumu mu bbanga eryo ekyali kimutawaanya kiyinza okugonjooka kyokka, n'abeera nga takyetaaga ku kyogerako na muntu mulala. Ekyokubiri, eyali ayagala okuwabulwa ayinza okuba nga yafuna engeri gy'agumira ekimunyigiriza, n'olwekyo nga takyetaaga kuweebwa magezi.

## ENKOLA EY'OKUWABULWA OKW'EKISEERA EKIMPI.

Enkola ey'okuwabula okw'ekisumba ebeera nnyimpi, ng'esengekeddwa bulungi mu nkwata yaayo era nga ya Kikristaayo ddala. Ekozesa enkola ezesigamiziddwa ku kunoonyereza nga tesattulula nnono ez'obuweereza obw'ekisumba. Ekigambo *enkola* kikaatiriza amazima nti enkwata y'okuwabula kuno ebeera esimbiddea ddala ku nsonga era eweebwa obudde obugere. Ekigambo *ey'ekisumba* kitusongera ku kuba nti ekolebwa omukiise w'ekkanisa avunaanyizibwa eri ekkanisa.

***Obubonero obutonotono ku nkola ey'okuwabula okw'ekisumba.***

1. <u>Kufunda n'ebiseera-bigere.</u> Tuwa amagezi nti **<u>ekisingayo okuba ekinene zibeere entuula ttaano</u>**. Wabula, omuwendo gw'entuula ezo guyinza okusalibwawo mu ntandikwa oba obutasalibwawo mu ntandikwa. Kyokka, anoonya okuwabulwa alina okukitegeera nti entuula zigenda kubeera ntono; nga ziriko ekkomo. Kikulu nnyo okukimanya nti **<u>kyenkana ebitundu 90%</u>** eby'ebizibu ebisinga obungi bisobola okugonjoolwa mu ntuula ttaano oba n'obutawera.

   Ekikula ky'enkola ey'okuwabula okw'ekisumba ey'ekiseera ekigere etera okukuumira anoonya amagezi n'oli amuwabula nga bali ku mulamwa ogwo gwennyini. Enkola ey'okuwabula bw'eti yeetaagisa ebintu bina:

   a. *<u>Omuwabuzi alina okuba nga munyiikivu era ng'aluŋŋamya.</u>* Mu birala, omuwabuzi alina okukuumira ensisinkano eno ng'esigadde ku kizibu ekyakkiriziganyiziddwako n'ono gw'awabula.
   b. *<u>Enkolagana ey'okuwabula omulala erina kuba ntegeeragana.</u>* Enjuyi zombi zirina okukolera awamu olw'ekiruubirirwa kimu, nga mulimu okutunuulira ensibuko y'ekizibu era n'okukkaanya ku birina okukolebwa embeera okukyuka. Ewatali nteegeragana tewabaawo kigenda kukyuka! Jjukira nti: <u>Tolina</u> kukola nnyo okusinga oyo gw'owabula.
   c. *<u>Okuwabulwa kuteekwa okwemalira ku kinyusi era ku kizibu ekimanyiddwa.</u>* Okutunuulira ekizibu ekimu kyetaagisa kubanga entuula z'okuwabulwa zibeera ngere. Omuwabuzi ateekwa okuyamba asobeddwa okutangaaza ekimutawaanya, era nga tekiteekwa kubeera nga kibuzaabuza (eky'okulabirako., "Nze siri mumativu na bulamu").
   d. *<u>Ekiseera ekigere kiteekwa okusigalawo.</u>* Kino kiyamba awabulwa okujja mu ntuula nga yeetegese

okwenyigiramu. Okusalawo entuula ettaano *tekitegeeza* kusisinkana buli wiiki; ensisinkano ezibeerawo buli luvannyuma lwa ssande nga bbiri oba n'okusoba ziyamba nnyo. Entuula ezennyongereza ziyinza okwetaagisa okusalira ebizibu ebirala amagezi ebiri mu bulamu bw'ono awabulwa.

2. Ezisengekeddwa. Buli lutuula olw'okuwabulwa nga lulina kye lutunuulidde ekitegeerekeka era nga luzimbira ku byayogerwako mu luwedde okusobola okutuuka ku kiruubiriwa ekikulu. Omuwabuzi avunaanyizibwa okukuuma ensengeka n'okusaigala ku nsonga.

3. Eby'okukolera-ewaka. Okwejjukanya ng'oli waka kiyamba okukuumira ebbugumu mu ntuula. Okwejjukanya ng'oli waka kuyinza okubaamu bino: (A) okusoma ebiwandiike (okusoma ebitabo, emiko, /oba Ebyawandiikibwa anoonya amagezi bye yeewandiikira, by'akwatagana nabyo, era ne lipoota zaanaawaayo mu lutuula oluddirira); (B) okwegezesa mu nneeyisa (okutandika okweyisa mu nneeyisa empya); (C) okuwandiika ebibadde mu lunaku; (D) awabulwa okutandika okugabana n'abalala ebintu by'ayize era by'ategedde mu kiseera ky'okuwabulwa; (E) okutunuulira alipoota y'oyo eyabadde awabulwa okulaba ebyamuyambye n'ebitaamuyambye.

## ENKOLA EJJUDDE: Abawabulwa Balina bye Bafaanaganya

Abantu bonna balina waakiri ebintu mukaaga ebibalimu. Ebintu bino omukaaga by'ebifuga okubeerawo kwabwe era n'enkoalagana zaabwe n'abalala (eky'okulabirako., enkolagana y'omuntu naye kennyini, enkolagana ye n'abantu abalala, n'enkolagana ye ne Katonda). Ebintu ebyo bye bino wammanga:

**1. Eky'omwoyo.** Abantu beebuuza era ne batawaana n'ebintu ebifuga obulamu nga beebuuza nti, "Obulamu butegeeza kino kyokka?" Abantu boogera "n'omuntu waaabwe ow'omunda" (kwe kugamba., "ddala nze ani"). Abantu balafuubana okubeera n'enkolagana ensukkulumu essukka ku bo/essukka ku bw'omuntu.

a. Abantu mu kwagala okugezaako okujjuza "omuwaatwa oguli munda" bayinza okudda mu biragalalagala, omwenge, obugwenyufu, "obuteebalira," essente, oba n'ebintu ebirala, nga tebalaba nti ekyo kye banoonya kwe kutuukirizibwa, okwagalwa, okukkirizibwa, obutebenkevu, era n'omugaso bye tufuna okuyita mu nkolagana yaffe ne Katonda okuyita mu Yesu Kristo.

b. *"Okusukkuluma obuntu" kikulu bw'obeera oyamba abantu abalina obulumi oba abalina ebizibu.* Abawabuzi basobola okuyamba abasobeddwa okukiraba nti bye bamanyi tebikoma ku bokka oba ku bintu by'ensi eno. Wabula nti, waliwo Kitaffe omukulu ow'omu ggulu atwagala ennyo ng'oyo ye yabatonda, y'ababeezawo, era nga y'abawa ebikozesebwa ebisukkulumye okusobola okwaŋŋanga emitawaana gye basisinkana mu bulamu. Bwe tweyongerayo, Kitaffe ow'omu ggulu y'eragira mu kifaananyi kya Yesu Kristo, era ne be tuwabula basobola okuyingira mu nkolagana ematiza ne Kitaffe ow'omu ggulu okuyita mu Yesu Kristo.

**2. Ekirabwako.** Manya *endya* n'obungi *bw'otulo* ne *dduyiro* gw'akola, ebyo byonna bikulu era biyinza okuba nga by'ebyongera ebizibu mu bitundu by'obulamu bw'omuntu oyo ebirala. Kale ebyo bwe bitetereezebwa, ebirabwako ebyo biyinza okutereeza enneewulira n'entegeera y'omuntu oyo, ekyo ne kimuyamba okumalawo ebizibu ne mu bitundu by'obulamu bwe ebirala. Bwe tweyongerayo, newakubadde ngokwennyamira kulwoozebwako ng'embeera ereetebwa okuva mu ngeri omuntu gy'eyewuliramu, kuyinza okuleetebwa obutenkanankana bwa birungo mu bwongo, oba kiyinza n'okuva ku ddagala omuntu ly'akozesa. Kale bwe kityo, okutabukatabuka oba okukkiririza mu bitaliiyo kuyinza obutaleetebwa "bulwadde bwa mutwe," naye kiyinza okuva ku mubiri okugaana eddagala oba ku kizimba ekiri ku bwongo.

**3. Enkwatagana.** Ffena tukolagana n'abalala mu nsi (abantu abalala; enkolagana). Ffena twagala okukolagana n'abalala. Nga bwekigenda okwogerwako oluvannyuma, abantu bonna bali mu kunoonya *obutebenkevu* era n'okubeera *nga bagasa.* Mu kunoonya kwabwe obutebenkevu n'okubeera nga bagasa nga babinoonyeza ebweru w'enkolagana ne Yesu Kristo kiyinza okubaviiramu ebirowoozo ebitategeereka n'enneeyisa ey'ekigwenyufu.

a. *Akamu ku bubonero bw'oyo gw'owabula akalaga enkwagana ye, wabula, emirundi mingi ono gw'owabula atera "okwerungiya" mu maaso go.* Nga **Yer 17:9** bw'agamba, "Omutima mulimba okusinga ebintu byonna era mulwadde nnyo; ani ayinza okugutegeera?" Kale n'olwekyo, gw'owabula ayinza okwagala okukumatiza nti okusalawo kwe yakoze dda *kutuufu.* Ayinza okuba ng'anoonya ggwe omugambe nti kye yakoze ky'ekyo olwo abeere ng'afunye amusaasira era awuliriza ebizibu bye era anamugamba nti tasaanye kunenyezebwa, n'ebirala.

b. *Mu nsi mulimu abantu ba mirundi ebiri: aboonoonyi abaanunulibwa era n'aboonoonyi abataanunulibwa.* Olaba n'Abakristaayo ekitegeeza., aboonoonyi abanunulibwa) balina amaanyi g'ekibi agakolera mu bo. Kale bwe kityo Abakristaayo basobola okufaanana n'abatali ne bagenda

okuweebwa amagezi naye ng'abaagala kuwulira abawagira okusinga okukyuka n'okunoonya eddagala ly'ekizibu kyabwe. Mu mbeera bwe zityo, singa ggwe omuwabuzi osobola okuyamba gw'owabula okulaba obwonoonyi bwe, ekyo kisobola okumuleetera okwetowaza era n'akukyuka. Olwo ggwe, omuwabuzi, osobola okuyamba ono atabuddwa okukola enkyukakyuka ennungi ezeetaagisa mu bulamu bwe ku lw'obulungi bwe ye yenna ng'omuntu.

**4. <u>Entegeera.</u>** Ffenna *tulowooza.* Ffena tuliana *bye tukkiririzaamu.* Ffena tusobola okugeraageranya ebintu mu ndowooza zaffe era tulina ebirowoozo ebitalabika ebitufuga mu ngeri ey'amaanyi. Ffena tusobola okulowooza n'okuba bye tukkiririzaamu era n'ebirowoozo ebisukka ku ebyo bye tumanyi. Kale n'olwekyo kikulu omuwabuzi eyeesigama ku bayibuli alina obuvunaanyizibwa obukulu okuyamba gw'awabula okutegeera nti ddi ebirowoozo bye, by'akkiririzaamu, era n'ebiteeso bye lye bibeera nga tebiwagirwa bayibuli era nga tebyesigamye ku bayibuli—era n'awaanyisa ebirowoozo, ne byakkiririzaamu, n'ebiteeso bye *n'amazima* (kwe kugamba., n'amazima ageesigamye ku Kigambo kya Katonda).

**5. <u>Enneeyisa.</u>** Ffenna tulina bye tukola mu nsi era ne bikyusa ensi mwe tubeera. Ebikolwa byaffe bifugibwa ebintu ebiralala ebiri mu bulamu bwaffe, era byolesa bye tukkiririzaamu n'enneewulira gye tuyinza okuba nayo. Biyinza okwongera amaanyi embeera zaffe ez'omwoyo era n'enkolagana zaffe n'abalala. Kino kirabikira ddala mu ngeri gye tweyisaamu mu bulamu bwaffe. Bwe tweyongerayo, ebikolwa byaffe bikyusa embeera zaffe ezitwetoolodde era n'ensi yaffe. Ebikolwa byaffe birina ebizibu bye bituleetera ffe era n'abalala; ebibi ebivaamu biyinza okuba nga si bye twagenderera—wabula mu byonna, byonna bitukosa.

**6. <u>Enneewulira (oba, obunene bw'okukosebwa).</u>** Ffenna tulina bye tuwulira. Engeri gye weewuliramu esukka ku busimu "obw'okwewulira" obwewulizi; eno y'embeera etwaliramu omubiri gwonna omuli obwongo, obusomyo, obusimu, ebinywa, obutaffaali, n'ebyenda (Worthington 2003: 30-45). Engeri gye twewuliramu erabika era y'engeri etuyamba okugumira ebitunyiga munda n'ebweru ebitubaako mu bulamu. Engeri gye twewuliramu tekoma kw'ebyo ebya kaseera akatono, ebitubaddeko ku mubiri, naye ekwata ne ku mbeera ez'ebbanga eddene (eky'okulabirako., obufumbo oba omulimu gw'otayagala; oba ekiseera ekiwanvu eky'okutya okwetonda). Engeri gye twewuliramu efuga enneeyisa yaffe, emirundi mingi n'okusimba bye tukkiririzaamu; esobola okutunyweza wadde nga tukimanyi bye tulowoozaako tebirina makulu. Kale ng'engeri gye twewuliramu bw'ekosa eneeyisa yaffe, n'ekosa endabika yaffe, era n'etukosa ne mu ngeri endala nyingi, engeri gye twewuliramu esobola okutuyamba okukyusa ebyo bye tukkiririzaamu. Bwe tukyusa bye tukkiririzaamu n'enneeyisa yaffe, ebyo bisobola okukyusa enneewulira zaffe.

**<u>OLUTUULA/OLUSOOKA.</u>** Mu lutuula olusooka, ekisinga okuba ekirungi kwe kutandika n'oyo ayagala okuwabulwa ng'ayanjula ekizibu kye. Tegeera bulungi ensonga emuluma. Tutera okumuwa essaawa emu; obudde obwo bubeera bumala okutegeera ekizibu kye, ne tumanya ewali amaanyi ge n'obunafu bwe, era n'okulaba bwe tugenda okukikwatamu. Nga tetunatandika kuwa magezi okw'engeri yonna, kikulu okuteekawo ebimu ku bigobererwa mu lugendo luno. Twagala okukozesa foomu eyitibwa Ekiwandiiko eky'Okutegeeragana (soma wammanga era olabe kkopi mu Kufundikira kw'ekitabo kino) oyo azze okuyambibwa gy'alina okwetegereza, okujjuza, n'okussaako omukono nga tetunnatandika kwogerezeganya.

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

**EMBALIRIRA Y'OLUTUULA**

Awabulwa: ________________________________ EZL: ___________________
Ddi lwe tutudde: _______________________
****************************************************************************

**ENSONGA ENKULU (mu bigambo by'omuwabulwa)**:

**AMAANYI G'AWABULWA**:

**OBULAMU BWE OBW'OMWOYO:**
- **Ekkanisa gy'asabira/obulamu bwe mu kkanisa**
- **Ebiseera bye eby'eddembe**
- **Okuyiga Bayibuli**

**EBIFA KU BULAMU BWE:**
- **Obulwadde obusinga okumutawaanya/ebyazuulibwa:**
- **Omusawo we:**
- **Lwe yasemba okugenda ew'omusawo/ng'ali naye mu buliwo:**
- **Eddagala ly'akozesa ENNAKU zino (erinnya/ebipimo):**
- **Okwebaka oba Endya gy'Alyamu:**
- **Obulamu bwe obw'ekisenge**

**AB'OLUGANDA LWE:**
- **Amaka mwabeera/ekikulu ekirala/abaana**
- **Famile gy'esibuka**
- **Baayigirako/emikwano**

**ENTEGEERA/EY'OBWONGO**:
- **Ebirowoozo ebibi ebimugwira**
- **Alowooza mangu/mpola**
- **Enzijukira**

**BY'AKOZESA OBUBI: Omwenge, ebiragalalagala**

**ENNEEYISA:**
- **Olunaku lwe olwa bulijjo**
- **Ebimunyumira okukola**
- **Emirimu egisasula/egitasasula**

**ENNEEWULIRA**:
- **Okuwulira ebirowoozo ebibi? essaawa, ekifo, ekyabaawo**
- **Ebirowoozo ebirungi? Essaawa, ekifo, ekyabaawo**
- **Obucamufu/obuwooteevu/bwe biddiraἠἠana**

**KIKI KY'OSUUBIRA OKUVA MU KUBUDAABUDIBWA**?

**EBIKANYIZIDDWAAKO OKUSSAAKO ESSIRA**:

_________________________________________ ___________________
**Omukono gw'Omuwabuzi** **Ennaku z'omwezi**

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

## OLUNAKU OLWOKUBIRI: OKUZIMBA OBUMANYIRIVU

**KULIKAYO!** Twayogedde ku bintu bingi mu lunaku lwaffe olwasoose nga tuli wamu. Tugenda kutandika olwaleero n'ekibuuzo ekiri mu bufunze oba okukkaatiriza okutonotono.

**OBUKUGU BWE TUKOZESA MU KUWABULA: Obukugu obukozesebwa mu kwogera mu kiseera eky'okuwabula.** Twayogedde dda mu musomo guno, twayogedde ebimu ku bintu kwe tulabira omuwabuzi eyeesigamye ku bayibuli. Nga bwe muyinza okukimanya, **si buli muntu nti alina ekirabo eky'okuwabula**; wabula, abasumba abasing obungi *kirowoozebwa* okuba nga balina ekirabo kino. Omanya otya nti olina "ekirabo?" Batera okubeera n'obusobozi okwolesa obukugu bwa mirindu ena: OKUSISINKANA, OKUTEGEERA, OKUWULIRIZA, era n'OKULUMIRIRWA.

**1. OBUKUGU OBW'OKUSISINKANA**

**a. *Ebisokerwako mu kusisinkana:* ekigambo ekifunzinziddwa: STKBR**

1. **S:** (Sikweya): B'owa amagezi bamanya nti ky'okola okyagala bw'oboolekeza obwenyi mu ngeri eya sikweya era n'okutamamu katono mu maaso, n'obeera n'entunula egoberera ebyogerwa, era n'okozesa obubonero obukubiriza n'obuzzaamu amaanyi. Okwogera n'obukkakkamu kukola nnyo, naye beera mwetegefu okukyusaamu okusinziira ku muntu gw'oyogera naye.
2. **T:** (Teweefunya). Wadde nga tutunuulira be tuwabula, tulina okwewala okufunya emikono oba amagulu. Emikono egitafunyiddwa n'amagulu ge tutasazeeko kiraga nti tuwuliriza nnyo ekyo gwe tuwabula ky'ayogera; bwe tusalako oba ne tuzinga emikono kiraga nti ensonga ze tetuzifuddeeko nnyo.
3. **K:** (Kutamamu). Okukutamamu mu maaso kiraga nti tuwuliriza bulungi anoonya okuwabulwa ky'ayogera. Okwesigama emabega kiraga obutafaayo ku byayogera.
4. **B:** (Basimbe amaaso). Bw'oba ogenda kwogera eri abantu, batunuulire. Wabula, obuwangwa bwammwe buyinza okuba nga tebufaanagana ku ky'okwetunuulira. Ekikulu: tokanga azze kuwabulwa.
5. **K:** (Kakkana). Gy'okoma okubeera omukkakkamu, ono azze okuwabulwa gy'akoma okuwulira obulungi. Wakati mu kumuwuliriza fuba okusigala ng'oli mukkakkamu. Leka gw'owabula awulire emirembe.

**b. Enjogera gy'Okozesa**: Enkangula y'eddoboozi n'enjogera yo biraga butya bw'owulira eri omuntu oyo ayogera naawe. Ekyo ky'okkaatiriza kikulu. Okwanukula nga kuno, "Ggwe ky'ogamba nti OYAGALIZA bazadde bo okugenda mu geyeena" kussa essira ku kigambo "okwagaliza," so si ku kigambo ky'okukyawa oba okuzikirira okw'olubeerera (ekitegeeza., okuzikirira okw'olubeerera) okwomuntu omulala. Okufaayo eri eddoboozi lyo era n'engeri b'owabula gye bakyusa amaloboozi gaabwe' kigenda kukwongera obukugu ku ngeri gy'obawaamu amagezi.

i. <u>Essira—Goberera Ebyogerwa</u>: ayagala okuwabulwa azze gy'oli ng'alina ensonga. Temuva ku nsonga eyo! Musigale ku nsonga eyo yennyini. Wabula, abamu ku be tuwabula bakyusa omulamwa bwe bawulira nga tebalina mirembe kwogera ku nsonga eyo.

a. <u>*Okulodaawo by'ofaako*</u> y'engeri y'okuwulirizaamu omulala omuwabuzi gy'alina okwegendereza. Tutera okuwuliriza ebintu ebimu ne tutabifaako. Eky'okulabirako, bw'obeera onoonya mizimu, mu buli nsonda oyinza okusangamu omuzimu!

b. Weegendereze <u>*engeri gy'oyanukulamu*</u>. Kikulu okwetegereza buli ekyogerwa, naye era kikulu obutayogera ku buli kyogeddwa omulundi gumu, kubanga kino kireeta okutabulwatabulwa.

ii. <u>Essira—weekenneenye gw'owabula</u>: Weetegereze ebikolwa byabwe nga bakubuulira. Ennyeenya y'omutwe, emmwenya, ebibaluma, n'ebirala.

**c. Ebyafaayo by'oyo gw'owabula**: Gw'owabula yakulira mu maka agaamufuganga ennyo? Baatulugunyizibwanga, nga tebafiibwako, nga bakyayibwa, nga bakabasanyizibwa, baayagalwanga ewatali bukwakkulizo, oba babadde beefuga nnyo bokka? Bwe kiba bwe kityo, okusisinkana mu kifo ewatali abantu, mu kisenge/mu kakkalabizo kibeera tekiyambaera kiyinza okubeera eky'obulabe.

**d. JJAWO EBITAATAAGANYA**: Temukkiriza babayingiramu, amasimu, abaana, bu mesegi n'ebirala.

**e. omugaso gwakasirise**: Newakubadde ng'okuwabula mulimu gwakwogera, olw'olumu ekisinga obulungi ky'oyinza okukolera oyo gw'owabula kwe kumuyamba mu kasirise. Olw'olumu obuyambi obusinga obulungi kwe kubeera n'omuntu oyo era ggwe n'otanyega kigambo.

**f. Essaala**: Okusinga okwogera obwogezi ku kizibu, olw'olumu kiba kirungi nnyo okusabira gw'owabula, naawe okwesabira era n'embeera eriwo.

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

***Okutwaliza awamu***: Enneeyisa y'abantu kitundu kikulu mu nsonga z'okuwabula, eri bombi, gwe bawabula n'omuwabuzi. Abawabuzi abalungi beetegereza enjogera y'abo be bayamba era n'enneeyisa yaabwe nga teboogera. Abawabuzi ababi beeyogerako nnyo, bava mangu ku mulamwa, babuulira be bawabula butya bwe bawulira, era babeera bakambwe. Okuwabula okutayamba bantu tekuli mu nkola ya Katonda, era n'olwekyo tekwolesa kitiibwa kye.

**ENKOLA Y'EKIBIIBA**: Mweyawulemu obubiina obutonotono era mugezese obumanyirivu mu kukola ku nsonga z'abantu.

**2. OBUMANYIRIVU OBW'OKUTEGEERA (oba "Obw'okutegeera ebyogerwa Eyazze Okuwabulwa")**

**a. *Kigambibwa nti "okwogera gwe musaayi ogutambuza enkolagana."*** Okutuusa nga tutegedde omualala era n'ekyo ky'atwala nga kikulu, olwo lwe tusobola "okukwatagana" n'oyo gwe tuwa amagezi. Kale "enkwatagana" ey'amazima n'omuntu oli omulala ezingiramu *enneewulira* era kw'ossa *n'entegeera ye ng'omuntu*. Okutuusa nga tutegedde awabulwa ky'ayagala, okusinziira ku byazze ajuliza (kwe kugamba., ky'atwala nga kikulu), olwo lwe tusobola okutandika "okukwatagana" n'omuntu oyo. Kitwala waakiri ebintu bino wammmanga empuliziganya eya namaddala okubaawo:

1. *Ekiseera*—Kitwala ekiseera okumanya omuntu. Okumanya oyo gw'owabula kiggyawo emiziziko egiziyinza empuliziganya eya namaddala okubaawo.
2. *Obwesige*—Emiziziko egiziyiza empuliziganya eya namaddala tegisobola kuwangulwa okutuusa nga waliwo obwesige wakati w'enjuyi zombi. Tewali muntu ayagala kukosebwa. Ebintu ebyogeddwa mu kyama, ebyama ebibotoddwa, biteekwa okusigala nga bya twekisize (okuggyako nga waliwo ensonga eteebeereka, kwe kugamba., okutaasa abalala obutakosebwa oba olw'okukakibwa amateeka okubaako by'obabuulira). Tewaliiwo kyonoona nkolagana ng'okulya olukwe mu muntu eyakwesize. Oyinza okubuuza nti, "Obwesige buzimbibwa butya?" Obwesige buzimbibwa mu nkolagana, embeera ey'obunkenke bw'ekwatibwa obulungi. Abantu abamu bakisanga nga kizibu nnyo okwesiga abalala, okwesiga bo bennyini, era n'okwesiga Katonda. Mu mbeera ezimu, okisanga nga baayitako mu kiseera lwe batayambibwa mu ngeri etegeerekeka bwe baali mu kiseera ekizibu.

**b. *Waliwo emitendera egy'enjawulo egy'okwogerezeganya egigenda nga gyeyongerayongera era n'okweyongera okukwatagana.*** Ggwe ng'omuwabuzi olina okutegeera eddaala ly'oyo gw'owabula kw'ayogerera. Awabulwa ayinza okwewala okugenda ebuziba ensonga ze mu kwogerezeganya olw'ensonga y'okutya okweyanika, okusawala, olw'okwewala okukomyawo obulumi obujja buli lw'ajjukira ebyamutuukako, oba nga mu butuufu takwesiga. Obumu ku buvunaanyizibwa bwo obukulu ng'omuwabuzi kwe kukubiriza okwogerezeganya okulimu obwerufu, amazima era nga kugenda buziba mu nsonga n'oyo gw'oli mu kuwa amagezi. Emitendera gy'okwogerezaganya gitambula bwe giti (okuva eri awabulwa okudda eri omuwabuzi):

1. *Ekikwate*—Kino bwe butabuulirako "mulala." Eno y'engeri esembayo okubeera entuufu "mu kwogerezeganya," era ng'ekozesbwa abantu abasinga obungi.
2. *Ekituufu*—Okwogera ky'omanyi kino kiggyawo ebikusike era kikolebwa abantu abatonotono.
3. *Endowooza*—Okwogera ekyo ky'omanyi oba ky'okkiririzaamu kifuuka kya kinnoomu. N'olwekyo, kino kiggyayo nnyo ensonga era abantu batera okweroboza mu bantu be banagabana nabo endowooza zaabwe.
4. *Enneewulira*—Okwogera ekyo ky'owuliral kwe kusemberera obwerufu, era kino okutwalira awamu kikolebwa n'akabiina k'abantu akatono.

**c. *Okwogerezeganya, n'okuteeegera obulungi, weetaaga okusalawo:*** 1. *kiki* ky'oyagala okwogera; 2. *butya* bw'oyagala okukyogera (eddoboozi ly'oyogeza, amaanyi gaalyo, obukyamufu, obunakuwavu, okulumirizibwa, okuyiyibwa, okuzzibwamu amaanyi, n'ebirala.); 3. *Lwaki* oyagala okukyogera (okulaga okwagala oba omukwano, obusungu, okuyamba, okulumya, oba okuswaza omulala, okumanya ky'alina okukola, n'ebirala.); era 4. *Ddi* lw'oyagala okukyogera. Engeri ki era na ddi lw'oyogera ekigambo kisobola okubeera ekikulu okufaananako nga *kiki* kyoyogera na *lwaki* okyogera. Mu butuufu, okwogera ekigambo mu ngeri etali ntuufu oba mu budde obutali butuufu kiyinza okuleetera oli omulala okutaputa obubi ekyo ky'ogamba na lwaki oyogera bw'otyo.

**d. *Okutegeera kuzingiramu byombi, ebiri mw'ebyo oli by'akubuulira ate n'engeri gy'awauliramu.*** Jjukira nti okwogerezeganya kubeeramu byombi, *mu kwogera* (ebyo bye twatula) era ne mw'ebyo bye *tutayatula* (eddoboozi ly'oyogeza, enneeyisa y'omubiri, enkozesa y'emikono, entunula, n'ebirala.). Entunula n'enjogera bwe bitakwatagana, abantu basalawo kutwala *ntunula.* Kale ggwe ng'omuwabuzi

weetaaga okutegeera entunula y'oyo gw'owabula. Entunula ye eyinza okuba enkulu okusinga by'ayogera.

**e.** ***TOLINA kukola nnyo okusinga oyo gw'owabula***. Abantu abamu bakulekera omulimu gwonna!

**ENKOLA EY'EKIBIINA**: Mwegabanyeemu obubiiina obutonotono era mukozese obumanyirivu obw'okutegeera.

**3. OBUMANYIRIVU OBW'OKUWULIRIZA (oba "Okuwandiika omuzannyo mu mboozi y'oyo gw'owabula")**

**a.** ***Abantu bangi tebaagala kirala okuggyako omuntu afaayo gye bali ekimala okubawuliriza.*** Okuwa omuntu obudde n'omuwuliriza kiraga omuntu oyo nti ossaamu ekitiibwa ebyo by'ayogera. Kiraga nti omuntu oyo omussaamu ekitiibwa.

**b.** ***Okuwuliriza obulungi bubeera bumanyirivu omuntu bw'asobola okuyiga.*** Abantu abasinga obungi, mu butuufu, si bawuliriza abalungi. Obutawuliriza bulungi kitaataaganya okwogerezeganya era ne kireetawo obutategeeragana. Kale *omutima* gw'oyo awuliriza obulungi gulina okwolesa: (1) endowooza egamba nti ebigambo byo awabulwa bya nkizo nnyo; n'obissaako nnyo omutima—n'okakasa nti ofaayo ng'ossa ebirala byonna ku bbali; ne (2) endwooza yokuba nti asembezebwa era n'okuba nti omaliridde okutegeera ensonga ze.

**c.** ***Okulowooza ku by'owuliriza*** y'emu ku ngeri esinga okuyamba mu kuwuliriza. Mu kulowooza ku byowuliriza, tubeera mu bwesimbu tutegeera omuntu oli omulala kyalowooza, kyawulira, kyayagala – oba ky'ayogerako. Era tubeera twetegereza entegeera yaffe nga tetunayanukula ono gwe tuwuliriza. Tufunzafunza bye tutegedde mu by'abadde ayogera era ne tubibuuza oyo abadde abyogera okukakasa nga by'ebyo. Okukakasa kuno oba okuwulira by'addamu ky'ekyo ekiraga omuntu abadde alowooza ku by'awuliriza era kye kifuula okuwuliriza okubeera nga kuvaamu omugaso.

Okuwuliriza okuyamba, kwe kuwuliriza ng'olowooza ku biri mu kwogerwako so si kuwuliriza buwuliriza mu ngeri ey'ekigayaavu. Waliwo obukodyo busatu bw'oyinza okweyambisa ng'omuwuliriza omulungi:

(1) Kwe kujjukira eby'emabega—akakodyo akalungi akakuyamba okutegeera ayogera naawe kwe "kujjukira eby'emabega" omuntu oyo bye yakugambye. Kino kikuyamba okufuna obutangaavu, eri ggwe n'oli gw'oyamba, ku kiki ddala ky'otegeera omuntu oli nga yeyongerayo ne byamutuukako. Bwe tubeera tujjukira ebyayogeddwa omuntu oli omulala, kikulu okubifunzafunza ng'okozesa ebigambo mu ngeri gye wategeddemu by'abadde ayogera. Okukusula obukusuzi ebigambo kinyiiza gw'owabula era tekiraga nti wategedde bulungi obubaka. Nga weesigama ku kigendererwa kyensisinkano n'entegeera yo ey'ekyo ekyetaagisa, oyinza okuddamu ebigambo ebyayogeddwa: ng'otunuulira ebyayogeddwa; ebirowoozo ne by'akkiririzaamu; bw'awulira n'enneewulira ye; by'ayagala, bye yeetaaga, oba ebimusikiriza; oba by'asuubira ne by'alindirira. Bwe tweyongerayo, osobola "okujjukira gye muvudde" ng'obifunzafunza mu njogera, okugeza: "Owulira _____"; "Nga bwe nkitegeera nti ki _____"; "_____ ekyo kituufu?" n'ebirala. Kino kiyinza okuleetera oli gw'obudaabuda okukkiriziganya n'empumbawuumba yo oba okugamba ekifaananako bwe kiti, "nedda, kyentegeeza kiri _____" mu ngeri zombi, ekiruubiriwa eky'okukkaanya kibeera kirina wekituuse.

(2) Ebibuuzo eby'okutangaaza—Wuliriza n'endowooza ey'okufuna obutangaavu. Ekyo kikuyamba okutegeera amakulu g'ebyo ebyogerwa. Osobola okubuuza ebibuuzo eby'okukutangaaza nga bino: "Oli mu kuntegeeza nti ______?" ne "Wabadde otegeeza ki bwe wayogedde nti _____?"

(3) Ebibuuzo ebiwuumbawuumba—Oyagala okumanyira ddala gwowabula kyasinga okwetaaga, Ayinza okuba ng'ayogedde bingi, naye kiki ddala ky'ayagala mw'ebyo byonna. Osobola okubuuza ebibuuzo ebiwuumbawuumba ebifaanana nga kino okutangaazibwa obulungi: "Ebyo byonna by'oyogedde, kiki kye mbeera nsinga okutegeera?" era "Kiki ky'osinga okunneetaaza mu kiseera kino?"

**d.** ***Obukodyo obulala ku kukulowooza ku by'owuliriza okulungi***:

(1) Tomala gaanukula ku makulu ga bigambo ebyogeddwa; tunuulira abyogera n'omutima gw'ayogereramu oguli emabega w'ebigambo bye. Ebigambo by'akozesa biyinza okuba nga mu mazima tebiggyirayo ddala ekyo ky'ayagala okukutegeeza.

(2) Tobuguutana ng'owa eky'okuddamu kyo. Abantu abamu babuuza ebibuuzo nga mu butuufu baagala kwennyonnyolako ng'era tebeetegese kuweebwa kyakukola.

(c) Bwe kiba nga ky'abuuza kikutabudde era nga tokitegedde, buulira omuntu nti tokitegedde oba

akibuuze mu ngeri endala, oba gezaako okuteeba ky'agamba. Naye bw'obeera tokitegedde, oli akitegeera era agenda kwagala okukutereeza.

***Okutwaliza awmu***, weeyongere okubeera omuwuliriza omulungi. Ng'owuliriza abalala era okimanye nti abantu abalala bayinza okubeera nga balimbalimba, naye nga bawuliriza bulungi, na ddala obutakkaanya bwe bubalukawo, kino kirabika mangu. Nga bwe kiri ku bumanyirivu obulala bwonna, okuwuliriza obulungi kwetaagisa okwetendeka, kale weetendeke obukodyo bw'okulowooza ku by'owuliriza era obifuule ekitundu ku bumanyirivu bwo obw'okwogerezeganya n'abalala.

**ENKOLA Y'EKIBIINA**: Mwegabanyeemu obubiina obutonotono era mwetendeke obumanyirivu bw'okuwuliriza.

**4. OBUMANYIRIVU OBW'OKULUMIRIRWA (oba "Okwessa mu bigere by'Oyo gw'Owabula" oba okuzannya ekitundu kyabwe)**

**a.** ***Okulumirirwa kunnyonnyolwa mu ngeri bw'eti, okusingira ddala nga kikwatagana n'okwogerezeganya:*** "Okulumirirwa kwe kwessa mu birowoozo by'omulala na butya bw'awulira, embeera yonna nga bw'efaanana." Kuno kwe kwessa mu ngatto z'omulala, ne kikuyamba okuteesa ku nsonga n'oyo anyigirizibwa nga tomukosezza oba okumwesittaza mu ngeri yonna, era kwe kufaayo ku butya gw'oyamba bw'awulira.

- Okulumirirwa kukuyamba okutegeera eddoboozi ly'oyo gw'owabula era n'okwetegereza entunula yaabwe, okusingira ddala amaaso, okutegeera engeri gye bawuliramu oba kiki kye bayinza okuba nga balowooza.
- Okulumirirwa kusobozesa okwogerezaganya okubeera okw'omuzinzi. Okwogera eri omuntu si kwe kuwuliziganya kwennyini; okwo kubeera kujegera. Okwogerezeganya okutuufu kwe kubeera ng'ofaayo eri *ono* akuwuliriza mu kiseera *kino*.

*Okutwaliza awamu,* Okulumirirwa kwe kwessa mu bigere by'omulala wabula nga tofuukidde ddala ye.

**b**. ***Waliwo emitendera egy'enjawulo egyolesa okulumirirwa.*** Eky'okulabirako, singa gw'owabula abeera n'obutakkaanya ne kitaawe, emitendera egy'enjawulo egy'ebigambo eby'okulumirirwa (omuwabuzi eri awabulwa) giyinza okubeera bwe biti:

Omutendera 1—"Bijja kutereera ku nkomerero ya byonna." Enjogera ebeera tetegedde mbeera y'ono ayagala okuyambibwa. Obeera tomuwadde bukakafu. Obeera totegedde gw'owabula engeri gy'awuliramu era nga tofuddeeyo ku bintu ebireetebwa ekizibu ekyo.
Omutendera 2—"Olina obuzibu ne kitaawo." Wano omuwabuzi anokoddeyo waakiri ensonga ekola *ekinyusi* mu kwogera kwe n'oli gw'awabula, naye omuwabuzi tafuddeeyo ku butya oli gw'ayamba bw'awulira.
Omutendera 3—"Owulira bubi kubanga tokwatagana na kitaawo." Wano omuwabuzi ayolesa okutegeera okunene ku biri mu byogeddwa era n'engeri gw'awabula nga bw'awulira. Kino kiggulawo omwagaanya ogw'okweyongera okwogerezeganya.
Omutendera 4—"Owulira ng'osobeddwa olw'obukambwe bwa kitaawo; oyagala alekeraawo okukubonyaabonya." Wano, omuwabuzi ayolesa okutegeera ekizibu, na butya oli gw'awabula bw'awulira, era n'ategeera ne kye yeetaaga (kwe kugamba., gw'awabula kiki ky'ayagala okukolebwa okusobola okutereeza embeera ye).

**ENKOLA Y'EKIBIINA**: Mwegabanyeemu obubiina obutonotono mwegezese mu bumanyirivu bw'okulumirirwa.

**EMBEERA Z'OMUNTU N'EBIZIBU EBIRI MU YE: EKY'OKULABIRAKO**

**A. *Ennaku n'Okwennyamira.***

1. Amakulu.

a. *Ennaku.* Ennaku y'engeri gye tuwulira olw'okufiirwa kwe tubadde tetusuubira. Ennaku etuyamba okumanyiira kye tufiiriddwa ne tukomawo mu bulamu obwa bulijjo. Ennaku ekyusa bye tusuubira nga "bwe byabadde" ne tusobola okukkiriza "nga bwe biri kaakano." Okunakuwala *si* kwe kugenderera okwerabira, naye *olw'okuzza* obulamu bwaffe obuggya.

b. *Okwennyamira.* Okwennyamira y'embeera ey'okutabulwatabulwa nga mw'eyo ebirowoozo

by'okunakuwala, okufiirwa, obusungu, oba okusoberwa biyingirira obulamu obwa bulijjo okumala ekiseera ekiwanvu. Okufaananako n'ennaku, okwennyamira kukosa *omubiri gwonna,* si ngeri yokka gy'owuliramu. Obubonero obw'okwennyamira bubeera bulabika buli lunaku okumala *waakiri ssande nga 2*, nga bibeerawo byonna mu budde bwe bumu, era nga bireeta obunyiikavu oba enneeyisa etakwatagana ekosa embeera y'omuntu oyo eya buli lunaku, okugeza., emirimu, okwerabirira, era n'enkwatagana ye n'abantu. Newakubadde ng'okunakuwala kya butonde, engeri emanyiddwa gw'okwatamu okufiirwa, okwennyamira kusobola okuleetebwa embeera eziwerako, omuli:

(1) Ennaku oba obusungu obutereke. Ennaku n'obusungu biwamba nnyo omuntu. Okwennyamira buyinza okubeera "obusungu omuntu bwe yasibira munda." Obutasonyiwa buyinza okuleeta okwennyamira, omuntu n'amaliriza nga yesse.
(2) Okubulwa otulo. Eddagala oba okunywa kaawa ayitiridde ayinza okuleetera omuntu okubulwa otulo okumala ekiseera.
(3) Obuzaale. Waliwo okwenyamira okwensikirano. Ennyumba erimu abennyamira kino ekyoleka bulungi. Okwongera kw'ekyo, abantu abaafunako kwennyamira nga bakyali baana bato naye ne batayambibwa batera okuddamu okwennyamira mu bukulu. Okwennyamira kiyinza okubeera ekizibu ekiva ku *kucankalaa kw'obwongo* mu mbeera eyo omuntu ne yeesanga "ng'acamuka" oba "ng'awooteera" oba nga "yennyika" oba nga "yennyamira." Okucankalana kw'obwongo kuyinza okubeera okw'ensikirano era obujjanjabi bubeera bwetaagisa omuntu bw'aba wa kuwona.
(4) Okutulugunyizibwa mu birowoozo. Abantu abamu bawangulwa mangu embeera y'okwennyamira. Okwongera kw'ekyo, okwennyamira ebeera mbeera ya *kuggwaamu,* okubeera nga "tokyalinamu." Ng'omubiri tegukyazaala bulungi birungo ebiguyamba. Kaakati ekyo bwe kikolebwako obulungi abasawo, okwennyamira kugenda.
(5) Okufiirwa okw'omuddiriŋŋanwa. Omuntu bw'ayita mu kufiirwa okw'omuddiriŋŋanwa oba okw'ekibwatukira, endowooza y'okuteebereza ekigenda okumutuukako eyinza okumwongera okwennyika. Okufiirwa omulimu, okulekeraawo okugenda mu nsonga, era ne "nkyukakyuka y'obulamu" eyinza okubeera emmanduso y'okwennyamira.
(6) Okwagala ebituukiridde, obutayagala kukyusaamu, oba abantu abekkiririzaamu ennyo bakwatibwa nnyo embeera y'okwennyamira.
(7) Obulwadde n'ennyimbe nabyo bitera okuleeta okwennyamira. Okwongera kw'ebyo, omuntu abeera yennyamidde olw'obulwadde atera obutawona kwennyamira, kale bwe kityo, n'ekiremesa okuwonyezebwa kwe okw'omubiri. N'olwensonga eyo, obulwadde n'okwennyika bitera okutambulira awamu.

2. Okuyamba abanakuwadde n'abennyamira.
 a. *Okuyamba abanakuwadde.*
 (1) Ebigendererwa by'okunakuwala bye bino: (A) *Kkiriza obutuufu bwokufiirizibwa* (kwe kugambategeera okufiirwa kye kitegeeza era ne kyekireeta mu bulamu bwaffe); (B) *Kkiriza okuyita mu bulamu obuleetebwa okufiirwa* (Obulumi butukyusa; butuwa endaba y'ebintu empya era ne kituyamba okutuwa essuubi eppya bwe tutandika okulaba ebityakaliwo mu bulamu bwaffe); (C) *Tambula nembeera nga bweri* (Nga bwe tuddamu okuzimba entegeera yaffe eyeesigamye ku bireeteddwa okufiirwa, tutandika okukola enkyukakyuka ezeetaagisa—abasing obungi abyiseeko mu kufiirwa okwamaanyi batera okulaba omugaso gwemikwano nga munene okusinga ebintu); (D) *mu mpulira yo kyusa* amaaso go ogajje ku kye wafiirwa (kwe kugamba., omugenzi, omulimu gwe wafiirwa, n'ebirala.) weeyongereyo n'obulamu bwo.
 (2) Amagezi eri abawabuzi.
 (A) *Eby'okukola.*
 (i) Gumiikiriza enneewulira y'omuntu, ebimuluma, n'ebikolwa bye. Okugatta kw'ekyo, wesse mu kifaananyi kye—gabana naye engeri gye wewuliramu bwe wayita mu mbeera bw'etyo. Ekiruubirirwa kyaffe mu kusooka si kwe kwagala awulire bulungi oba okumuggyako obulumi, naye okwagala okumuayamba okumanyiira ebyamubaako.
 (ii) Wuliriza omuntu, ne bw'aba (okusingira ddala) ng'addamu ebyo bye wawulidde edda. Wuliriza ng'akulaga ebyamunyiiza, ebyamuswaza, ebyamusonyiwaza, ebyamuyaayanya, n'okumutiisa. Abantu batera okugaana bye tubagamba okukola, naye ne bassaamu ekitiibwa okubeerawo kwaffe, n'okubawuliriza, era n'okufaayo kw'ebyo bye baayitamu.
 (iii) Ennaku erimu emitendera—tegeera ddi lw'olina okwanukua ng'oyogera oba beera bubeezi n'oyo asobeddwa osirike. Ennaku okutwaliza awamu erina emitendera etaano:

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

Omutendera I: Ekikangabwa oba obutakikkiriza
Omutendera II: Obusungu
Omutendera III: Okukkiriza ekibaddewo
Omutendera IV: Okwennyamira oba okunakuwala
Omutendera V: Okukkiriza embeera

(vi) Muwe obuwagizi obw'okumufaako era omwagazise okwogerezeganya—tegeera obuzibu bw'oyo akungubaga bw'afuna okugenda mu bantu, okusingira ddala bw'abeera ng'akungubagira omuntu we ow'okulusegere; muyite okwenyigira mw'ebyo ebyamunyumiranga nga tannafiirwa.

(v) Olw'okuba ennaku eyenjebula entegeera yaffe ne bye tulowooza ku nsi, ebiriwo mu kiseera ekyo biyinza okuba nga tebikyakola makulu. Kino kivaamu n'okunyiigira Katonda. Endowooza y'omuntu gy'alina ku Katonda etera okubeera nga tekwatagana na bigenda mu maaso. Twetaaga okuwuliriza omuntu era ne tumubuuza nti, "Wayogeddeko ne Katonda ku kintu kino?" Tusobola okusaba naye era n'okumusabira. Tusobola okubuuza omuntu oyo kiki kye yalyagadde tusabire, era ekyo ne tukisabira ng'akyaliwo.

(B) *Ebintu bye tulina okwewala*

(1) Ali mu kunakuwala togezaako kumwewala; eky'ennaku, kino kigenze kifuuka kya jjenjeero ennaku zino mu nsi.

(2) Togeraageranya, okupimaapima, oba okulamula.

(3) Weewale okwogera ebintu nga bino: "Mmanyi bw'owulira"; "Ddamu amaanyi"; "Katonda yayagadde [omugenzi] okubeera naye"; "Ogenda kumala okiwangule"; "Waliwo omuntu eyo omulala akufaako." Ebigambo ebyo byonna bireetera omuntu okuwulira ng'omutwala ng'ekintu okusinga ng'omuntu.

b. *Okuyamba eyennyamidde.*

(1) Faayo okukolagana n'ababudaabuda abalala, omuli n'abasawo. Okukebera omuntu mu ngeri y'ekisawo kikulu, kubanga okwennyamira kusobola okubeera nga kuva ku bulwadde (ebitundu 40% ku kwennyamira bikwataganyizibwa n'obulwadde bw'omubiri). Eddagala eriziyiza okwennyamira liyamba abantu okuddayo mu mbeera zaabwe "ez'obuntu." Okugatta kw'ekyo, okunoonyereza kulaga nti okwennyamira okuyitiridde kusinga kujjanjabwa mu ngeri ya mirundi ebiri, eddagala ate n'okubudaabudibwa.

(2) Bye twogeddeko waggulu ku biyamba anaakuwadde era bikola ne kw'abo abennyamidde.

(3) Amagezi amalala g'okozesa ng'oyamba kw'abo abennyamidde.

(A) *Okuwuliriza n'okubeerawo bikulu nnyo.* Abantu ababeera mu kwennyamira batera okubeera nga tebeerabawo, tebategeera mbeera gye balimu, era tebategeera bya mumaaso byabwe.

(B) *Omulwadde okuwandika olugendo lwe*. Tusobola okubabuulira nti ebirowoozo byabwe ebitali bituufu, oba enneewulira embi, oba empisa zaabwe ezitassanira kubeera "kwennyamira nga kwe kwogera." Bw'omugamba okuwandiika "ebyo ebibaawo buli lunaku" kimuyamba okulaba ekibadde kigenda mum maaso mu bulamu era n'engeri gy'abadde alabamu ebintu.

(C) *Kubiriza omuntu eyennyamidde okukola ebintu bye yandibadde akola, newakubadde nga tayagala kubikola.* Okusingira ddala kikulu okumuyamba okusigala nga yenyigira mu bintu ebiyamba abalala ebikolebwa mu kitundu mw'abeera. Kubiriza omuntu oyo okulya obulungi n'okuwummula ekimala era n'okukola ku dduyiro.

(D) *Abewaabwe bayingize mu nsonga z'omuntu waabwe.* Wabula, aba famile babuulire nti tebamuggyako buvunaanyizibwa bwonna, naye bamuyambe okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe.

(E) *Sabira omuntu oyo eyennyamidde.* Ensibuko ye okwennyamira kwe kuba nga takyalina ssuubi. Obulamu nga takyabulamu mugaso era ng'awulira embeera tegenda kukyuka. N'olwekyo, kikulu nnyo okuyita mu lugendo lw'okuwabulwa lwonna, *okumuwa essuubi.* Kyokka, kimanye nti gw'owabula ayinza okuba nga talabawo Katonda mu ngeri yonna olw'okwennyamira. Yamba omuntu oyo okudda eri Ekigambo kya Katonda.

3. Okwetta.

a. *Ebikuleeta.*

(1) Okwetta okusingira ddala kuva mu kwennyika kwa mwoyo. Omuntu eyetta kyakola ye abeera akitwala ng'engeri y'okugonjoolamu ekizibu—ng'alaba tewali ngeri ndala yonna ey'okuva mu bulumi, mu kiseera ekizibu era nga talaba bwe kigenda kukoma. Okutwaliza awamu, okwetta bakulaba nga y'engeri esinga obulungi okuwona obulumi, okukosebwa, n'okubonaabona. Nabbi Yona ky'ekyokulabirako ekirungi ku nsonga eno.

(2) Okwakuwana n'ekituufu, abantu bagezaako okwetta mu kiseera nga batandise okuva mu kwennyamira. Wakati mu buziba bw'okwennyamira abantu balaba ng'ekyokwetta ly'eddagala ly'ekizibu; bwe batandika okuwulira obulungi batandika okulowooza nti, "Nnina eky'okukolera ensonga eno; Kye nnina okukola kwe kutereeza ebintu ebitonotono ensi ngirekulire." Asobola n'okuwulira ng'asanyukidde ekirowoozo ekyo, mu ndowooza ye abeera agamba nti, "kaakati obulamu bwange mbweddizza."

(3) Olw'okuba ng'okwetta kulabibwa ng'engeri y'okumalawo ekizibu, omuwabuzi weetaaga okumanyisa gw'owabula nti: (A) *Okwetta y'embeera ey'olubeerera gy'oteekawo olw'ekizibu ekyakaseera obuseera;* ne (B) *abasinga ababeera BAAGALA okwetta mu butuufu babeera baggyawo "e" kizibu, naye si kumalawo bulamu bwabwe*. Eky'okulabirako, omuntu atawaana n'obulumi obw'olukonvuba, ekiwuubaalo ekitakoma, oba obwenzi obutakoma ayinza okulowooza nti okwetta "y'engeri" ey'okukomya okutawaanyizibwa. Wabula, singa basobola okwaᶇᶇangamu embeera oba ne bawangula ekizibu ekyo, babeera tebakyayagala kwetta, naye essira balissa kukugonjoola bizibu byabwe.

b. *Ebireeta Obulabe.*

Si buli muntu nti alaga obubonero bw'okwetta. Embeera eyo mu bantu bonna tefaanagana. Abasajja abatera okwetta nga bakyali bavubuka oba nga bakaddiye; ate bo abakazi nga bali mu myaka egya wakatii. Mu mbeera ezo zombi okunywa ebiragalalagala n'omwenge bibeera bikola kinene mu kusalawo kwabwe kwe bakola. Mu biralala ebireeta obuzibu obwo mwe muli:

(1) Okwennyamira—okuzoolekana okusinga mu bakadde kuva ku kwennyamira, so si bulwadde.

(2) Okufiirwa okw'amaanyi—okweyawula ku bantu, okufiirwa obuyambi, era n'okuggwaamu omugaso bye bimu ku bireeta obuzibu. Abasajja okusingira ddala batera okufiirwa emikwano bwe bagenda nga bakaddiwa, era ne baba nga tebakyerabamu "mugaso" oba ekigendererwa bwe baba nga tebakyasobola kukola, olwokuba ngabasajja bangi omugaso gwabwe bagulabira nnyo ku mirimu gye bakola.

(3) Ebyafaayo by'okwetta mu b'ennyumba, oba okwetta kw'owomukwano ow'oku lusegere.

(4) Akazoole akomuntu oba ebyafaayo byakazoole k'abenju eyo.

(5) Obutabanguko bw'omu maka, ebyafaayo by'okutulugunyizibwa kw'omuntu oyo.

(6) Abaali beegezezzaamu okwetta.

(7) Ebyafaayo by'obumenyi bw'amateeka.

(8) Eby'okulwanyisa mu maka (eri abasajja).

(9) Ettamiiro ly'omwenge oba ebiragalalagala.

c. *Enkwata y'omuntu ayagala okwetta.*

(1) Twala byayogera ku kwetta nga bikulu.

(2) Kola enteekateeka. Tomusuubiza nti ensonga ogenda kugikuuma nga ya kyama (mu butuufu, olina okumanyisa abakadde n'abakwatibwako abalala ku nsonga eyo [omubiri gwa Kristo gwetaaga okuyamba abantu okuva "mu nzikiza" mu bulamu bwabwe, ne gubalaga Kristo]; abantu be bakkirize okwogera naye era n'okumulabula).

(3) Mu mbeera "ezitalinda" oba ng'omuntu akukubidde essimu: (A) Tegeera mangu obuzibu obumwolekedde—eky'okulabirako., buuza omuntu oyo "Butya bw'ayagala okwetta?" (weetaaga okumanya ky'ayagala okukozesa okwetta). Bw'owulira ekigambo "emmundu," lagira omuntu oyo okugissa wansi amangu ddala/ate n'obwegendereza. (B) Omuntu oyo mulagire okweyama nti tagenda kubaako kyakola nga mukyayogerezeganya. Yogera ku ngeri gye mugenda okugonjoolamu ekizibu. Beerako omuntu gw'omusindikira okwogera naye. Era omuntu oyo mukkirizise okubaako ne kye mukkirizaganyaako okutuukako *enkeera* (eky'okulabirako., jangu mu w'ofiisi yange; yita omusawo). (C) Bw'okizuula nti obuzibu obw'amaanyi bukendedde, yogera n'obuvumu eri omuntu oyo. Omuntu oyo abeera agenda kukkiriziganya n'ebyo by'omugamba "singa" obeera otegeerekeka bulungi, nga weekakasa byogera, era ng'obyogeza buyinza. Baako omuntu gw'omusindikira ewuwe (oba ggwe kennyini weegendereyo).

(4) Mu mbeera-ezirinda ng'omuntu alowooza ku ky'okwetta: (A) *Totya kwogera ku nsonga eyo*—tolina ky'ogenda kwogerako nga tebaakirowozezzaako dda. Buuza ebintu nga bino: "Wali olowoozezzaako ku ky'okwerumya oba okulumya abalala?" "Wali olowoozezzaako ku ngeri gy'oyagala okukikolamu?" "Wali okigezezzaako?" "Bw'oba wakigezaako, kiki ekyabaawo?" Mu kiseera kino, obeera oli mu mbeera "ey'okusalira ekizibu amagezi" si mbeera ya kwolesa "mpisa." (B) *Kakasa ng'omuntu oyo akimanya nti bwe yetta tasobola kukomawo mu bulamu.* Abavubuka bangi kino tebakirowoozaako—okusingira ddala okufa kwabwe. (C) *Zuula "ekitundu ""ky'obulamu bwabwe kye baagala okuggyawo.* Bulijjo, omuntu ayagala okwetta byonna tayagala kubiggyawo. Wabula, balina ekitundu kye babeera

baagala okuggyawo, nga balowooza nti bagenda kuwulira bulungi (oba abalala bagenda kubeera bulungiko). (D) *ayagala okwetta bwakubuuza oba nganagenda mu ggulu ng'akikoze*—ayinza okuba nganoonya *buwagizi* bwo ye okwetta. Oyinza okumugamba nti, "Ekyo kiri mu mikono gya Katonda; oba ngonagenda mu ggulu, nange simanyi." Jjukira nti omuntu oyo agezaako okukola ensobi ey'olubeera ku kizibu ekitali kya lubeerera. Weetaaga okutegeera, era n'okumanya *lwaki* gw'owabula akubuuza ekibuuzo ekyo. (E) *Eyafiiriddwa omuntu eyesse bw'akubuuza oba nga yagenze mu ggulu*—weetaaga okwogera kaate ku kiki ekyabaddewo. Abasigaddewo bayinza okuba nga beesalira omusango (kwe kugamba., "Nnina kye nandikoze okukiziyiza"), nga balina ennaku, obusungu, n'okuwulira ensonyi. Babuulire nti okukkiriza kwaffe tekuli mu muntu, oba mw'ekyo ky'akoze, naye muYesu Kristo. Katonda yekka y'amanyi omutima gw'omuntu; ffe tetugumanyi. Tetumanyi kyabaddewo mu mutima gwe mu kiseera kye ekyasembyeyo—eri omubbi eyali ku musaalaba yasobola okwenenya. Kakasa ng'omuntu abuuza ekibuuzo ekyo alina ky'asobola okukola n'afuna obulamu obutaggwaawo—n'akomawo okukola Ekigambo kya Katonda kye kyayogera, era n'osongera omuntu oyo ku Kristo. Musabire buli kiseera okuluŋŋamizibwa Omwoyo Omutukuvu.

**ENKOLA Y'EKIBIINA: Baako gw'obuuza ku Kwesalira omusango, Okuswala, era n'Okwennyamira**

Mu bubiina bwammwe obutontono, mukikole mu mpalo nga buli omu abuuza munne ebibuuzo bino wammang: [Weetegereze: oli gw'obuuza tateekwa kwanukula bibuuzo. Ekiruubiriwa kya kubuuza bubuuza bibuuzo.]

1. Wali obaddeko mu kiseera ne weesalira omusango? Kimbuulireko.
2. Wali owuliddeko obuswavu? Kiki ekyali kikutuuseeko mu kiseera ekyo?
3. Wali oyagaddeko okwekweka Katonda oba okunenyeza ekizibu omulala? Mbuulirako ebisingako awo.
4. Ebiro ebimu mu bulamu bwabwe, abantu bangi bawulira nga bali wala ne Katonda. Ekyo kyali kikutuseeko? Bwe kiba nga kituufu, kyaliwo ddi?
5. Abakristaayo abamu bawulira nga baagala "okutuukirira" okusobola okwesanyusa, n'okusanyusa abalala, oba Katonda. Kino kitegeeza ki gy'oli?
6. Bwe wasobya omuntu omu, ekyo kyakosa kitya enkolgana yo naye?
7. Waliwo omuntu eyali akukoze ekibi? Bwe kiba nga kituufu, ekyo kyakosa kitya enkolagana yo naye?
8. Wali owuliddeko nga toyagalibwa? Kyakuyisa kitya?
9. Wali oliriddwaamu olukwe?
10. Wali ogezezzaako okuzzaawo enkolagana eyayonooneka? Ekyo kyaliwo ddi?
11. Enkolagana yo ne mukyala wo eri etya?
12. Mbeera ki ezakuleetera okwagala okukuba omwana wo?
13. Olw'olumu abantu bawulira nga bawooteevu, banakuwavu, oba nga bennyamidde. Wali owuliddeko bw'otyo?
14. Okwennyika kuyinza okuba emmanduso y'ebirowoozo by'okwekolako obulabe. Wali *olowoozezzaako* ku kwetta?
15. Wali *ogezezzaako* okwetta?
16. Olina emmundu oba obwambe mu maka go?
17. Wali ofiiriddwa omuntu wo yenna ow'oku lusegere? Mbuulirako nga bwe byali.

**B. *Ennyiike, okweraliikirira n'Okutya.***

1. Ennyiike.

a. *Obulamu bulina ebitubanja ebitakoma bye tulina okumanyiira era n'okukyusaakyusa.* Obulamu obutaliimu nnyiike yonna kubeera kufa. Mu butuufu, ewatali nnyiike yonna era n'ebitubagula, abantu babeera beekoledde ensi eyaabwe era ne beekolera ebibabagula (eky'okulabirako., embeera y'akazoole).

b. *Ebirabwako ebikyukakyuka ne bituteeka ku bunkenke abantu bibakosa kitono.* Wabula, engeri gye tunoonyaamu *okugonjoola* embeera eyo kye kisinga okutuyiikaaza. Engeri gye tulowozaamu munda y'esalawo oba ng'ekitunyiikaaza kirungi ("tukifunamu") oba nga kibi ("nga kitufiiriza"). Mu bigambo ebirala, engeri gye tulowooza ku kintu y'etuleetera ennyiike. Eby'okulabirako ye Adamu, Eva, Musa, Ibulayimu, Dawudi, n'abalala.

c. *Ffe tetuli bantu "abaakolebwa okubaguka n'ekyo ekitubaddeko."* Wabula ate twekkaanya embeera era ne tusalawo eky'okugikolera. Kale nno, engeri y'okukwatamu ebireeta ennyiike etambula bw'eti:

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

Ekitwennyisa (ekitubagala)=>Okukipimaapima=>Enkwata. Mu kupimaapima ekitubagula buli kiseera tubeera twebuuza mu ndowooza yaffe ebibuuzo nga bino: (1) “Kiki kino?” (kwe kugamba., Ekintu kino kirungi, kinnyamba? Kibi, tekinnyamba? Oba kirimu omuganyulo oba tekingasa?); (2) “Nsobola okukigumira?” (kwe kugamba., Kinneetaagisa ki okusobola okugumira ekimbagudde kino? Nnina obumanyirivu n’ebikozesebwa okukiyitamu?); ne (3) “Bizibu ki bye kireeta?” (kwe kugamba., Singa kigaana okutereera, nnaasigala ndi BULUNGI?). Ekiyongobero *si ky’ekifuga* ekikubagula. Wabula, engeri *gye tulowoozaamu n’engeri gye tupimaapimamu* ebintu y’esalawo engeri gye tweyisaamu.

d. *Tusobola okukyusa ebintu “ebibi” ne bifuuka “emikisa.”* Tusobola okwekkaanya ebintu nga tubipimaapima bulungi mu ntegeera yaffe. Tusobola okukiraba nti “obuzibu” obutwetoolodde tebugenda kuvaamu mitawaana, era nga kigenda kutuviiramu omukisa omulungi. Bwe tukola bwe tuti, tusobola okukyusa *enneewulira* obutatuleetera kubaguka (eky’okulabirako., embeera y’okutya esobola okukyusibwa n’efuuka eky’okukolako). Mu kukola kino tetulina kwenkanyankanya “ekisanyusa” n’ekyo “ekirungi” oba “ekitasanyusa” n’ekyo “ekibi.” Twetaaga okubuulira abo be tubudaabuda nti embeera nyingi ezitasanyusa zivaamu ebirungi. Eky’okulabirako, bwe twogera ku ky’eriggwa lya Pawulo “mu mubiri” (**2 Abakk 12:7-10**), essaala eno teyayanukulwa era “n’eriggwa” teryamuggyibwako. Wabula mu byonna, Pawulo yafundikira ng’agamba nti *ekitiibwa kya Katonda kyeyongera okulabisibwa* mu bunafu bwa Pawulo. Okwongera kw’ebyo, tulina okulaga bano abasobeddwa emikisa egiri mu mbeera ze bayitamu.

2. Okweraliikirira n’Okutya.

a. *Abantu bonna batawaanyizibwa okweraliikirira n’okutya buli kiseera.* Tetwetaaga kumala ganguyiriza okusalawo ku biki ebireetera abantu okutya. Ekintu ekirabika ng’ekitalina nnyo makulu eri omuntu omu ate kiyinza okubeera ekikulu ennyo eri omulala era nga kimuteeka ne mu busibe.

b. *Okutya kwe kusaa amaaso ku kintu ekitukanga (oba kye tulowooza okutusaanyaawo) oba okusaanyaawo ekintu ekimu ekikulu mu bulamu.* Okweraliikirira kubaamu obukenke n’obutakkakkana, naye obunkenkek n’obutakkakkana bubaawo nga ffe tetumanyi lwaki tuwulira bwe tutyo. Naye omulandira gw’ebyo byombi bubeera bulumi. Ekimu kw’ebyo kituggya ku kutunuulira Katonda, n’ekyongera amaanyi ekyo kye tutya, ne kikiwa amaanyi mangi okusinga ku ga Katonda. Ffe ng’abawabuzi twetaaga okuluŋŋamya abantu okuddamu okutunuulira Katonda. Nze nzikiriza nti okutya kwe “kweteekako obuvunaanyizibwa Katonda bw’atakuwangako/bw’atampangako.” Okubuuza b’owabula ku butya bwe balabamu obuvunaanyizibwa kikuyamba okutegeera okutya kwabwe gye kusibuka.

c. *Waliwo okutya okulungi (eky’okulabirako., okutya omuliro, obutumbiivu, emisota egy’obusagwa, n’amaanyi ga Katonda n’ekitiibwa kye), ate era waliwo n’okutya okubi,* gamba nga: (1) okutya okufa (okukkiriza kwaffe kwokka eri Kristo kwe kutusumulula mu kutya okwo); (2) okutya okufiirwa omwagalwa wo (era n’ekyo, kiri mu buyinza bwa Katonda n’obwesigwa bwaffe mu ye, oba obutali bwesige bwaffe mu Katonda); (3) okutya “okw’obutasobola kufuga” embeera (era n’endowooza ekwatagana n’ekyo egamba nti “Singa nnyaabula nnakoze kino, nandiziyizza ekintu bwe kiti okutuukawo”); (4) okutya okulemererwa (ffena tulemererwa mu bintu eby’enjawulo, era Katonda buli kiseera atujjukiza nti tulemererwa, era nga twetaaga obuyambi era n’olwekyo tulina okussa obwesige bwaffe mu *Ye* [soma, **Yok 15:5**]); okutya abantu (emirundi mingi Katonda tumusikiza abantu, era ne tumaliriza nga tutya abalala kye balowooza, okusinga ekyo Katonda ky’alowooza).

d. *Ng’abawabuzi, tulina okuyamba abantu okutegeera ensibuko y’okutya kwabwe era ne bageraageranya bulungi embeera ze balimu* (nga bwe twayogedde edda ku nnyiike). Okwongerezaako, olw’okuba ng’omulandira gw’okutya, kwe kukuggya ku kutunuulira Katonda n’otunuulira ekirala, twetaaga okuyamba abo be tubudaabuda okuzza obuggya enkolagana yaabwe n’Oyo abaagala era omuyinza w’ebintu byonna. Twetaaga okutegeerera ddala ebireetera abantu okutya: okutya ge mazima mu nsi eyagwa, ensi ey’ekibi; obulimba nabwo buyinza okubaamu (kwe kugamba., omuntu ayinza okuba nga by’akkiririzaamu si bituufu)—abantu batera okukkiririza mu ngeri gye baakuzibwamu, mu mbeera gya babeeramu, ne mubikangabwa ebyabatuukako, okusinga okukkiririza mu Kigambo kya Katonda. Endowooza y’okutya mu kusookera ddala ya kibi kubanga eggya amaaso ku Katonda era n’eyolesa obuteesiga Katonda. N’olwekyo, asobeddwa olina okumwolekera n’amazima ga Bayibuli agoogera ku mbeera ye. Awabulwa alina okutunuulizibwa nate Katonda era n’afuna obumativu mu Katonda (nga **1 Yok 4:18** bw’ayogera, “okwagala okutuukiridde kugoba okutya”). Obuyinza bwa Katonda ku mbeera zaffe, era n’okumanya kwe nti ebitiisa biyinza okututuukako ekyo kisobola okubeera ensibuko y’okuguma n’amaanyi gaffe.

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

**ENKOLA Y'EKIBIINA: Baako gw'obuuza ku Nnyiike n'Okweraliikirira**
Mu bubiina bwammwe obutonotono, mu kikole mu mpalo buli omu ng'abuuza munne bino wammanga: [Weetegereze: si tteeka nti oli alina okwanukula ekibuuzo. Ekiruubirirwa kwe kubuuza ebibuuzo.]

1. Wali obaddeko mu kiseera n'owulira ennyiike? Mbuulirako bwe kyali.
2. Abantu bonna mu bulamu babeerako mu nnyiike. Eddaala ly'ennyiike yo lyenkana ki? **(Mugambe okwewa obubonero okuva ku 0 okutuuka ku 10).**
3. Wali ofunyeeko ekirowoozo mu mutwe gwo ne kikulemeramu? Yongera ombuulireko.
4. Abakristaayo abamu bawulira ng'okweraliikirira kubataddeko obuvunaanyizibwa Katonda bw'atabateekangako. Olowooza kiki Katonda ky'akusuubiramu?
5. Olinayo ebikweraliikiriza oba ebikutiisa byonna? Abantua abasinga batya ekintu kimu, kati nga nze ntya obutumbiivu.
6. Wali ofunyeeko ekikangabwa mu bulamu bwo, ng'akabenje k'emmotoka, okukakibwa omukwano, okunyagibwa, oba okwokererwa?
7. Abantu bangi batawaanyizibwa eby'ensimbi. Ggwe oli otya mu by'ensimbi?
8. Ebintu ebibi bingi bituuka ku bantu. Kikangabwa ki ekisinga obubi ekyali kikutuuseeko mu bulamu bwo?

**C.** ***Obusungu.***
1. Waliwo ebika byobusungu bwa bika bibiri:

a. *Obusungu obusookerwako*—bw'otegeera ekibi ekikutuseeko era ne kikunyiiza (eky'okulabirako., bw'olibwamu olukwe oba n'olaba obutali bwenkanya nga bukukolwako). Eky'okulabirako, mu **Yok 2:13-16** Yesu yayolesa obusungu bwe ku butya yeekaalu bwe yali ejeeguulwa abawanyisa ssente.

(1) Bwe tuba nga *tetusobola* kusunguwalira bunnanfuusi, ebibi, obutali bwenkanya, n'ebikyamu ebitukolebwako, tubeera "tetukyalina nsa" (**Mat 5:13**). Kyokka kisoboka okusunguwala ne tutayonoona (**Abef 4:26**).

(2) Emirundi egisinga abantu bakosebwa nnyo *olw'enkozesa embi* ey'obusungu olwo ne bulabibwa ng'ekintu ekibi. Kino *si kituufu* nti tulina okuggyawo obusungu bwonna. Mu butuufu, ffena tusunguwala era tekisoboka kweggyako busungu bwonna. Tuli bantu abalina bwe bawulira. Bwe tuba tetusobola kwolesa busungu obugasa, tetusobola kwolesa kulumirirwa.

(3) Tuvunaanyizibwa ku *butya bwe tukozesa* ne *bwe twolesa* obusungu bwaffe. Obusungu bwetaaga okukozesebwa ku lw'ensonga entuufu era mu ngeri entuufu. Obusungu tebulina kukozesebwa okunyigiriza abalala. Twetaaga okujjukira nti tusobola *okufuga* enkozesa y'obusungu bwaffe, okusinga bwo okutufuga. Yesu yayolesa obumanyirivu wakati w'endowooza ye n'engeri gye yalinga awuliramu.

b. *Obusungu obuddirira*—obusungu bwe bukozesebwa okutangira enneewulira y'abalala (eky'okulabirako., ekirimbo kye wayogedde bwe kimanyibwa ate ekyo ggwe ne kikunyiiza [ekitegeeza nti., obusungu obeera obukozesezza ng'eky'okulwanyisa ekikuwonya okuswala). Okutwaliza awamu obusungu y'engeri gy'oyolesaamu obutali busanyufu (omuntu omu oba ekintu nga kikulemesezza okufuna ekyo kye weegomba). Eky'okulabirako, mu **Olube 3:12** Adamu yakozesa obusungu okunenya Eva ng'agezaako okuwolererza obuswavu bwe; mu **Olube 39:13-18** mukyala Potifaali yawaayiriza Yusufu okuwolereza obuswavu bwe olw'okugaanibwa era n'okuddamu okweraga ng'omuntu ow'obuyinza.

(1) Abasajja batera okukozesa obusungu ng'ekyokwewolereza ku butali bumativu, ku kutya, ne ku bitannatuukirira, ensonyi, ekiwuubaalo, era n'ennaku (kwe kugamba., mu mbeera *ez'okusoberwa*). Omusajja abeera "omunyiivu buli kiseera" kiba kitegeeza nti ekyo akikozesa okwetangira abalimukosezza.

(2) Obusungu bukozesebwa ng'eky'okwewolereza kubanga *butuwa amaanyi* era *n'embavu.*

(3) Obusungu busigalawo *okutuusa nga tugonjodde ensonga evaako embeera eyo* (kwe kugamba., bwe kiba ng'obusngu y'engeri gye tusobola okumanyiiramu okutya, tulina okwaŋŋanga okutya).

2. Enkwatamu y'obusungu.

a. *Abantu abanyiivu tebabeera na mikwano.* Babeera balumirirwa kitono eri abalala. Babeera beetonderayo akasi kaabwe akatono, nga keetoloolera ku bo. Babeera balaba abalala nga be baliko ekikyamu. Abantu bangi abasunguwavu beegaana obusungu bwabwe nga bagamba nti, "Nze bwe ntyo bwe nnatondebwa." Babeera tebakimanyi nti ekyo kye bakola kiyigibwa buyigibwa, era babeera

tebakimanyi nti kikosa abalala. Omuntu yeetaaga okutereeza ensonga zino n'abantu be, era n'abantu abalala okutwaliza awamu, n'abeera n'ebigendererwa ebirungi okusinga kw'ebyo by'alina.
b. *Ffe ng'abawabuzi twetaaga okubuuza anyiize nti, "Kino kikukosa kitya?"* Abantu abanyiivu beetaaga okumanya engeri obusungu nabo gye bubakosaamu. Ekisooka obusungu *tebubayamba* era bubalemesa okutambulira mu bulamu obusanyufu bwe baagala. Twatondebwa nga tusobola okutegeera ebintu amangu. Kale n'olwekyo, Pawulo yagamba nti "temukkiriza njuba kugwa ku busungu bwammwe" (**Abef 4:26**). Bwe tugoberera ekiragiro ekyo ffena tubeera twewaze, ebizibu ebirabwako, n'ebyendowooza, n'eby'omwoyo obusungu bwe bituleetera.
c. *Ng'abawabuzi twetaaga okuzuula:* (1) obusungu wa webusinga okweragira (eky'okulabirako., amaka, ku mirimu, n'abantu abamu, mu miramwa ki); (2) omuntu kiki ekimunyiiza ("Lwaki ekyo kyabadde kikulu nnyo gy'oli n'oyanukuza obusungu?") ; (3) omuntu ayolesa atya obusungu bwe (engeri ebbiri ezisinga okukozesebwa kwe *kubaluka* [okuleekaana; okukasuka ebintu; okulwana] era *n'okwefundikira* [nga "kwe kusiba obusungu"; okwesalira omusango]); (4) obuwanvu bw'ekiseera obusungu kye bumala nga bweyoleka kisobola okubeera ekimpi oba ekiwanvu); (5) mu ngeri ki obusungu obwoleseddwa gye bukosaamu enkolagana yo n'abalala; ne (6) oba ng'omuntu yasunguwalira Katonda (omusingi gw'okusunguwalira Katonda y'endowooza nti Katonda alina engeri gy'atali mwenkanya mw'ebyo by'akola). Omuntu bw'atyo alina okuyambibwa okuggya obusungu bwe ku Katonda n'abwolekeza ekibi (olw'okuba nga Katonda y'alina *eddagala* eri ebizibu bye).
d. *Obukodyo bw'okuyamba omuntu atawaana n'obusungu.*

(1) Buulira oyo gw'owabula okubeera n'akatabo "kawandiikamu buli lunaku" omwo mwannyonnyolera embeera zayitamu ezimunyiiza, obungi bw'obusungu bwe, n'engeri gy'abwolesa, n'ebiva mu nneeyisa ye. Muyambe okumanya nti ekimunyiiza kyaliba nga kiva ku nneeyisa, oba nga kye weetaaga kwe kumanya ky'olina okukulembeza (nga mu mbeera eyo yeetaaga kuyiga kugumiikiriza abakola ebintu mu ngeri eyawukanako n'eyiye, naye ng'obusungu bwe tebulina kye buyamba okuggyako okumulumya), ono ng'akikola kwewolereza olw'ekintu ekirala ekigenda mu maaso mu bulamu bwe.

(2) Gw'owabula yeetaaga okutegeera nti obusungu bulina *ekintu ekiri munda mu ye* ekibuleeta ky'alina okukyusa, si bya kungulu byokka. Yeetaaga okukitegeera nti enkola ye ey'obusungu ya bwonoonyi eri Katonda era ya bulabe eri abantu be.

(3) Yamba gw'owabula okwetegereza enkola ye n'ebyasuubira era n'okulowooza ku mbeera bwe zityo eziyinza okujja mu maaso eyo bw'anazikwatamu. Abantu bwe bakitegeera nti balina engeri ez'enjawulo okugonjoola ekizibu, bagenda kukyukanga n'embeera ekintu kye baali tebasobola.

**ENKOLA Y'EKIBIINA: Baako omuntu gw'obuuza ku Busungu**

Mu bubiina obutonotono, mwebuuze ebibuuzo mu mpalo: [Weetegereze: oli gw'obuuza tekimukakatako kwanukula bibuuzo. Ekiruubirirwa kwe kubuuza ebibuuzo.]

1. Emibiri gyaffe gibeera gyetegese okunyiizibwa emirundi nga mwenda olunaku. Ddi lwe wasembayo okuwulira obusungu?
2. Wali weetegerezza engeri gy'osunguwalamu?
3. Waliyo omuntu, ewantu eyo, oba embeera enasula obusungu bwo?
4. Obusungu bwo bwali bukwewuunyisizza?
5. Abantu abamu balungi mu kwolesa obusungu bwabwe, abalala si bwe bali. Otera otya okwolesa obusungu bwo?
6. Obusungu obusibire munda butera okuvaamu okwennyamira. Wali owuliddeko nga wennyamidde?
7. Obusungu bwo bumala bbanga ki?
8. Otera kusunguwa biseera ki? Otera okwambalira abantu, oba obasiirikirira?
9. Wali osunguwalidde ku Katonda?
10. Abantu abamu balowooza nti Abakristaayo tebasaanidde kusunguwala. Naawe bw'olowooza?
11. Wali olabyeko Omukristaayo ayolesa obusungu bwe?
12. Wali oyolesezza obusungu bwo mu ngeri entuufu?
13. Obusungu obubi butera okuva ku kusuubira ebitasoboka. Abantu obabuulira bulungi by'obasuubiramu ne by'oyagala bakole? Bakkiriziganya naawe era babikkiriza?

**EKISONYIWO N'OKUTABAGANA.**

Ekisonyiwo ye namuziga w'ebizibu mu nkoalagana z'abantu, era nga kye kiri emabega w'enneewulira y'abantu, n'embeera z'abantu, era n'ebizibu ebirabwako. Mu ssaala ya Mukama waffe (**Mat 6:9-15**) ekitundu kyokka eky'essaala ekyo *Yesu kye yakkatiriza era n'akyogerako* ky'ekitundu ekyogera ku *kisonyiwo.* Okugatta kw'ebyo, Kristo yakitangaaliza ddala nti ekisonyiwo kya *Katonda* kye *yatuwa* kikwatagana butereevu n'eksonyiwo *ffe* kye tuwa *abalala*: Katonda *agenda* kutusonyiwa singa naffe tusonyiwa abalala; naye Katonda *tagenda* kutusonyiwa singa tetusonyiwa balala. Kale n'olwekyo, ensonga y'ekisonyiwo n'okutabagana tesobola kwewalibwa.[1]

**A. *Ekisonyiwo kinnyonnyolwa: ekisonyiwo ebeera ngeri ya kisa—kwe kusonyiyibwa ebbanja.***

Ekisonyiwo kwe:

1. Kutegeera nti waliwo ekikyamu ekituuseewo;
2. Kukimanya nti ekikyamu ekikoleddwa kitaddewo ebbanja ery'okusasula; era
3. N'osalawo kyeyagalire okuleka eyazza omusango (Jeffress, 2000: 49; soma ne, Willard, 1997: 262, "Tusonyiwa omuntu ekisobyo kye yatukozeeko bwe tusalawo nti tetugenda kubaleka kubonaabona mu ngeri yonna.").

**B. *Obutasonyiwa n'Emiganyulo gy'Okusalawo Okusonyiwa:***

1. *Obutasonyiwa* bubaawo bwe: (A) wabaawo ekisobyo; (B) tutegeera nti ekisobyo ekyo kitulumya oba kitukosa; (C) kireeta obulumi obusiikuula obusungu "obw'ettumbiizi" (obw'embagirawo) obulimu n'okutya (okw'okuddamu okukosebwa nate); (D) tumala ekiseera nga tulowooza ku kisobyo era tukyesibako kwe kugamba., okukifumiitirizaako) ekisobyo, abatukola obubi n'ebigendererwa byabwe, era n'ebiva mu kutukola obubi; (E) kitutuusa kino ku kusonyiwa, omuli okusonyiwa "okw'empolampola" (okulwawo, okutwala ekiseera ekiwanvu) nga waliwo obukyayi, obukaawu, obusungu obusaamusaamu, okutya okusaamusaamu, ebikolwa eby'obulabe, era n'ennyiike. Ebirowoozo ku bwabyo bissukka ku butya omuntu bwe "yeewulira"; bizingiramu omubiri gwonna omuli, obwongo bwaffe, obutaffaali, ebirungo byomubiri, ebinywa n'ebyenda.
2. **Naye okwawukana na kiri,** okusonyiwa **KWE** kukkiriza nti bakukoze bubi naye n'osalawo okusonyiwa ebbanja ne weettikka omusaalaba "ne Kristo." Okusonyiwa ky'ekikolwa ekiva mu ndowooza ky'okolera oyo akukosezza. Okusonyiwa kuggyawo ebirowoozo ebibi (kwe kugamba., obukyayi, obusungu, okutya, empalana, obukaawu, ekiruyi, okwekengera, obulabe, n'ennyiike) – byonna ebyo ebiva mu butasonyiwa, nga kwe *kusalawo* okwagala okutaliimu kweyagaliza, okulumirirwa, n'okusaasira eyakoze ekibi.[2] (Worthington 2003: 44-45). Kuno kwe kusonyiwa kwa Kristo!
3. Bwe tusonyiwa, tuva mu *by'okwagala okuwoolera* eggwanga eri eyasobezza. Mu butuufu, ekisonyiwo kiggyawo obubi ne kibusikiza obulungi (Olube 50:20). Ekisonyiwo kidda mu kifo ky'ebirowoozo ebirowooza ku kikyamu, n'ebirowoozo by'okwagaliza eyakusobya obulumi, ne kibisikiza ebirowoozo by'okumwagaliza *obulungi.* Kale nno, ekisonyiwo mu butuufu kibeera *kirabo eky'ekisa* ekyolesa okwagala n'eddembe (eddembe lyaffe okuva mu busibe obw'obusungu, okutya, ebirowoozo ebibi, okubeera mu byayita, okulowoorereza ku bikyamu n'obulumi). Tukitegeera nti eyasobya tagwanira birabo bino (nga *naffe* bwe twali tetugwanira kisonyiwo kya *Katonda*). Oyo eyasobya okukkiriza ekirabo ky'ekisonyiwo ekimuweereddwa eyo nsonga ndala.
4. Ekisonyiwo kya Bayibuli kirimu *akakunizo* (kifaanana ng'okugamba nti "okugaba kyamukisa okusinga okuweebwa" [**Ebik 20:35**] oba "buli muntu akukuba ku ttama erya ddyo, mukyusize n'eddala" [**Mata 5:39-42; Luk 6:29-30**]). Mu kugaba ekisonyiwo tukkiriza nti: (A) ekikyamu kikoleddwa era si kya bwenkanya era olubeerera kiriba kikyamu era nga si kya bwenkanya; (B) tubeera batuufu okusunguwala; naye (C) ne tusalawo okuleka "eddembe" lyaffe ng'ekikolwa eky'okusaasira

---

[1]Engeri esinga okubeera ennambulukufu ku "kisonyiwo n'okutabagana" eteekeddwa ku muko "Ogw'ebiyigirizibwa" ku mutibagabno gwa ECLEA: www.eclea.net. Ebitundu ebyo ebisinga okuyamba abawabuzi abayamba abo be bawabula okutambulira mu kusonyiwagana n'okutabagana bw'addamu okuteekebwa wano.

[2] Worthington akiraga nti waliwo ebika by'ekisonyiwo bya mirundi ebiri (oba, mu kukyogera obulungi, engeri bbiri ez'ekisonyiwo): (1) *okusonyiwa okuva mu kusalawo* ("okusonyiwa okw'okusalawo"—kwe "kusonyiwa ebbanja"); ne (2) *okusonyiwa okuva ku nneewulira ekyusiddwa* ("okusonyiwa okw'endowooza") (Worthington, 2003: Ess. 2). Smedes akyogera mu ngeri efaanagana; emisingi gy'okusonyiwa girimu emitendera esatu: "[1] Tufaayo eri omuntu eyatusobya nga tumulumirwa. [2] Tuwaayo eddembe lyaffe. [3] Tukyusa engeri gye tuwuliramu eri omuntu oyo gwe tusonyiwa" (Smedes 1996: 6-12).

n'okwagala, ekirabo kye tuwa omusobya ekitamugwanira, nga tugondera Kristo. Kano ke kakunizo: okuva mu busungu n'empalana, n'owa oyo eyakulumya ekirabo eky'ekisonyiwo era naawe ne weesumulula.

**C.** ***Okusonyiwa kukakata kw'oyo eyasonyiyibwa*.**

1. "Okuyita mu bayibuli yonna kirabika nga tetusobola kwawula wakati w'okuweebwa ekisonyiwo era n'okukiwa abalala" (Jeffress 2000: 57). Eyo y'ensonga lwaki mu ssaala ya Mukama waffe (**Mat 6:9-15**) ne Pawulo (**Abef 4:32**) batulagira okusonyiwa.

2. Ekigendererwa kyaffe mu bulamu buno "kwe kukyusibwa okufaanana Omwana we" (**Abar 8:29**), okubeera "abatuukiridde, nga Kitaffe ali mu ggulu bw'ali" (**Mat 5:48**). Olw'okuba ng'okusonyiyibwa kuli ku ntobo y'omutima gwa Kitaffe ne ku kikula kya Kristo n'omulimu gwe, *okusonyiwa* kwaffe kabonero kakulu *ak'okutukuzibwa* kwaffe*;* ke kabonero akalaga Omwoyo Omutukuvu akolera mu ffe okutukyusa okufaanana Kristo era n'okututuukiriza.

3. N'olwekyo, okusonyiwa si "kkatala," bukatala kyokka naye kitwaliramu ebintu omuntu bw'akulembeza mu bulamu bwe—kwe kugamba., oba nga ddala omuntu essira alitadde ku Katonda n'okumusanyusa era n'okumufaanana.

a. *Kino kikola kye kimu ku kusonyiwa n'okutabagana,* nga Sande bw'akirambika: "Okussa essira ku Katonda kye kisumuluzo ekituyamba okumalawo obutakkaanya. Bwe tujjukira okusaasira kwe era ne twesigama ku maanyi ge, tutunuulira ebintu mu butuufu bwabyo era ne tukwata obutakkaanya mu ngeri ey'amagezi. Mu kiseera kye kimu, tusobola n'okulaga abalala nti ddala waliyo Katonda era ng'asanyukira eky'okutuyamba okukola ebintu bye tutasobola kukola ku lwaffe." (Sande 2004: 20)

b. *Sande atulambika mu bikolebwa okukuumira essira ku Mukama:* "Emu ku ngeri esinga obulungi mu kussa essira ku Mukama kwe kwebuuza ebibuuzo bino buli kiseera: Butya bwe nyinza okussaamu Katonda ekitiibwa mu mbeera eno? Mu ngeri ey'enjawulo, nnyinza ntya okuleetera Yesu ettendo nga nkiraga nti yandokola era n'ankyusa? Okwagala okusanyusa Katonda era n'okumuwa ekitiibwa eyo y'endagiriro yaffe ey'amaanyi, okusingira ddala bwe tusisinkana okusoomoozebwa okukakali. Yesu kennyini yaluŋŋamizibwanga ebiruubirirwa bino [soma **Yok 5:30; 8:29; 17:4**]. . . .

Bwe twolesa obugagga bw'okwagala kwa Katonda era n'okumusanyusa kifuuka kikulu okusinga okwekwata ku bintu by'ensi n'okwesanyusa, kifuuka kya bulijjo okumalawo obutakkaanya mu ngeri ey'ekisa, ey'amagezi, era n'okwefuga. Enkola eyo ereetera Katonda ekitiibwa era n'eteekawo omwagaanya ogw'okuzzaawo emirembe." (Sande 2004: 34)

**D.** ***Ekisonyiwo kyetaagisa ku lw'okubeera kwaffe obulungi*.**

1. Ekisonyiwo bulijjo y'engeri yokka ey'okuggyawo ebbanja. Nga Jeffress bw'akinokolayo mu lugero lwa Yesu, "Omuddu yalina ebbanja lye yali tasobola kusasula mu bulamu bwe bwonna. Kaakati kabaka yali alina ki ekirala eky'okumukolera?" (Jeffress 2000: 51). Okumubonereza n'okumutulugunya kwali tekusobola kumuyamba wadde *okusasula ennusu emu* ku bbanja. Mu butuufu "amabanja" ag'engeri eyo agasinga gabeera gabanjibwa abantu *abateesobola*: abanjibwa yali asobola okufa; oba okusenguka; oba obutatufaako mu ngeri yonna. Okugatta kw'ebyo, ababanjibwa abasinga tebasobola kusasula mu ngeri yonna: kiki ky'oyinza okusasulwa singa erinnya lyo balisiiga ettoomi ery'obulimba? Oba singa obufumbo bwo busenserwa obwenzi? Oba singa embeerera yo eggyibwawo olw'okukwatibwa? Eky'amazima kiri nti okusonyiwa kwe kusobola okukusumulula okuva mu bbanja eritagenda kukusasulwa lye weesibyeko.

2. Okusonyiwa kutusumulula okuva mu byayita n'okuva ku yatusobya. Okusonyiwa kutuyamba okweyongerayo n'obulamu bwaffe. Okusonyiwa kutusumulula okuva mu bitalabika, naye nga bya ddala, enjegere ezitusibira mu byayita—ebikyamu, obulumi, n'obubi ebyatubaako—enjegere ezituziyiza okubeera mu ssanyu, emirembe, n'eddembe. **Abeb 12:1-2** atugamba nti "twambulengamu buli ekizitowa, awmu n'ekibi ekitwesibako amangu, tuddukenga n'okugumiikiriza embiro ez'empaka ezatutegekerwa, nga tutunuulira Yesu." Obutasonyiwa butulemesa okukola ekyo, kubanga obutasonyiwa bukola ebintu bibiri, bubeera omuziziko era ekibi, ne bukuumira endowooza yaffe ku kikyamu n'okukosebwa mu kifo ky'okutunuulira Yesu. Okusonyiwa kutusumulula ne tudduka embiro zaffe nga tetusibiddwa njegere era ne tussah amaaso gaffe ku Yesu.

3. Okusonyiwa kutusumulula okuva mu kubonaabona okuteetaagisa.

a. *Obutasonyiwa buyinza okukuwamba.* Okulowoooza buli kiseera ku kikyamu

ekyakukolebwako, okulemera mu mbiranye, kifaanana n'okukosa ekiwundu, n'okiremesa okuwona. Okusigala ng'olowooza ku kikyamu oba okwekubagiza okutakoma, ebirowoozo by'obukyayi, era n'okwagala okwesasuza, tebirina bwe bikosa oli eyasobya, naye ate ffe bitukola bubi nnyo! Mu butuufu, ffe bitutunuza bubi. Ebirowoozo ng'ebyo "bitoniya emmeeme yaffe" (ka njogere bw'entyo), era ne byongera *obutatufaanana nya Kristo* mu kifo ky'okutusembeza eri Kristo. Mu butuufu, olw'okuba nga tetulina kye "tufunamu kyonna," obutasonyiwa, okufumiitiriza ku bulumi, era n'okusiba ekiruyi bikosa nnyo emyoyo gy'abantu abo ate *ababonyabonyezeddwa edda mu byababaako.* Wadde ng'obukyayi buyinza okutuwa "amaanyi ag'embagirawo," naye ku nkomerero bugakubisa oyo eyakyawa (kwe kugamba., omuntu eyagaana okusonyiwa.)

b. *Okugatta kw'ebyo, okunoonyereza kulaga nti obutasonyiwa obw'olubeerera bukwatagana:* n'ebizibu by'emitima ebyeyongedde, okweyongera kw'entunnunsi, okweyongera kw'ebizibu by'enkizi, era n'okuggyawo amaanyi g'omubiri agalwanyisa endwadde. Ku ludda olulala, okusonyiwa kukwatagana n'okukendeera kw'ebizibu eby'entegeera y'omuntu, ne kukendeeza obusungu, era ne kumwongera amaanyi agw'okwefuga (McCullough 2000: 43-55; Witvliet, et al., 2001: 117-23; Enright 2001: 45-67).

4. <u>Obutasonyiwa bukosa nnyo enkolagana yaffe n'abalala era ne Katonda.</u> Ekibi, omuli n'ekibi ky'obutasonyiwa, kitwawula okuva ku Katonda (**Isa 1:10-15**; **59:1-2**; **Mik 3:4**). Nga kutufuula abakaawu, abakalubo, abeerabawo ffeka n'ebikyamu ebitukoleddwaako, obutasonyiwa bwe butyo butwawula ku bantu abalala. Ng'abantu ababeera mu bantu, twatondebwa "okukwatagana" ne bannaffe.

5. <u>Okusonyiwa kututeereeza ffe abalina ensobi.</u> Tewaliiwo atakola nsobi; ffena tukola ensobi. Ffena tusobya. Mu "nsi eya ddala" okusonyiwa y'engeri gye tubaawo—bw'olumya mukwano gwo ow'okulusegere olw'ekigambo oba ekikolwa ekibi (ate ng'ekyo ffena tukikola), mikwano gyaffe gitera okugumira obulumi ne gibivaako. Kale nno, okusonyiwa ne tubivaako kitundu ku bulamu. Obulamu bwandibadde tebusoboka singa abantu baali tebatera kusonyiwa.

6. <u>Obutasonyiwa kubeera kusalawo, ng'era n'okusonyiwa bwe kuli okusalawo.</u> Tutera okulondawo kw'ani gwe tulina okusonyiwa era ku nsonga ki: tusonyiwa ebitulumya "ekitono," era ebyo byokka ebitukolwa abantu baffe ab'okulusegere. Wabula, Yesu teyatwawuliramu bye tulina kusonyiwa, oba abantu, be tulina okusonyiwa. Yatugamba nti tulina okusonyiwa "emirundi nsavu emirundi musanvu" (nga kitegeeza okusonyiwa emirundi "egitakoma," si mirundi 490 gyokka) (**Mat 18:22**), Mu butuufu, ng'ekitundu ku ndagaano empya, Yesu yayogera nti tulina okwagala *abalabe* baffe*,* so si abo bokka abaatwagala (**Mat 5:38-48**)! Yesu yali mukambwe nnyo ku boonoonyi (nga ffe) abagaana okusonyiwa aboonoonyi abalala, kubanga ffe *ffenna* tuli boonoonyi. Smedes, ng'ayogera ku lugero lwa Yesu mu **Matayo 18**, yakyogera bulungi nti: "Ye [Yesu] yali mukambwe olw'aboonoonyi abekulumbaza ne bagaana okusonyiwa aboonoonyi ekintu ekitawaanya ennyo endowooza ya Katonda. Katonda tasobola kukigumiikiriza; tewali ngeri gy'asobola kukigumiikiriza. Kale agamba nti: bw'oba ng'oyagala okusonyiyibwa Katonda kyokka ggwe nga tosobola kusonyiwa abo abeetaaga okusonyiyibwa okutono, weerabire eby'ekisonyiwo ky'osaba. Twala eri eby'Olungereza lwa Kabaka Yakobo otegeere ebigambo Yesu bye yayogera nti: bw'ogaana okusonyiwa abantu abalala ng'ate naawe oyagala okusonyiyibwa, osobola okugenda mu geyeena." (Smedes 1984: 150)

**E.** ***Okusonyiyibwa "tekukolererwa" olw'okwenenya, naye ekisonyiwo kya Katondaly kyolesa amaanyi, eddembe, ekitiibwa, n'okwagala okusangibwa mu Yesu Kristo.***

1. <u>Bangi balowooza nti "singa oli akoze ekikyamu bw'atenenya, abeera tasaana kusonyiyibwa</u>." Smedes kino akyanukulira ddala bw'ati: "Mu butuufu, abeera *tasaana* kusonyiyibwa. Tewali agwanira kusonyiyibwa." (Smedes 1984: 90-91)

2. <u>Buli kiseera wabaawo eddibu wakati w'omuntu gwe balumizza, era n'ekyo ky'asobola okusasula</u>. Kubanga okwenenya kw'oyo eyakutte omuwala tekusobola kuzzaawo mbeerera ye. Okwenenya kw'omutemu okw'amazima tekusobola kukomyawo bulamu bw'oli gwe yasse. Okwenenya okw'amazima okw'oyo eyakuggyemu eriiso tekusobola kulikomyawo. Okwenenya tekuleeta "bwenkanya."

3. <u>Tosobola kukaka muntu yenna kwenenya</u>. Eyakusobya ayinza okuba nga yafa, oba yagenda, nga tasobola kwenenya, nga tamanyi nti yakusobya, oba nga tafaayo bufi. Okwenenya kwa Katonda ekyo kukirowoozaako. Tekukkiriza kusonyiwa kwo okwesigama ku kwenenya kw'oli omulala kwotalinaako buyinza.

4. <u>Okusonyiwa kwa Katonda y'endagaano eraga amaanyi g'okwagala okwa namaddala</u>. Ku kussa mu

kifo ky'okubeera nga ye ggwe agaba oba ye ggwe agaana okugaba ekisonyiwo. Okusaba eyakusobya asooke okwenenya nga tonnamusonyiwa kikufuula omusibe we. Mu ngeri etali ya bulijjo, ekyo kikufuula okuba nga weesigamye kw'oli eyakulumya. Okusaba eyakusobya okusooka okwenenya kiwa amaanyi oyo eyakusobya okufuga omutima gwo, endowooza yo, n'okusalawo kwo.
5. Okusonyiwa kwaKatonda kukusumulula mu maanyi ga Setaani ge yawa eyakusobya. Kukusumulula mu buddu bw'ebyayita, mu bubi, mu bulumi, era ne mu bikyamu. Kukusumulula mu mbeera y'okufugibwa abalala. Kukuyamba okuwona ne weeyogerayo n'obulamu bwo.
6. Okusonyiwa okw'obwakatonda kulaga okulumirirwa omulala. Okusonyiwa omualala nga tamaze kwenenya kiraga nti omulaba ng'omuntu asobola *okukyuka*. Ekyo kiyinza okumusikiriza okukyuka.
7. Okusonyiwa okw'obwakatonda y'engeri eya waggulu eyolesa okwagala. Nga bwe twayogedde edda, ekimu ku bireeta "ettuumbiizi" erivaako obutasonyiwa, kwe kutya. Kyokka bayibuli yo egamba nti, "tewali kutya mu kwagala; naye okwagala okutuukiridde kugobera ebweru okutya" (**1 Yok 4:18**). Nga Jeffress bw'ayogera: "singa buli gwe tulina okusonyiwa asooka kutwenenyeza olwo ekyo kiba kitegeeza nti tulina okusooka okusisinkana buli eyatusobya okusobola okumusonyiyira ddala . . . naye mu mazima ddala twagala okumalako obulamu bwaffe bwonna nga tusaba bulimuntu atuliraanye okutwenenyeza? Abantu tebatuuse okudduka nga batulabye bwe bakimanya nti buli lwe tugenda gye bali tubeera tulina ensonga "ey'okubanenya"? Era n'ekisinga obukulu, embeera y'okubaή̇ήanga bw'etyo tekwatagana na nkola ey'okwagala okw'Ekikristaayo, okwagala okutakuuma bikyamu' (**1 Abakk 13:5**, NIV)." (Jeffress 2000: 80)

**F. *Saba abalala ekisonyiwo*.**

1. Singa mu mazima tulaba era ne tutegeera obwavu bwaffe n'obwonoonyi, obungi n'obuziba bw'ekisonyiwo kya Katonda gye tuli, era n'obwetaavu bwaffe obw'ekisonyiwo kye obutakoma olw'ebibi bye tukola, kyalibadde kitwanguyira okusaba ekisonyiwo eri abantu abalala be tulumizza n'okukolako ebikyamu. Mu butuufu, okusaba kwaffe ekisonyiwo *okuva mu* balala ob'olyawo y'engeri esinga okutusikiriza okugaba ekisonyiwo *eri* abalala. Ndaba era, tusobola tutya okusonyiwa abalala ng'ate naffe tetugenda wa Katonda yekka naye tusaba *n'abantu abalala* ekisonyiwo*?*
2. Okusaba ekisonyiwo ly'eddaala erisookerwako mu kutabagana (okuzzaawo enkolagana eyayonooneka olw'ekibi). Okusaba ekisonyiwo kwalikoleddwa amangu ddala ng'osobezza—mu ngeri eyo, oli obeera tomuwadde budde "kukakanyaza" mutima gwe gyoli, era ombuiri gwe gwonna, n'embeera y'obutasonyiwa ebeera tenneetuuma mu oyo gw'okozeeko ekikyamu.
3. Okusaba ekisonyiwo kulina emitendera:

a. *Salawo nti weetaaga okusaba ekisonyiwo.*

(1) Kale nga bwe "tusonyiwa" ebikolwa ebibi (omuli n'okwogera) okw'abo abatulumya, bwe tutyo bwe tusaba ekisonyiwo okuva mu bantu be twasobya olw'ebigambo n'enneeyisa yaffe. Wabula *okulowooreza* omuntu ebimulumya, eby'okwaka, oba ebirowoozo ebirala ebikyamu ekyo tekirina era tekiteekwa kututwala gyali okumusaba ekisonyiwo. Sande akinokolayo nti, "Ekibi kye twatula eri abalala oba eri Katonda kisinziira ku kubeera nti 'kiba kya mu mutima oba 'kibi kikoleddwa mu bantu.' Ekibi ekiri mu mutima kisigala mu birowoozo byo era tekikosa bantu butereevu. N'olwekyo, ekyo kirina kwatulwa eri Katonda yekka" (Sande 2004: 127).

(2) Mu kusalawo okufuna ekisonyiwo tetulina kwegaana musango oba kwefuula nti kye twakola tekyali kya mutawaana nnyo. Tulina okwebuuza ebintu nga bino: (A) Tuwulira okuswala olw'ebyo bye twakola? (B) Tuwulira ensonyi olw'ebyo bye twakola? (C) Tubirowoozaako emirundu n'emirundi mu ndowooza zaffe nga twagala okubifuula ebituufu)? (D) Twegeraageranya n'omulala (ob'olyawo nga twegamba nti, "Ndaba n'oyo mubi nga nze—oba n'okunsinga!")? (E) Twalimba okukweka ekyo kye twakola olw'obutaswala? (F) Obulamu bwaffe bukyuse butya olw'ekyo kye twakola (mu ngeri eyo "ey'obukalabakalaba" eyayongera "okutukakanyaza emitima")? (G) Tuyaayaanira okusumululwa mu buswavu ne mukulumirizibwa omusango gwaffe? (H) Twayatula ebibi byaffe eri Katonda era ne tufuna ekisonyiwo kye (mu beera ng'eyo, tusaanira okufuna ekisonyiwo okuva ew'omuntu yennyina gwe twasobya)?

(3) Ensonga y'okusobya omuntu atakitegedde (gamba ng'okubeera mu bwenzi n'omuntu omu, naye nga munno takitegedde) eyinza obutaba nnyangu. Jeffress agamba nti mu mbeera ng'eyo olina okwebuuza ebibuuzo waakiri nga bisatu: (A) *Okumugatta kwetaagisa?* Oli bw'aba alina bye yafiirwa, naye nga tamanyi yamuleetera bizibu ebyo,

kikukakatako okwetonda, naye era n'okuliyirira oli bye yafiirwa; okuzzaawo oli bye yafiirwa kiraga obwesimbu bw'okwetonda kwo era n'okwagala kwo okusonyiyibwa. (B) *Emikisa gy'okukimanya gyenkana wa?* Obwenzi obwakolebwa emyaka asatu agayise buyinza obutamanyibwa mu bufumbo bwo mu kiseera kino, so ng'obwenzi obubaddewo emyezi mukaaga egiyise kyangu kyakumanyibwa munno, era okubiwulira okuva ku bantu abalala kiyinza okumukosa ennyo okusinga nga ggwe obimugambye. (C) *Okwatula kwo kunaalumya omulala oba kunaamuyamba?* Agattako nti, "kino kye kintu ekikulu ennyo mu byonna. Olw'olumu okuyaayaana kwaffe 'okwatula' kusobola okubeera okw'okwefaako wekka. Wadde nga tusobola okuwulira nga tutowoolokose oluvannyuma lw'okwetikkulako omugugu, gwe tubigambye ayinza okuwulira obubi ennyo. Olw'olumu okwagala okw'okwefiiriza kutwetaagisa okwewaayo okwetikka emigugu gyaffe mu kifo ky'okwagala okugigabana n'abalala" (Jeffress 2000: 158-59).

b. *Saba okuweebwa ekisonyiwo.*

(1) <u>Jjukira nti "okusaba ekisonyiwo kwe kusaba omuntu gwe wasobya *okubaako kyakola:* okukuggyako ekikukakatako"</u> (Ibid.: 161). Okusaba okusisinkana omuntu mu buntu y'engeri y'empuliziganya esinga okwetaagibwa—okwogera mu buntu n'omuntu gwe wasobya kimusobozesa okuwulira amaanyi g'eddooboozi lyaffe, entunula yaffe, ebigambo byaffe, okupima enneeyisa y'omubiri gwaffe, n'okubuuza ebibuuzo ebigoberera, byonna (oba bingi) nga bye bintu ebitasobola kutegeerwa nga twogerera ku ssimu oba nga tuwandiise ebbaluwa.[3] Ekirala, okusisinkana mu buntu kuyamba okulaga obukulu bw'okusisinkana, era bwe kityo n'ekiraga obwesimbu bw'okwagala kwo okusonyiyibwa. Ekyo kituufu naddala, olugendo lw'olina okutambula oba embeera endala nga kirina kye kikutwalira okusinsinkana oyo gwe wasobya. Nga Jeffress bw'alaga, "Ekiseera n'okwefiiriza n'okufuba ebyetaagisa biyinza okulabika nga bingi, naye tebigeraageranyizika n'essanyu ly'omuntu ow'omunda ly'afuna nga takyawulira mugugu" (Ibid.).

(2) <u>Okusaba okusonyiyibwa kizingiramu ekisingawo ku kwogera obwogezi mu ngeri ey'ekibogwe nti, "Nsonyiwa."</u> Kirimu obulumi bw'okuswazibwa obubaawo nga tukkirizza nti twali bakyamu. Ekyo kiyinza okuzibuwalamu naddala ng'omuntu ow'obuyinza ali wagguluko (gamba nga., omwami, omuzadde, oba omukozesa) alina okwetoowaza n'okusaba okusonyiyibwa okuva ku muntu eyeesigama ku ye oba ow'oluganda gw'abeezaawo (gamba., ng'omukyala, omwana, oba omukozi). Wadde kiri kityo, "Bwe tuba twagala okuba ab'eddembe, tulina okukkiriza obulumi obukwatagana n'okuswazibwa kuno" (Enright 2001: 254).

(3) <u>Jeffress alaga ebintu bina by'osaba omuntu gw'oyagala akusonyiwe:</u> (A) *Gaana okunenya abalala*. Ne bwe kiba nti omuntu ow'okusatu, oba wadde omuntu gw'osaba ekisonyiwa, avunaanyizibwa kinene ku butakkaanya, ggwe olina okussa essira *ku nsobi yo*. (B) *Tegeera ekikyamu ky'okoze*. Togezaako kutoniya kisobyo kyo oba okwogera mu ngeri ezingiramu bonna ewamu. Oli gwe wasobya amanyi bye wakola; kaakati ayagala okumanya nti *naawe* ekyo okimanyi bulungi. (C) *Kkiriza obulumi bw'oleese*. Oli gwe wasobya ayagala okumanya nti otegedde obulumi oba okubonaabona kwe wamuleetera olw'ebikolwa byo. Okukkiriza kwo ekyo (oba n'okwogera ku bulumi oba ennaku, oba ensonyi bye wamuleetera) kijja kumuleetera okweyongera okuwulira ng'ayagala okukusonyiwa. (D) *Oyo gwe wasobya musabe ekisonyiwo.* Tolina kwatula bwatuzi kibi ky'okoze, wabula olina okumaliriza ng'osaba munno akuyimbule kyeyagalire okuva mu bbanja ly'olina eryamutuusibwako olw'okusobya kwo. <u>**JJUKIRA**</u>: Tosobola kulagira mulala kukuwa kisonyiwo; era naawe mu mbeera eyo tosobola kutegeera nti akusonyiwe olw'okuganyula kwe.

[3] Wayinza okubaawo enkola ez'enjawulo mu buwangwa obw'enjawulo mu nteekateeka y'enkiiko ez'okusonyiwagana, gamba ng'okukozesa ab'oluganda, abakdde b'ekyalo, abakulu b'ebika, abakulembeze b'ekkanisa, oba abalala "abatabaganya" oba abateesiteesi. Ekkanisa erina omulimu mu kuleetawo okusonyiwagana.

Mu kifo ky'ekyo, Jeffress awa amagezi okusaba okusonyiyibwa ng'oyogera ekintu nga kino: "Nkitegedde nti nkoze ekikyamu gy'oli nga nkola ___________ Nja kukola kyonna ekisoboka okulaba nti kino siddamu kukikola, wadde nga nkitegedde tewali kye nsobola kukola okusangulawo obulumi obw'amaanyi bwe nkuleetedde. Kye nnakola kyali kikyamu, era siyinza kunenya mulala yenna okuggyako nze okwenenya. Nzija gy'oli leero nga nkusaba okkirize mu mutima gwo onsonyiwe ebyo bye nkoze." (Jeffress 2000: 163)

(4) Chapman ne Thomas bagoberera enkola efaananako bw'etyo, ey'emitendera etaano egy'okwetonda n'okusaba ekisonyiwo: (A) Laga *okwejjusa* (okugeza. "Nsonyiwa"); (B) Kkiriza *obuvunaanyizibwa* (okugeza, "Nnali mukyamu"); (C) Beera *atabaganyizika* (okugeza., "Kiki kye nyinza okukola okukitereeza?") (D) *Weenenye* mu mazima (okugeza. Sigenda kukiddamu nate); ne (E) *Saba* ekisonyiwo (okugeza; Munnange nkusaba ekisonyiwo) (Chapman ne Thomas 2006: *passim*).

(5) Kiyinzika okuba nti omuntu gwe twandisabye ekisonyiwo yafa, takyalabika, oba n'agaana okwogera naffe. Oba, omuntu oyo ayinza okwanukula okusaba kwaffe okw'ekisonyiwo mu ngeri ey'obutategeeragana, mu ngeri embi, oba ey'obulabe. Wadde ng'ekyo kyakusaalirwa, bwe tuba nga mu butuufu, era mu bwesimbu, tukoze kyonna kye tusobola okwejjusa n'okukkiriza obuvunaanyizibwa ku bye twakola, n'okuliwa, n'okwenenya (ne tukyusa n'amakubo gaffe), era ne tusaba okusonyiyibwa n'okuggalawo ensonga ezo, mu mbeera eyo tusobola okuba n'omuntu waffe ow'omunda omulongoofu wa nga "tukimanyi nti Katonda oba omuntu omulala yenna tayinza kukuvunaana kibi kye wagezaako okwenyenyeza oli gwe wasobya ye n'agaana okukuwuliriza" (Jeffress 2000: 164).

(6) Enright agamba nti, olw'okusobya kwaffe n'okunoonya okusonyiyibwa, ffe tulina: (A) *Okunoonya eby'okuyiga ebiri mu kulemererwa kwaffe n'ensobi zaffe* (obuwanguzi bwaffe tebutera kutuyigiriza bingi ng'ensobi zaffe bwe zituyigiriza); (B) Kimanye nti tweyongera amaanyi olw'ebyo bye tuyitamu (olw'obuvumu bwe kyetaagisa okukkiriza ekikyamu n'okwolekera omuntu oyo gwe twakosa, kino kitwongera amaanyi okwolekagana n'okulemererwa okuyinza okubaawo mu biseera eby'omu maaso awatali kutya); *Kimanye nti tetuli ffekka (okugeza*., tuyinza okwetaaga obuyambi okuyita mu nkola eno,[3] era bwe tukitegeera nti tulinga abantu abalala —mu ngeri eyo tuyinza obutenyuumiriza nnyo oba okunyooma abalala); (D) *Kola okusalawo, era okole emitendera egyetaagisa, obutaddamu nsobi*; ne (E) *Funa eddembe ove mu kwesalira omusango, okwejjusa, n'okuswala. Tambulira mu ddembe eriva mu ky'okwatula ekibi n'okukkiriza okusonyiyibwa.* Ebintu bino byonna bisaana okutusikiriza okusemberera Kristo n'okutufuula abafaanana Kristo mu biseera eby'omu maaso.

**G.** ***Eyakusobya bw'abeera ayagala okusonyiyibwa.***

1. Eyakusobya bw'aba ayagala okusonyiyibwa, ggwe okumugamba nti "Nkusonyiwe" kisaana okukolebwa n'obwegendereza; SI bulijjo nti kisaanidde nti oba kyetaagisa. Okukola ekyo kiyinza okukozesebwa ng'eky'okulwanyisa eri oyo eyasobya, oba kiyinza okukolebwa amangu ennyo, n'ekivaako eyakusobya okwewozaako n'okwongera obuvune obupya ku bukadde. Ekirala, omuntu alina okwegendereza mu mbeera y'okugenda kwo eri eyakusobya okumugamba nti omusonyiwe kubanga kiyinza okukuteeka mu bulabe, eyakusobya n'alumya omubiri gwo oba n'akukolako effujjo.
2. Smedes agamba nti, nga tonnasonyiwa, olina: (A). okulowooza (tegeera bulungi nga bw'osobola ku byaliwo); (B) weekenneenye embeera; (C). yogera ne mukwano gwo oba omubuziibuzi; (D) wulira (okusobola okutegeera obulungi ky'owulira n'ensonga lwaki); ne (E) Saba (okusonyiwa kikolwa kizibu okukola—ffe twetaaga okuba abeesimbu eri Katonda, okukkiriza okusaba obuyambi bwe twetaaga okuva eri ye era n'okubukozesa nga buzze). Awo bw'oba osazeewo okugamba mu butuufu eyasobya nti omusonyiye, olina okukola bino: (A) twala obudde bwo; (B) lowooza ku kabi akayinza okubaawo; (C) linda akabonero; (D) kikole ng'oyita wala (sooka oyogere ku bintu ebirala; wuliriza okumala akaseera;

[4] Olw'okuba ng'okusonyiyibwa mpagi nkulu nnyo mu Bukristaayo, ekkanisa erina okukola ekiri mu busobozi bwayo okuwagira n'okukulemberamu eby'okusonyiwagana. Okunoonyereza kukiraga nti "abantu abayambibwako abekkanisa basonyiwaana okusinga abatakozesa kkanisa" (Worthington 2003: 70).

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

kikole kumpi ng'ekintu eky'oluvannyuma lw'okulowooza); (E) kikole ng'omaze okutandika emboozi mu bwesimbu, era n'okukakasa, ng'omwagaliza ebirungi; (F) togamba nti ebigendererwa ebitukuvu; ( G) tolinda kukikola na bukugu; (H) kifuule kimpi; (I) kifuule kyangu; ne (J) naye muwe obudde (kyusa ensonga bw'aba tannaba kubeera mwetegefu okukyogerako; alowooze ku nsonga eno; agendere ku sipiidi ye). (Smedes 1984: 138-39, 145-46). Mu byonna olina okukulemberwa Omwoyo olw'ekigendererwa eky'okuzzaawo enkolagana.

3. Ebisinga okubaawo nga twogera ebigambo by'okusonyiwa eri oyo eyatusobya bigwa mu mbeera zino wammanga:

a. *Omumenyi w'ateeka yeetonze ng'asaba okusonyiyibwa*. Omumenyi w'amateeka ayinza okuba nga mwetegefu okuwulira ebigambo ebyo ebikulu nga tonnaba na kwetegeka ku bimugamba. Jjukira nti okusonyiwa tekuyinza kubaawo olw'okukakibwa —kino kikolwa kya kyeyagalire. Eky'okuddamu kyo mu bwesimbu kiyinza okuba nti, "Njagala okukusonyiwa, naye mpaamu ekiseera, okikkiriza?"

b. *Omumenyi w'amateeka teyetonze era takusaba kusonyiyibwa, wabula omusango guzuuliddwa nti mu butuufu yaguzza*. Ggwe TOSONYIWA yakusobya nga tannaba kwetonda. Bw'okola bw'otyo, obeera oziyiza Katonda okukola omulimu mu bulamu bw'oyo eyasobya. Jjukira, osobola okutambula n'ova mu mbeera eyo ng'omanyi nti okoze kyonna ekyali kisoboka.

c. *Enkolagana wakati wo n'oyo akusobya ebadde yavaawo, era enjuyi zombi nnyiivu*. Oludda olusinga obutaba *na musango* lutera okutandika olugendo lw'okutabagana nga *lusooka n'okwetonda*, ekiyinza okuleetera oludda olulala okunakuwalira ebyabaawo, olwo ne kikuggulirawo oluggi eri ggwe okusonyiwa.

d. *Omusango gwaliwo dda nnyo, era oyo eyasobya takyali kitundu ku bulamu bwo*. Omukisa guyinza obutabaawo kulaga kusonyiwa eri oyo asobya singa omuntu oyo aba yafa oba nga takyaliwo olw'ensonga endala. Wadde kiri kityo, osobola okulaga okusonyiwa kwo mu ngeri ey'akabonero (nga bwe kyalagibwa emabegako), oba okulaga okusonyiwa kwo eri omuntu ow'omu maka g'omumenyi w'amateeka, ab'ekika kye, ab'eggwanga lye, oba ab'ekkanisa, oba okukozesa ab'ekika, ekika, eggwanga, oba ekkanisa, oba abatabaganya abalala okutandikawo olutuula olw'okusonyiwagana.

e. *Omumenyi w'amateeka talina kirowoozo nti wanyiiga*. Omuntu alina okuleeta ensonga enkadde mu ngeri ey'amagezi; nga bwe kyayogeddwako emabegako, olina okulowooza oba ng'okuleeta ensonga eyakunyiiza kijja kuleeta obulabe obusingawo oba ebirungi ebisingawo eri oyo eyakusobya n'eri ggwe kennyini.

f. *Olw'olumu tekisoboka*. Okutabagana si buli kiseera nti kusobola okubeerawo, na ddala eri abo "abatubojja ku luwonzi" era "n'abatusiiga ettoomi." (Lutzer 2007).

### H. *Okutabagana kunnyonnyolwa: okutabagana kwe kuzzaawo enkolgana.*

Okusonyiwa bwe bugumiikiriza bw'omuntu bw'akola eri oyo atabadde mwenkanya gy'ali; okutabagana be bantu ababiri okuddamu okuzzaawo enkolagana eyali yafa (kwe kugamba; nga baggyawo ebyo ebibadde bibalemesa okuddiŋŋana) "kyetaagisa omuntu omu okusonyiwa. Kyetaagisa babiri okutabagana. Okusonyiwa kubeera munda mu muntu eyakosebwa. Wabula okuddiŋŋana kulabikira wakati mu nkolagana y'abantu. Tusobola okusonyiwa oyo ateneenyezza. Tetusobola kutabagana n'oyo atenenyerezza ddala. Tusobola okusonyiwa ne bwe tuba ng'omuntu oyo tetumwesiga nti taliddamu butatusobya nate. Naye okuddiŋŋana kubaawo nga tukakasa nti oyo taliddamu kutulumya nate. Okusonyiwa tekiriiko bukwakkulizo. Okutabagana kuliko obukwakkulizo obugenderako." (Smedes 1996: 27)

### I. *Lwaki okutabagana kikulu nnyo.*

1. Okutabagana mujulizi ajulira amaanyi ga Katonda era nga kwolesa obuwulize bwaffe eri ekiragiro ekisinga obukulu Kristo kye yatuwa mu kiro ekyakulembera okukomererwa kwe.

a. *Mu kiro kye ekyasembayo okubeera ku nsi nga tanakomererwa, Yesu yagamba nti*: "Mbawa ekiragiro ekiggya: Mwagalanenga nga nze bwe mbaagala. Bwe munaayagalananga abantu bonna kwe banaategeereranga nti muli bayigirizwa bange." (**Yok 13:34-35**)

b. Ewatali kutabagana tulemererwa okulaga ensi obujulizi *obusinga obukulu* obw'okubeera abayigirizwa ba Kristo.

2. Okutabagana kutuwa amaanyi okuwangula obulumbaganyi bw'omulabe.

a. *Mu ngeri embi*, obutatabagana bw'abakkiriza bubaawulayawulamu, ekyo ne kyanguyiza

omulabe okubakolako obulumbaganyi.
b. *Mu ngeri ennungi,* abakkiriza bwe babeera mu mirembe ne bannaabwe kitondawo eggye ery'amaanyi, erisobola okuwangula olutalo olw'omwoyo lwe tulwana (**Abef 6:12**), kale nga n'emiryango gy'emagombe tegisobola kuwangula kkanisa (**Mat 16:18**).

3. Okubeera kwaffe mu mirembe n'abalala nga tubawa omukisa, kivaamu Katonda okutuwa omukisa (**1 Pet 3:8-9**): "*Eky'enkomerero, mwenna mubenga n'emmeeme emu, buli omu alumirirwenga munne, era mwagalanenga ng'abooluganda ddala, mubenga ba kisa era beetoowaze. 9 Temuwooleranga ggwanga. Abavumye, mmwe temumuvumanga. Wabula mumusabirenga mukisa, kubanga ekyo kye mwayitirwa, mulyoke muweebwe omukisa.*"

**J.** ***Okutabagana tekujja mbagirawo, naye kutwala ekiseera era kuyita mu mitendera egiwerako.***

Jeffress annyonnyola emitendera gyokutabagana ena (Jeffress 2000: 115-23):

1. Okweneny—Newakubadde omuntu asobola okusonyiwa oli atakiriza nti yamulumya, wabula mu mbeera ezisinga obungi okutabagana (okuzzaawo enkolagana) kwetaagisa eyasobya okukkiriza ebikyamu bye yakola n'obulumi bwe yaleeta, awo gwe baasobya n'awona omutima, olwo enkolagana n'etandika bupya ku musingi omugumu.
2. Okuliwa—Okugezaako okuzzaawo ekyatwalibwa, oba ekyayonooneka mu nkolagana kyolesa obwesimbu bw'okwenenya kw'omuntu era n'obwagazi bwe obw'okuyaayana okuzzaawo enkolgana ejjudde. Okuliwa kuyamba "okutereeza ekisaawe," bwe kityo enjuyi zombi ne zitandika okuzza obuggya enkolagana yaabwe ku musingi ogw'obwenkanya (laba Sande 2004: ekitundu C ekifundikira, "Ennono ez'Okuliwa").
3. Okuddaabirizibwa—Okusobola okuzzaawo enkolagana n'omuntu eyatusobya, kikulu okubeera n'obukakafu nti eyasobya yakyukira ddala mu mazima nga tagenda kuddamu kutukosa nate. Ky'ekyo lwaki okwenenya okutuufu kulabikira mu kukyusa nneeyisa.
4. Okuzzaawo Obwesige—Emirundi mingi kiyinza okwetaagisa abantu abawera okuzzaawo okutabagana (soma **Abag 6:1**). Endowooza ekyuse ereetera enjogera okukyuka era n'ebikolwa ne bikyukirako; era oluvannyuma lwa byonna oli gwe wasobya naalaba obwesimbu bwo. Kiyinza okutwalako akaseera okuzzaawo obwesige obwafa okusinga okuzimba obwesige eri enkolagana empya nga mutandika. Olw'ekisa kya Katonda, naye era n'olw'ebikolwa byammwe mwembi abakwatibwako, obwesige busobola okukomawo nate.

**ENKOLA EY'EKIBIINA: ekisonyiwo noktabagana**

**A. Jjukira ekiseera lwe weetaaga okusonyiyibwa**. Jjukira ebiseera ebyo ebyo lwe walumya omuntu oba lwe wakola ekikyamu, era nga weetaaga okusonyiyibwa, era *n'oweebwa* ekisonyiwo ekyo. Kino kiyinza okuba nga kyaliwo mu buto bwo, oba wewasomera siniya oba ng'oli ku ssetendekero, oba ekiseera mu bufumbo bwo oba ne mukwano gwo, oba mu nkolagana yo n'abalala. Oyinza okuba weetaaga okusonyiyibwa omuntu oba Katonda. Ekikulu kwe kuba nti wakoze ekintu ekibi era ne kikunakuwaza era n'osonyiyibwa. **Oluvannyuma lw'okujjukira ekyaliwo (kyoteetaaga kwogera), mu kabiina ako akatonotono, yanukula ebibuuzo bino wammanga:**

1. Wawulira otya ng'oli mu mitawaana, ng'erinnya lyonoonese, nga tokyalina kitiibwa, era nga weetaaga okusonyiyibwa?
2. Wawulira ki mu lubuto lwo? Wawulira otya mu bibatu bye? Ne mu bitundu by'omubiri ebirala?
3. Engeri gye wawuliramu osobola kugiyita ki bwe wategeera nti oyonoonye era weetaaga kusonyiyibwa?
4. Wawulira otya (oba wandiwulidde otya) *okusaba* omuntu gwe walumya ekisonyiwo, era owulira otya *ng'akuwadde* ekisonyiwo?

**B. Jjukira ekiseera bwe watabagana**. Jjukiramu ekiseera bwe watabagana n'omuntu oyo gwe wasobya. (Weetegereze: kino kiyinza okuba ku nsonga eyogeddwako waggulu oba ekirala). **Oluvannyuma lw'okujjukira ebyaliwo (byoteetaaga kwogera), mu kabiina ko akatonotono, ddamu ebibuuzo bino wammanga:**

1. Ani eyasalawo wabeewo okutabagana? Ekigendererwa kyo eky'okutabagana kyali ki?
2. Oli omulala yayanukula atya ku by'okutabagana?
3. Waaliwo kaweefube w'okuggyawo ebiremesa ensonga eyo essira ne lizzibwa ku kutabagana?

4. Ggwe n'oli gwe wasobya mwewaayo mutya oba mweraga mutya okwagalana?

## OBUFUMBO N'ENKOLAGANA ENDALA N'ABANTU

**A.** ***Ebizibu mu bufumbo ne mu maka bireetebwa ensonga essukka ku emu.***

1. Abantu basinga kuteegeererwa ku butya bwe bakolaganamu n'ab'omu maka gaabwe bonna. Ono gw'owabula abeera akwatagana "n'entabuza y'ebintu." Enkyukakyuka mu kitundu ekimu ekosa ebirala byonna (eky'okulabirako., omwana omujeemu ayinza okuleetera nnyina okwennyamira, oba okunyiiza kitaawe, ekintu ekikosa enkolagana y'omwami oyo ne mukayala we).

2. Buli kiseera wabaawo obunkenke, eri buli mmemba mu maka ago, abeera wakati w'okukolera obumu oba buli omu okukola ebibye.

a. Amaka agataliimu ndooliito genkanyankanya "eky'omuntu okubeera n'ebibye" (kwe kugamba., ng'alina ekikula kye oba obutafaanagana balala) kyokka n'asigala ng'akwatagana (ng'akolagana) ne banne mu maka.

b. Amaka agalina endooliito abaamwo batera obutakwatagana. Nga kiyinza okuba ng'ab'omu maka ago beekugira obutakolagana, oba nga beemalira mu kwenafuya bokka na bokka.

(1) Abantu obutakolagana n'obutakwatagana kibaawo mu mitendera egy'enjawulo mu b'omu maka ago: kwe kugamba., wakati w'omuntu yenna mu maka; wakati w'abazadde n'abaan; oba wakati w'ab'omu maka ago n'abali ebweru waago (eky'okulabirako., tebaba na mikwano; oba emikwano tegikkirizibwa mu nnyumba; oba tebakwatagana ne be basoma nabo).

(2) Okukugira okuyitiridde kusinga kubaawo ng'abazadde bagezaako okufuga obulamu bwabaana baabwe ekisukkiridde. Okusingira ddala, ng'abazadde tebakendeeza ku bufuzi bwabwe eri abaana baabwe bwe baagenda nga bakula. Olw'olumu enkola eyo abazadde bagisigaza ku baana nga bakuze nga bafunye n'amaka gaabwe. Enkola eno"ey'okusibira omuntu mu katimba" ereetawo okufigibwa okutali kulungi , era eyinza okukifuula ekizibu eri agirimu okukola emikwano wabweru w'amaka gaabwe.

3. Enkola ez'enneeyisa etasaanira nga tukolagana n'abalala abantu basobola okugiyigirizibwa era ne bagenda nga bagiyigiriza n'abemirembe egibaddirira.

**B.** ***Obufumbos (n'enkolagana endala) byonoonekera mu mitendera (Gottman, 2000).***

1. Obufumbo (n'enkolagana endala, ez'ekiseera ekiwanvu) zitera okuyita mu mitendera ena:

a. *okukolokota*—okusooka mu bwongo ne mu bigambo;

b. *okwewolereza*—okusooka mu bwongo, ne mubigambo (kino kirabikira mu "kuzzaayo omuliro" eri akukolokotebwa, era ne kireeta ennyombo);

c. *okuyisaamu amaaso*—nga bwe kiri nti okukolokotebwa n'okwewolereza bwe biri ebikolwa oba eeneeyisa y'omuntu, okuyisaamu amaaso kibeera kikolwa ky'oyolekeza omuntu yennyini;

d. *Obutafaayo oba olutalo:* obutayagala kukosebwa anenyezebwa alekeraawo okuwuliriza n'okufaayo ku byogerwa "ne yefundikira" oba n'aggulawo olutalo okulumya oli omulala (olutalo olw'endowooza, enneewulira oba olulabikako). (Worthington 2003 227)

2. Okunoonyereza nakwo kulaga nti amaanyi n'essanyu mu bufumbo bikwatagana n'engeri abantu gye bakwatamu ebizibu. Abafumbo bwe babeera basobola okukwata obulungi ebibasoomooza ebitundu 10 oba 7 oba 5 ku buli kizibu kye basisinkana baabeera basanyufu buli kiseera. Abasobola okubikwata ebitundu bitaano ku kkumi n'okweyongerayo bafuna enkyukakyuka: ate abasingawo ku bitundu 5 ne beeyongerayo balabira ddala ng'obufumbo busoboka; naye abali wansi w'ebitundu 5 okukka wansi balabira ddala ng'obufumbo tebusoboka. Naye abafumbo bwe babeera wansi w'ebitundu 5 era babeera tebali ku bitundu 4 naye babeera baagwa ne batuuka ku kitundu 1 ku 10 oba n'okusingawo (Ibid.: 227-28).

**C**. ***Obufumbo (n'enkolagana endala) bisobola okutabaganyizibwa.***

1. Okubudaabudibwa kusaana okuyamba abufumbo obuteeyongera kweyuzayuza.

a. *Omuwabuzi alina okuyamba bawabula okutereeza enneeyisa yaabwe, ebigambo, n'ebirowoozo byabwe okubiggya mu kweggalwo oba mu lutalo; okubiggya mu kuyisaamu amaaso ne bidda ku kwewolereza; okuva mu kwewolereraza ne bidda ku kukolokota; era ne biva ku kukolokota ne bidda mu nteeko.* Bwe tukola ekyo tusobola okulaba obubonero obutulaga nti be tuwabula bavudde mu by'okwewa obutwa, ne adda mu by'okuggya obutwa mu nkolagana yaabwe: (1) nga tukomyawo ebyayita, mu kifo ky'okwogera ku biriwo kati; (2) nga

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

twogeza bukambwe eri omulala; (3) nga tulumbagana omuntu mu kifo ky'okulemera ku nsonga; (4) nga twogeza obukaawu; (5) nga tetwesonyiwa bulumi bw'ebyo ebyayita.

b. *n'oyogera n'abafumbo, omuwabuzi olina okubuuza ebibuuzo ebissa essira ku bwe bawulira, enneeyisa n'ebirowoozo byabwe.* Engeri gye bawulira nkulu, engeri gye bawulira y'eraga bwe balowooza ne bye bakkiririzaamu. Ebibuzo birina okubuuzibwa ku mbeera yaabwe ey'omwoyo (abo abalina ebizibu eby'amaanyi mu bufumbo batera okubeera nekolgana embi ne Katonda).

c. *Okwekafaako wekka kusangibwa nnyo mu bantu abilna ebizibu mu bufumbo oba mu nkolgana endala.* Abantu batera okwefaako bokka nga bakola bino: (1) nga balagajjalira ebyetaago by'abakazi baabwe oba abaami baabwe; (2) nga beemalira ku mirimu gyabwe oba kaweefube omulala; ne (3) nga bongera okuwaliriza omulala okutuukiriza ebyetaago byabwe.

d. *Omuwabuzi asobola okuluŋŋamya abafumbo okulondoola entambula y'obufumbo bwabwe.*

(1) Omuwabuzi okuyamba abafumbo okulaba ensobi zaabwe ng'asaba omu ku bo okukola lipoota ku munne eyitibwa "lipoota eyogera ku nsonga" ng'eraga butya munne bw'awulira; omuwabuzi olwo n'awulira okwanukula kw'oli ayogeddwaako ku butuufu bw'ensonga ezo, era n'agoberera ensonga ng'abuuza nti "ggwe olowooza lwaki munno musajja/mukazi awulira bwatyo?" Kino kisobola kigenda buziba mu kumanya ekivaako obuzibu.

(2) Abafumbo basobola okuzuula ensobi zaabwe n'ebitatambula bulungi nga bageraageranya enneeyisa yaabwe n'ennono za bayibuli. Kino kya kukola kirungi nga bazzeeyo ewaabwe. Omuwabuzi asobola okukozesa ebiddiddwaamu okuyamba okuzuula ebyo bano bye bakkiririzaamu naye nga si bya bwakatonda, olwo n'abaluŋŋamya okugoberera ennono za bayibuli na ngeri ki ey'okuzissa mu nkola. Mu biralala, omuwabuzi asobola okukubiriza abafumbo okusabanga buli kiseera, nga basabiragana mu ddoboozi eriwulikika; okubakubiriza okusaba nga bafukamidde kibayamba okufuna omutima ogw'okwetowaza.

2. <u>Obufumbo busobola okuzzibwawo mu mbeera entuufu, ne baddamu okwagalana okuyita mu kusonyiwagana nokutabagana, era ne mu kussa mu nkola "ennimi z'okwagala ettaano."</u> "Ebizibu by'obufumbo bwonna bisibuka ku butabaawo bwa kwagalana n'okusonyiwagana. Enkolagana yonna mu bufumbo ebeezebwawo okwagalana n'okusonyiwagana okuva lwe kiri nti aboonoonyi babiri bayitibwa okubeera obumu" (DiBlasio ne Cheong 2007: 4). Okugatta kw'ebyo, omuwabuzi alina okuyamba abalina obuzibu mu maka okutegeera era n'okussa mu nkola enkola ya Gary Chapman gy'ayita "ennimi z'okwagala ettaano." Ekimu ku muwabuzi by'akubiriza abafumbo okukolera ewaka kwe kubasaba okwewaayo okukola "ennimi z'okwagala" buli lunaku, era n'okuwandiika ebyakoleddwa, ekyo bwe kiggwa, olwo n'awandiika ennyanukula ya munne. Nga Chapman bw'ayogera, "Nti mu kusooka waliwo ennimi z'okwagala ttaano—engeri ttaano abantu gye boogeramu era gye bategeeramu okwagala. . . . Kasita otegeera era n'oyiga okwogera eri munno olulimi olw'okwagala lw'ategeera, nzikiriza nti obeera ozudde ekisumuluzo eky'olubeerera, eky'obufumbo obulimu okwagalana" (Chapman 1995: 15-17). Ennimi z'okwagalana ettaano ze zino:

a. ***<u>EBIGAMBO EBIKAKASA</u>***. Ebigambo ebikakasa, ebijjuuliriza, ebizimba, era ebizzaamu amaanyi, y'emu ku ngeri eraga okwagala. "Embeera ennungi" ey'obufumbo ebeerawo omwami n'omukyala bwe bakozesa ebigambo eby'okukakasa buli kiseera (kwe kugamba., ekigambo ekiraga obutuufu bwa munno).

(1) <u>Teekawo ekiruubirirwa okuwa munno *ekigambo ekimusiima* buli lunaku okumala omwaka.</u> Bwe tugambibwa ebigambo ebitusiiima tubeera twanguyirwa okukola munnaffe ky'ayagala. Bwe tutunuulira amaanyi ga bannaffe era ne tubabuulira nga bwe tugasiima, bannaffe beeyongera okukola ennyo okukuuma omutindo ogwo gwe twogeddeko.

(2) <u>Ebigambo ebimuzzaamu *amaanyi* biraga nti tutegeera bannaffe, tuyiga bye batwala nti bikulu gye bali, era ensi ne tugiraba nga nabo bwe bagiraba.</u> Nga twogera ebigambo ebizzaamu amaanyi tubeera tugamba nti, "Nkimanyi. Nfaayo. Ndi wamu naawe. Nkuyambe ntya." Okubeera "ng'ozzaamu amaanyi," wabula munno alina *okusooka okwagala* ekyo ky'omuddizaamu amaanyi okukola. Eky'okulabirako: "Abaami abamu bawaliriza bakazi baabwe okukendeeza ku buzito bwabwe. Omwami ye abeera agamba nti, "Ndi mu kumukubiriza," naye n'omukyala ng'awulira nga gwe basalira omusango. Omuntu ayagala okukendeeza ku bunene ye yekka gw'osobola okukubiriza ku nsonga eyo naye n'akitwala nga kirungi. Okuggyako ng'ekyo akyagala, ebigambo byo bibeera

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

nga bya kubuulira. Ebigambo bwe bityo tebitera kuzzaamu maanyi. Bitera okutwalibwa ng'ebigambo eby'okunenya, ebireetebwa. Tebyolesa kwagala naye obukyayi." (Ibid.: 44)

(3) Ebigambo okubeera ebikakasa obutuufu birina okwogerwa nekisa nobukkakkamu. Bwe tweyongerayo, okwagala kusaba, naye tekulagira. "Bw'obaako by'osaba munno, obeera ossaamu munno ekitiibwa n'omugaso gwe. . . . Wabula naye, bw'omulagira obeera tokyali mwagalwa gyali naye omusibira mu-bbwa. Munno tagenda kuwulira ng'aziddwaamu amaanyi naye okunyoomebwa" (Ibid.: 49).

(4) Osobola okwogera ebigambo *mu butali butereevu* ebikakasa munno ng'oyogera ebintu ebirungi ku munno nga taliiwo (oluvannyuma, wagenda kubaawo abibuulira munno, era ogenda kusiimibwa olw'ekyo). Naye era yogera ebirungi ku munno mu maaso g'abantu nga naye waali.

b. ***OKUFISSAAYO OBUDDE OBW'EDDEMBE***. "Obudde obw'eddembe" kitegeeza okuwa omulala ebirowoozo byo byonna, nga tewali kikutawaanya. Obudde obw'eddembe busobola okutwaliramu okwetunuulira n'okwogerezeganya nga mutudde wamu, okutambulako mwembi, okuliirako awamu, oba okubeera mwembi, ng'okola ekyo ky'omanyi oli ky'anyumirwa.

(1) Ekinyusi ekikulu mu kadde ak'eddembe kwe *kubeera awamu.* Okubeera awamu si kwekuliraanagana kyokka, naye *okussa essira ku mulala.* "Bwe ntuula ku ntebe ne mukyala wange mmuwa eddakiika ze abiri era naye akola kye kimu, buli omu awa munne eddakiika abiri ez'obulamu bwe. Tetusobola kuddamu kufuna ddakiika ezo nate buli omu z'abeera awadde munne. Eno nkola y'amaanyi nnyo eyolesa okwagalana." (Ibid.: 60).

(2) Obudde obw'eddembe bulijjo buzingiramu *emboozi ey'eddembe*—kwe kugamba., "emboozi ey'okusaasiragana, abantu ababiri buli omu ng'ayogera by'ayiseemu, ebirowoozo bye, engeri gy'awuliramu, ne by'ayagala ewatali kutaataganyizibwa" (65). Emboozi ey'eddembe ya njawulo ku bigambo ebikakasa: ebigambo ebikakasa essira birissa ku *byetwogera;* emboozi ey'eddembe essira erissa ku biki bye *tuwulira.*

(3) Obudde obw'eddembe busobola okubaamu *ebikolebwa ebyeddembe*—kwe kugamba., ekintu mwembi kye munyumirwa. Essira teriri ku kiki kyokola naye ku lwaki okikola. "Ekigendererwa kwe kubaako kye mukolera wamu, ne mukivaako mwebi ng'omu agamba nti, 'Anfaako. Ayagala okubaako kyakola nange ekyo kye nnyumirwa, era yakikoze n'omutima omulungi.' Okwo kwe kwagala, era eri abantu abantu abamu eyo y'engeri ey'okwagala ey'ekika ekya waggulu" (Ibid.: 73-74)

c. ***OKWEWA EBIRABO***. Ekirabo kye kintu ekikwatikako ekiraga nti omuntu oyo obadde omulowoozaako. Si nsonga oba nga kigulibwa na ssente; oyinza n'okukola ekirabo. Ekikulu kwe kuba nti olowooza ku muntu omulala, wafunyeeyo ekirabo, era n'okiwaayo ng'akabonero akoolesa okwagalana.

(1) Bwe kiba ng'okuweebwa ekirabo lwe lulimi lw'okwagala munno lw'asinga okutegeera, okubeera omugabi w'ebirabo omulungi: Kola olukalala lw'ebirabo ebizze biasanyusa munno mu myaka egiyise (nga bya muweebwa ggwe, oba ab'ewaabwe oba mikwano gye). Olukalala lugenda kukulaga ebirabo munno by'asinga okwagala. Bwe kiba kyetaagisa, funayo ku b'omu maka bakuyambe okukulonderako ebirabo ebirungi.

(2) Tolinda nnaku za njawulo okuwa munno ebirabo. Bwe kiba ng'okufuna ebirabo lwe lulimi munno lw'asinga okutegeera, kyenkana buli kyanafunanga agenda kukitwala ng'akabonero k'okwagala. (Bw'aba ng'abadde tasanyukira birabo ebiseera ebiyise, era kyenkana nga buli ky'omuleetera takisanyukira, olwo okuweebwa ebirabo si lwe lulimi lwa munno olw'okwagala lw'ategeera.)

(3) Okubeerawo kwo ne munno mu kiseera eky'akatyabaga oba mu kiseera ekirala ekikulu kusobola okubeera ekirabo ekisinga okuba eky'amaanyi ky'osobola okuwa munno. Singa munno akugamba nti yandyagadde okugenda naawe ku mukolo ogumu, ekyo kitwale nga kikulu.

d. ***EBIKOLWA EBY'OKUWEEREZA***. Ebikolwa by'okuweereza kwe kukola ebintu by'omanyi nti munno yandyagadde obikole. Birimu okufumba, okutereeza ew'okuliira, okwoza ebintu, okufulumya kasasiro, okwambaza omwana pampa oba okulongoosa ennyumba. Byetaaga okwetegekera, obudde, okufuba, n'amaanyi. Okuweereza munno ku mirimu egy'awaka kimusanyusa bwe kikolebwa mu mwoyo omulungi, ebikolwa ebyo biba byolesa

okwagala. Ekyo kiri bwe kityo bwe kiba ng'ebikolwa by'okuweerza by'okola bisinga kukolebwa munno (okugeza., omwami okwoza ebintu oluvannyumya lwokulya emmere kiraga nti afumbizza mukyala we olwemmere eyo era n'ekiraga okwagala kw'alina gyali).

(1) Ebyo bye tukola nga tetunafubiriganwa si byebiraga bye tugenda okukola nga tufimbiriganiddwa. Nga tetunafumbiriganwa tubeera tuvugibwa amaanyi agayitibwa "ndi mu mukwano." Bwe tumala okufumbiriganwa tuddayo okubeera nga bwe twali nga tetunnasisinkana "kugwa mu mukwano." N'olwekyo, bwe kiba nga munno engeri gye yategeerangamu olulimi lw'omukwano byali bikolwa eby'okuweereza, bambi ayinza okuba nga kusuubira okweyongera ng'obikola nga mumaze okufumbiriganwa. Munno ayinza okuwulirwa ng'atakyayagalwa bw'olekeraawo okumuyambako n'emirimu.

(2) Okwagala kuva mu kwesalirawo nga tokakiddwa. Okunenya n'okulagira oli abeeko ky'akola kuleeta embiranye wakati w'abantu; tebitumbula bikolwa bya kwagala eby'okuweereza. Munno wo ayinza okukola ekyo ky'omulagidde, naye tekigenda kwolesa kwagala. Okusaba kirungi okusinga okulagira. Naye mu byonna, okwagala kubeera kusalawo kwa muntu. "Buli omu kuffe asalawo okwagala munne oba obatakikola. Bwe tusalawo okwagala, era tukwolesa nga tulina bye tusaba oyo munnaffe kino kifuula omukwano gwaffe okubeera ogw'ekimmemmete" (Ibid.: 107)

(3) Okwemulugunya kwa munno ku nneeyisa yo kiba kikulaga olulimi lw'okwagala ye lwategeera. "Abantu batera okunenya bannaabwe okusingira ddala mu bintu ebyo bye bawulira nga bo bye basinga okwetaaga. Okunenya kwabwe y'engeri y'okubanjamu okwagalibwa. Ekyo bwe tukitegeera, okutegeera ensonga y'okwemulugunya kwabwe mu ngeri ezimba" (Ibid.: 107)

(4) Osobola okuwandiika olukalala lw'ebintu munno byazze ng'akusaba okumukolera mu ssabbiiti entonotono eziyise. Tunuulira ebintu ebyo obitwale nga bikulu nnyo gyali. Salawo okumukolerayo kimu buli wiiki ngakabonero akoolesa okwagala. Oba oyinza n'okubuuza munno okukola olukalala lwa bintu 10 by'ayagala omukolerere mu mwezi oguddirira, era abiddiriŋŋanye mu migaso gyabyo ng'awandiika. Kaakati kozesa enteekateeka eyo ng'oluwenda "lw'omwezi ogw'okwagala." Oba lwe wayitawo akaseera n'omubuuza nti, "Bwe nkukolerayo omulimu ogw'enjawulo wiiki eno, kiki ky'oyagala okuzzaako okukukolera?" Munno agenda kwetegereza ebintu bino. Bw'okola BINO ogenda kuba "ng'oterezezza endowooza ye" Munno agenda kweyongera okusanyuka, era bwe kityo, agenda kutandika naye okwagala okwongera okukusanyusa.

e. ***OKWEKWATAKO***. Okwekwatako, omuli okukwatagana mu mikono, okwenywegera, okwegwa mu kifuba, okugolala ebinywa, okuweeweeta feesi, era n'okulya ebisoobooza, ezo zonna ngeri z'amaanyi ezolesa omukwano ogw'ekimmemmete eri munno. Eri abantu abamu, okubakwatako lwe lulmi lwabwe olw'okawagala lwe basinga okwagala. Bw'otakikola, bawulira ng'abatagalibwa. Bw'okikola, bawulira nga batebenkedde ne bannaabwe.

(1) Omubiri gulina ebifo bingi eby'okukwatako, kale nno okunyonyogera munno mu mukwano kumpi mu kifo kyonna kisobla okuba ekikolwa eky'okwagala. Wabula, ebifo ebimu biyinza okusanyusa munno okusinga ebirala. munno yasobola okukubuulira ebifo ebyo. Tolemera ku kyakumukwata mu buli kifo obudde bwonna. Singa munno alaba ng'engeri gy'omukwatamu temuwa mirembe oba nga temunyumira, bw'oyongera okukikola ogenda kuba ng'oyonoona eby'okwagalana, era kirage nti tomufaako kiri awo ku butya bw'awulira. Tokola nsobi kulowooza nti enkwata gye bakukwatamu ekureetera okunyumirwa nti era y'ereetera ne munno naye okunyumirwa.

(2) Okwekwatako kusobola okubeera okw'omugaso okusingira ddala mu biseera eby'akatyabaga. Kino kiraga obumu n'okukolera awamu eri omuntu oyo abonaabona.

(3) Abasajja n'abakazi bye baagala tebitera kufaanagana mu nsonga z'ekisenge. Abakazi abasinga, obwagazi bw'okwagala okulya ebisoobooza n'abaami baabwe buva mu kuba nti bawulira nga baagalibwa abaami. Ekyo bwe batakiwulira, olwo batera okuwulira "ng'abakozesbwa" mu nsonga z'ekisenge. Ekyagazisa abasajja ekisenge kyo mu butonde omulandira gwakyo gwa njawulo—by'ebinywa okwereega n'enkwanso ezibeera mu bifo ebyo: kale nno bwe gumala okuba bwe gutyo, olwo bo babeera bawulira nga ky'ekiseera eky'okulya ebisoobooza. Kale nno omusajja n'omukazi

kibagwanira okutegeera enjawulo zino. Wabula, nga Chapman bw'ayogera: "Kaakati omukyala w'omuntu bw'ayogera olulimi lw'okwagala omwami we lw'ategeera olwo omukwano gwe gulinnya, era n'omwami bw'ayogera olulimi lw'okwagala omukazi lw'ategeera, olwo naye omukwano gwe gulinnya, kale mu mbeera eyo eby'ekisenge byekola byokka. Ebizibu by'ekisenge ebisinga mu bufumbo tebirina nnyo kakwate na bukodyo naye birina akakwate n'engeri gy'otuukirizaamu ebyetaago bya munno ye kw'amanyira nti omwagala." (Ibid.: 136)

3. Ebirala ebyongerezebwako ku nnimi z'okwagala ettaano.

a. *Omuntu ekimuwuliza nti ayagalibwa (katugambe., olulimi lwe olw'okwagala) buli kiseera si kye kiwuliza oli omulala nti ayagalibwa.* Okusoomozebwa ye buli muntu okwogera olulimi lwa munne. Ekyo kikulu kubanga, mu kisaawe ky'obufumbo, "bwe tutawulira nti twagalibwa, obutakwatagana bwaffe bweyongera. Tutandikwa okweraba ng'emiziziko gy'essanyu lya buli kinnoomu. Tulwanira okulabibwawo n'ekitiibwa era obufumbo bufuuka ensitaano mu kifo kyokubeera ekifo eky'eddembe" (Ibid.: 154).

b. *Osobola okubeera n'olulimi lw'okwagala olusukka mu lumu, newakubadde ng'abasinga obungi babeera n'olulimi lw'okwagala olukulu lumu era n'oluddirira lumu.* Olulimi lwo olw'okwagala lwe luliwa? Kiki ekisinga okukuwuliza ng'oyagalibwa munno? Kiki ky'osinga okwegomba okusinga byonna? Chapman agamba nti waliwo engeri ssatu mw'ozuulira olulimi lwo olw'okwagala:

(1) Kiki munno kyakola oba kyatakola ne kikukosa nnyo? Ekyo ky'oba oyagala akole kyaliba nga lwe lulimi lwo olw'okwagala.

(2) Kiki kyotera okusaba munno akole? Ekintu ekyo ky'omusaba ennyo kyalina nga kye kintu ekikuwuliza ng'oyagalibwa nnyo.

(3) Ngeri ki z'otera okulagiramu munno okwagala? Enkola gy'okozesa okwolesa okwagala eyinza okuba nga y'engeri ekuwuliza ng'oyagalibwa.

c. *Olulimi lwa munno olw'okwagala lwe luluwa?* Lowooza ku ngeri munno z'azze ng'akulga nti zasinga okuwuliramu okwagalibwa. Ebibuuzo ebyo ebisatu bibuuze munno. Bw'osigala nga tomanyi, mubuuze. Mukubaganyeeko ebirowoozo. Bw'otegeera olulimi lwe olusookerwako olw'okwagala obeera otegedde engeri esinga obulungi ey'okumuugamba nti, "Nkwagala."

d. *Okwagala okw'ekimmemmette kuba kusalawo.* Okwagala okw'ebuziba okwa namaddala kusobola okukomezebwawo buto mu bufumbo, ne bwe kiba nga kwavaawo emyaka mingi egiyise. Osobola okujjuza eppipa ya munno ey'okwagala, era naye asobola okujjuza eyiyo, kavuna ozuula olulimi lw'okwagala olukulu olwa munno, era n'otandika okulwogera n'okola n'ebikolwa okuyita mu nnimi ezo.

**<u>OLUPAPULA OLW'EBYOKUKOLA: Okutegeera Olulimi lw'Omuntu Olw'okwagala.</u>**

**EMBOOZI ZINO WAMMANGA ZIWE AMADAALA, OKUSINZIIRA KU BUKULU BWAZO, EZO EZISINGA OKUBA ENTUUFU KU GGWE OBA KU MWAGALWA WO: (1 = y'esinga obukulu, 5 = si nkulu nnyo)**

_____ Mpulira okwagalibwa naddala abantu bwe bansiima, olw'ebintu ebitonotono ebya buli lunaku bye nkola.
_____ Mpulira okwagalibwa naddala omuntu bw'ampuliriza era n'amala obudde nange.
_____ Mpulira okwagalibwa naddala omuntu bw'andeetera ebirabo n'ebikwatibwako ebirala ebiraga okwagala.
_____ Mpulira okwagalibwa naddala omuntu bw'asalawo okunnyambako, ng'ankolerako emirimu gy'awaka.
_____ Mpulira okwagalibwa naddala bw'ayolesa okwagala gye ndi ng'ankwatako.

**<u>EKIVA GYE MULI</u>**: Eno y'essaala yaffe nti omusomo guno gubeere mukisa gy'oli. Tuggya kusanyuka bwe tunaawulira ekiva gye muli nga kituyamba okweyongera okutereeza omusomo guno ku lw'abalala.

## <u>EBIJULIZIDDWA</u>

Baron-Cohen, Simon. 2003. *The Essential Difference.* New York: Basic Books.
Brenner, David G. 2003. *Strategic Pastoral Counseling: A Short-Term Structured Model.* Grand Rapids, MI: Baker Academic.
Bruenning, David. n.d. *Successful Christian Living.* Neenah, WI: International Christian Assistance; International Children's Fund, Inc.
Campus Crusade for Christ, International. 1993. *FamilyLife: Marriage Conference*. Little Rock: AR: Campus Crusade.
Chapman, Gary. 1995. *The Five Love Languages.* Chicago: Northfield.
Chapman, Gary, and Jennifer Thomas. 2006. *The Five Languages of Apology.* Detroit: Thorndike.
Corey, Gerald. 1982. *Theory and Practice of Counseling and Psychotherapy,* 2nd ed. Pacific Grove, CA: Brooks/Cole.
Crabb, Lawrence. 1977. *Effective Biblical Counseling.* Grand Rapids, MI: Zondervan.
________. 1997. *Where Healing Begins*. Leadership (18.2, Spring 1997), pp 37-40.

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

DiBlasio, Frederick A., and Robert K. Cheong. 2007. "Christ-like Love and Forgiveness in Marital Counseling: Theory and Practice." submitted to *Marriage and Family: A Christian Journal* (in press).
Enright, Robert. 2001. *Forgiveness Is A Choice.* Washington, DC: American Psychological Association.
Gottman, John. 2000. *The Seven Principles for Making Marriage Work*: A Practical Guide from the Country's Foremost Relationship Expert. Three Rivers Press.
Ivey, Allen E., and Mary Bradford Ivey. 2003. *Intentional Interviewing and Counseling: Facilitating Client Development in a Multicultural Society.* Pacific Grove, CA: Books/Cole.
Jeffress, Robert. 2000. *When Forgiveness Doesn't Make Sense.* Colorado Springs, CO: Waterbrook.
Lutzer, Erwin. 2007. *When You've Been Wronged*. Chicago, IL: Moody Publishers.
McCullough, Michael. 2001. "Forgiveness as Human Strength: Theory, Measurement, and Links to Well-Being." *Journal of Social and Clinical Psychology* 19(1): 43-55.
Nadig, Larry Alan. n.d. "Tips on Effective Listening." http://www.drnadig.com/listening.htm (accessed 10/11/07).
Sande, Ken. 2004. *The Peacemaker,* 3rd ed. Grand Rapids, MI: BakerBooks.
Shields, Harry, and Gary Bredfeldt. 2001. *Caring for Souls.* Chicago: Moody.
Smedes, Lewis. 1984. *Forgive and Forget: Healing the Hurts We Don't Deserve.* San Francisco: Harper & Row.
________. 1996. *The Art of Forgiving.* Nashville, TN: Moorings.
Willard, Dallas. 1997. *The Divine Conspiracy.* New York: HarperSanFrancisco.
Witvliet, Charlotte vanOyen, Thomas E. Ludwig, and Kelly L. Vander Laan. 2001. "Granting Forgiveness or Harboring Grudges: Implications for Emotion, Psychology, and Health." *Psychological Science* 12(2): 117-23.
Worthington, Everett. 2003. *Forgiving and Reconciling.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

## OKUFUNDIKIRA A – OBUZIBU OBULI MU KUWABULA

Okussaawo ensalosalo ezitegeerekeka kikulu mu lugendo lw'okuwabula abasobeddwa. Bwe tweyongerayo, zituyamba okulaba nti ensisinkano y'okuwabula teva ku mulamwa (eky'okulabirako., obutabaamu kwegwanyiza gw'owabula oba okumukozesa ebitasaana). Waliwo ebuzibu ebiyinza okubaawo mu kuwabula nga bikwatagana ku nsonga z'okuteekawo ensalosalo ezisaanira:

1. Ekkomo ly'obuvunaanyizibwa—buli muntu avunaanyizibwa ku ngeri gy'awuliramu, ku ndaba ye, ku by'asalawo, enneeyisa ye, waakoma, by'aygala, by'alowooza, by'akulembeza, talanta ze, obusobozi bwe, n'enjogera ye. Wabula abantu bangi bawulira nga bavunaanyizwa ku bintu bye batalina kuvunaanyizibwako; bayinza okuwulira nga beesalira omusango ku lw'ebintu bye batavunaanyizibwako n'akamu (kino kisinga kulabikira mu nsonga ezirimu ab'omu maka n'emikwano egy'okulusegere). Okuyamba omuntu okutegeera ky'avunaanyizibwako ne kyatavunaanyizibwako kimuyamba nnyo bwe kimusumulula okuva mu kwettikka emigugu egy'obulimba, okuva mu kusuubira okw'obulimba, era n'okuva mu kwesalira omusango ogutalliyo. Engeri ennungi ey'okuyamba abantu okumanya obuvunaanyizibwa bwabwe webukoma yeeno: (1) *Nvunaanyizibwa ku:* (A) butya bwe mpisa abalala, ne (B) butya bwe nneeyisa; (2) *Kale SI nze avunaanyizibwa ku:* (A) butya abalala bwe bampisa, (B) butya abalala bwe bayisa abalala, ne (C) butya abalala bwe beeyisa.

2. Okutulira—"okutulira" y'embeera nga *gw'owabula* asiiga *omuwabuzi* engeri ye gy'awuliramu ne gy'alabamu ebintu ekwata ku nsonga ezimuleese (eya ddala oba ng'eteberezebwa) oyo awabulwa gy'ayiseemu. Mu bigambo ebirala, awabulwa attikka omuwabuzi "omugugu" gw'ebizibu bye ebiva mu nkolagana ze n'abantu abala. Kino kitera okulabika bwe wabaawo ebyogerwa nga bikwasa ennaku mu kiseera kya kkansolingi. Mu mbeera bwe zityo, omuwabuzi alina okujjukira okwekuumira mu nsalonsalo ze entuufu, era n'ayawula era n'ategeera ekituufu ddala. Omuwabuzi alina okweteekerateekera ebigwa tebiraze okwerinda okukolebwako effujjo oba okukabasanyizibwa mu by'omukwano. Omuwabuzi alina okujjukira nti b'awabula bamwanukula ye omuwabuzi (ekitegeeza., *obuvunaanyiziwa* bwo), so si ggwe ng'omuntu. Babeera baanukula kifaananyi kyo, so si ggwe *ng'omuntu.*

3. Okutulira-okuwaanyisibwa—"okutulira-okuwaanyisibwa" y'embeera *ng'omuwabuzi* atambuza oba attikka *gw'awabula* "omugugu" gw'ebizibu bye bye yafuna mu nkolagana ze ze yalina. Bwe kityo, ebirowoozo by'omuwabuzi n'engeri gy'awulira ne bifuuka ekitundu ekinene mu kugonjoola ensonga eziriwo. Kino kisobola okubeera eky'obulabe ennyo, kubanga obeera okolagana n'ono gw'owabula ng'afuuse ng'oli gwe wasoowagana naye. Omuwabuzi alina okwekebera buli kiseera ku birowoozo bye, ku butya bw'awulira, era ne bwakatamu ensonga, era ng'amanyi ebirowoozo, enneewulira, ne nnyanukula y'oli gw'awabula.

## OKUFUNDIKIRA B — OKULABIRIRA EMMEEME[4]

Obulamu bw'Ekikristaayo lubeera lugendo, so si mukolo. Ekisookerwako mu bulamu bwaffe lirina kuba ssira erissiddwa ku Katonda era nga lyesigamye ku kisa. Okuweereza Kristo tekulina kutwala kifo kya kwewaayo eri Kristo. Tulina buli kiseera okutegeera bye tusalawo eby'amalala era ne "by'okubuguutanira ensonga" (ekitegeeza., byonna ebibaawo mu bulamu bwaffe nga bitutwalira obudde okubikolako ne bimaliriza nga bituwugudde okuggya essira ku Mukama n'okuva ku bintu ebisinga omugaso).

Obulamu bw'Ekikristaayo si lugendo bugendo, naye olugendo ssemagendo olwetaaga empisa eza buli lunaku, okusingira ddala okwefuga. Buli kiseera tuteekwa okwekuuma ekibi—enneeyisa y'ekibi, mu birowoozo, mu bigambo, ne mu bikolwa. Si nsonga ya "yakugezaako n'amaanyi," naye "kugezaako n'amagezi."

Abawabuzi ne be bawabula beetaaga okulabirira emmeeme zaabwe. Okwerabirira mu mmeeme kuzingiramu ebitundu mukaaga ebikola omuntu (eby'omwoyo, ebirabwako, enkwatagana yo n'abalala, entegeera, enneeyisa, n'engeri gy'owuliramu). Bwe tukola kino, kiggyawo ebizibu byonna ebitera okulabikira mu kiseera ky'okubudaabuda omulala, era kiggya kutereeza embeera y'obulamu bw'omuntu oyo era kimuwe

---

[5]Okufundikira kuno ekitundu ekisinga kyaggyibwa mu muzannyo gwa Shields, Harry, ne Gary Bredfeldt. 2001. *Okulabirira emmeeme.* Chicago: Moody, era n'okuva ewa Bruenning, David. n.d. *Obulamu Bw'ekikristaayo Obw'obuwanguzi.* Neenah, WI: International Kristoian Assistance; International Children's Fund, Inc.

obumativu, olw'okuyambimbwa kw'afunye mu buweereza bwo. Okwerabirira mu mmeeme yo kusaanira okuzingiramu bino wammanga:

**1. Omubiri omulamu.**

Omuntu alina okulya obulungi, eby'okulya ebigeraageranyiziddwa, nga yeekumiira ku buzito obutuufu, nga yeebaka ekimala, era ng'akola ne dduyiro buli kiseera. Omuntu asaanira okubeera n'enneeyisa ezikuuma obulamu ezituyamba okuwangaala n'okubeera n'amaanyi (mu mubiri ne mu bwongo). Mu bintu bino mwe muli: okukeberebwa omusawao buli luvannyuma lwa bbanga; era n'okwewala emize (okugeza., okunywa ssegereeti, okuyitiriza omwenge ne sukaali, okuvuga nga toyambadde erementi oba obutasiba musipi) obwo bwe buzibu obumanyiddwa. Ffe yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu (**1 Abakk 3:16-17; 2 Abakk 6:16**). Yesu naye yayogerako ku mubiri gwe nga yeekaalu ya Katonda (**Yok 2:19-21**). Tuvunaanyizibwa eri Katonda okumu embalirira ku butya bwe tulabirira emibiri gye yatuwa.

Okutwaliza awamu, tulina okukola ebintu nga bino: okulabirira ennyumba n'amaka nga biyonjo; okuteeka amadagala, omusulo, amalusu, n'ebirala mu kifo ekituufu.; okweyonja (omuli., okunaaba, okusenya, enviiri, engalo n'enjala [okusingira ddala mu Afrika ne Indiya ng'abantu b'eyo abasinga bakozesa ngalo okulya mu kifo ky'ebijiiko]); nyiza oba yasimulira mu lukokola lwo so si mu ngalo zo oba mu bibatu byo (okunyiza oba okwasimulira mu ngalo kusaasaanya nnyo endwadde kubanga obuwuka busigala ku buli kintu ky'okwatako); weewale okubeera n'ebiku, ensekere, ebiyenje, enkukunyi, era n'ensiri (ng'okozesa akatimba); kuuma obuliri bwo nga buyonjo. Bw'okola ebintu bino tekikuyamba okubeera mulamu kyokka naye kikuyamba n'obutalwaza balala. Embeera y'emibiri gyaffe ekosa ebitundu by'obulamu bwaffe bwonna. Emibiri gyaffe bwe gibeera emirwadde, tetusobola kukola bulungi mu byomwoyo, mu kubeera n'abalala, mu kutegeera, mu nneeyisa, oba mu ngeri gye tuwuliramu.

**2. Okusinza okwanunulibwa.**

Okusinza y'entikko ya byonna kubanga Katonda ye kennyini y'entikko. Okusinza kwaffe Katonda kulaga emitima gyaffe eri Katonda n'enkolagana yaffe naye. Okusinza kusaana okubeera omulimu gwa buli lunaku, ng'akukulembera omutima (ogutegeera okubaawo kwa Katonda n'okukola kwe mu bulamu bwaffe). Tulina okusaba Katonda okukebera ekibi mu mitima gyaffe olw'ekigendererwa eky'okwetereeza.

**3. Obugumiikiriza obwanunulibwa.**

Essuubi ly'abawabuzi ne kye basuubira kwe kulaba enjawulo mu bulamu bw'abo be bayamba. Essuubi ly'omusumbas ne ky'asuubira kwe kulaba enjawulo mw'abo b'asumba. Abantu bonna kye basuubira kwe kulaba enjawulo mu bulamu bw'abafumbo be bali nabo mu bufumbo, mu baana, ne mw'abo be babeera nabo. Wabula, tetulina kukkiriza ssuubi lyaffe n'ebyo bye tusuubira okufuuka ebbanja lye tubanja bali okukyuka. Katonda y'agenda okukyusa abantu abo mu budde bwe, so si mu budde bwaffe.

**4. Emikwano egyanunulibwa.**

Twetaaga okukolawo akabiina akatono ak'emikwano ak'abo be tusobola okweyabiza era nga ba nsonga. Twetaaga okuyiga okuwuliriza kye bagamba, era ne tuwulira Katonda ky'ayogera naffe okuyita mu balala. Okweyongerayo, twetaaga okubeera abantu abasonyiwa era abatabagana. Twetaaga okubeera nga twanguwa mangu okwetonda n'okutereeza ebintu bwe tukola ekikyamu oba bwe twessitaza abalala. Bwe tukola bwe tutyo, ensobi entono tezigenda kuzimbulukuka, era tuggya kusigaza enkolagana ennungi n'abantu be tubeera nabo.

**5. Okubonaabona okwanunulibwa.**

Mu nsi z'Abazungu yokka y'ewali endowooza ey'obulimba egamba nti obulamu bulina kuba nga bweyagaza, bunyuma, bujjudde essanyu, nga tebuliimu kubonaabona. Ebyawandiikibwa tebituwa kisuubizo ekyo, era n'ebyafaayo ekyo bikiwakanya. Twetaaga okulaba omukono gwa Katonda mu kubonaabona kwaffe, ne tukuyigiramu, era ne tweyogera okufaanana Kristo. Bwe tukola ekyo, olwo tusobola bulungi okukolagana n'abalala, okuweereza gye bali, okubazzaamu amaanyi, era n'okugumya abo ababonaabona.

**6. Okusoma, okuyiga n'okwefumiitiriza okwanunulibwa.**

Tulina okufuga ekyo ekiyingira mu ndowooza yaffe. Abantu ab'amaanyi mu nsi basomi nnyo ba bitabo. Tusoma ebitabo ebituufu nga tunoonya okumanyisibwa okutuufu? Si bayibuli yokka, naye ebitabo ebirungi bitumanyisa ebintu eby'omugaso n'okutwagazisa okubeera mu buwanguzi ne mu bulamu obulungi.

Tulina okubeera abasomi b'Ekigambo kya Katonda ab'olutentezi. Nga tukisoma tusaana okwebuuza ebibuuzo nga bino: Kibuuzo ki Katonda kyali mu kwanukula mu kitundu kino? Kiki ky'ayogera nange mu

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

kitundu kino? Kiki ky'annenya mu kitundu kino? Ekitundu kino nsobola kukiteeka ntya mu nkola?

Okugatta kw'ekyo, tulina okubeera abayizi abeeyigako buli kiseera. Buli kiseera twetaaga okutwalayo ekiseera ne tupima obulamu bwaffe (mu bintu omukaaaga ebikola omuntu ajjudde), mu bye tukulembeza, mu nkolagana zaffe—olwo ne tukola enkyukakyuka ezeetaagisa mu bulamu bwaffe ezikwatagana n'Ekigambo kya Katonda.

**7. <u>Okuteekateeka okwanunulibwa.</u>**

Mu mazima ky'ayogera nti "omuntu alemererwa okuteekateeka, abeera ateekateeka kulemererwa." Abantu bonna balina obudde bwe bumu (essaawa 24 mu buli lunaku). Wabula, bwe tutaddukanya lunaku, olunaku lugenda kutuddukanya. Bwe tutafuga ssente, ssente zaffe zigenda kutufuga. Bwe tutakozesa bulungi budde bwaffe tugenda kuba nga tubeerawo ku lwa kisa ky'abalala oba ebirala. Tulina okuyiga okugamba nti "nedda" eri abantu abamu n'ebintu ebimu ebitutikka omugugu. Obudde obusinga obungi, n'essente ezisinga obungi, tezirina kusaasaanyizibwa ku bitaliimu. Tulina okufuga ekyo ekiyingira mu ndowooza yaffe. Abantu abasinga ku bakoze eby'amaanyi basoma nnyo ebitabo. Tusoma ebitabo ebituufu nga tunoonya okumanyisibwa okutuufu? Abantu abasinga tebabeera na nteekateeka ebaluŋŋamya. Okuteekateeka n'okweteerawo ebiruubiririwa kikulu. Abantu ababotodde (si mu bya mirimu gyokka, naye mu kisaawe kyonna, omuli n'ababotodde mu by'omwoyo, mu kuwangaaza enkolagana, ne mundabika y'emibiri gyabwe) babeera n'enteekateeka, olwo ne bateekawo ebiruubiriwa, era ne babitambulirako nga babissa mu nkola. Kino bwe tukikola kitufuula b'amaanyi. Gye tukoma okubeera ng'obulamu bwaffe buli mu mikono gyaffe n'ebitundu ebirala mu bulamu bwaffe gye bikoma okweyongera okukyuka.

**8. <u>Essaala eyanunulibwa.</u>**

Essaala erina okubeera ekitundu ekikulu era ekya buli kiseera eky'obulamu bwaffe (nga bwe kyali ku Yesu). Okwogerezeganya gye kukoma okweyongera, n'enkolagana ey'omuggundu nayo gy'ekoma. Ekyo ky'amazima eri enkolagana yaffe ne Katonda era n'abantu abalala. Tulina okwetegereza ebintu mu bulamu bwaffe ebiziyiza essaala (eky'okulabirako., ekibi, okubuusabuusa, okwefaako ffekka, okulemererwa okwolesa okwagala eri munno mu bufumbo). Twetaaga okwawulako akadde ak'okusaba. Bwe tweyongerayo, okusaba kwe kukuuma omukutu gw'okwogererezeganya ne Katonda nga muggule. N'olwensonga eyo, tetulina kutwala kya kusaba ng'eky'okwogera obwogezi ne Katonda, naye era tulina n'okuwuliriza Katonda ky'atugamba mu ssaala. Oluvannyuma tulina okukolera kw'ebyo bye tuyize olw'okugondera Katonda.

**9. <u>Ekisonyiwo ekyanunulibwa.</u>** Kristo yatusonyiwa ebbanja ery'ekibi n'olw'okumujeemera lye twali tetusobola kwesasulira. Kale nno, twetaaga okubeera abasonyiwa era abatabagana n'abatusobya. Twetaaga okubeeran abanguwa okwetonda n'okutereeza ebintu bwe tusobya oba bwe twesittaza abalala. Bwe tukola bwe tutyo, ensobi entono teziyinza kuzimbulukusibwa, era tugenda kusigala nga tukwatagana bulungi ne bannaffe, abantu kinnoomu, n'engeri gye bawuliramu. Bwe tubeera abantu abatasonyiwa, endowooza zaffe n'obulamu bwaffe tebusobola kusumululwa mu byayita, tufuuka bakaawu, era tetusobola kukula kufuuka ekyo Kristo ky'ayagala tubeere.

**10. <u>Ekiwummulo ekyanunulibwa n'okuzzibwamu endasi.</u>** Ekiwummulo, okutowoolokoka, n'okugolola ku binywa kyetaagisa eri obulamu bw'obwongo n'omubiri. Bwe tukoowa ne tuyenjebuka endowooza zaffe zibeera tezikyasaza. Okwongera kw'ekyo, bwe tumala obudde bwaffe bwonna ku mirimu, obulamu bwaffe bubeera tebukyakwatagana bulungi era kikosa enkoalagana yaffe n'ab'omu maka gaffe n'emikwano gyaffe. Okukuuma enkolagana nga y'amaanyi n'abantu abatuliraanye, era n'okuffissaawo akadde "ak'okujjuzaawo omuliro ku lyanda" n'okuddamu okwetegereza ebikulembezebwa kikulu, bwe tuba nga tunasigaza endowooza n'obulamu obukola obulungi.

## <u>OKUFUNDIKIRA C—EBIZIBU ABAWABUZI BYE BASISINKANA</u> (byaggyibwa wa Corey, 1982)

- *Okweraliikirira kwaffe kulina kye kuyamba era kwa bayibuli*: okubudaabuda abantu si mulimu gwa muzannyo era gusobola okuyamba ennyo kw'abo be tuwabula. Ate era nga tukiikirira Yesu eri abo be tubudaabuda.
- *Okubeera kye tuli n'okukyogera*: Abakola kkansolingi bangi tebaagala kubeera ekyo kye bali. Enkola esinga okulabibwa mu bawabuzi kwe kubeera abasirise (kwe kugamba., bawuliriza, ne bafumiitiriza, ne batabaako na kye bakolawo), naye ekyo kiyinza okuba nga si kye tuli.

- *Te twetaaga kuba nga tutuukiridde*: Ffena tukola ensobi era ffenna tuli boonoonyi. Be tuwabula nabo bakimanyi, naye era basigala balowooza nti obulamu bwaffe busingako ku bwabwe.
- *Beera w'amazima ne b'owabula*: Ffena ng'abawabuzi tubaako ne we tukoma. Okubuulira be tuwabula nti naffe tulina we tukoma kituweesa ekitiibwa okuva mu be tuwabula.
- *Akasiriikiriro: Embeera etiisa*: Ekiseera eky'akasiriikiriro kiyinza okutowolokosa, naye kiyinza okuba ekibi. Akasiriikiriro kayinza kutegeeza ebintu bingi. Ekyo mukyogereko ne gw'owabula. Jjukira – Katonda y'asiriikirira okumala emyaka 400!
- *Enkwata yoyo gw'owabula ng'alina bya kusaba*: Abawabuzi abasinga baagala okuwulira ng'oli alina by'abasaba bakole. Naye gw'owabula ng'aliko by'akusaba asobola okuwulira okwematira kw'omuwabuzi.
- *Enkwata y'abo b'awabula naye nga si banyiikivu*: B'owabula nga basazaamu entuula, oluusi tebajja, oba nga tebaagala kutwala buvunaanyizibwa bwabwe mu lugendo lw'okuwabulwa. Endowooza y'oyo gw'owabula embi erina okutereezebwa nga muli mu lutuula.
- *Obuwanguzi obw'amangu tebusoboka*: Tosuubira ebibala eby'amangu. Gw'owabula bw'asalawo okukubuulira byonna mu kwewozaako, oli ayinza okuba nga ye musobya agenda kuwulira obulumi, okutabulwa n'okutya. Tuyinza n'obutamanya byavudde mu kuwabula kwaffe, naye ffe twetaaga kubeera beesigwa nga tukola ku nsonga.
- *Tetugenda kuwangula buli muntu*: Tetusobola kuyamba buli muntu! Manya b'osobola okuyamba.
- *Okwerimba-ffeka mu kugaba amagezi*: Be tuwabula beetaaga obuyambi, era naffe abawabuzi twagala okubayamba. Kyokka, amaanyi g'okukkiririza mu kitali kituufu tegayambirako ddala n'akamu!
- *Obulabe obw'okwemalira mu by'oli by'ayogera*: Kya bulijjo okweraliikirira ku lw'abo be tuwabula. Kyokka, okweraliikirira okususse kuyinza okutuleetera okuwulira nga ffe abeettisse omugugu.
- *Zimba embeera ez'obuntu*: Tekirina buzibu okusekera mu ntuula z'okuwabula. Tusobola n'okwesekerera!
- *Teekawo ebiruubirirwa ebisoboka*: Be tuwabula abasinga obungi batera okuwulira omuganyulo mu ntuula ezisooka. gwowabula bwaba nensonga eziwerkao, zikwateko mu mitendera. Amagezi gawe mi mpolampola kubanga gwowabula ayinza tamanyi byonna bwabiteeka mu nkola olumu.
- *Mu kuwa amagezi*: si kirungi buli kiseera okubuulira bowabula ekyokukola. Mu kifo kyokukola ekyo, baleke beezuulire ekituufu, era besiege ekyo kye basazeewo okukola.
- *Okuteesa n'okusikiriza mu kubudaabuda*: Okubawaliriza eky'okukola kiyinza okuzza omuliro. Mu kifo ky'ekyo, baako by'oteesa naye okukola, ekyo kigenda kubalaga nti obeesiga okwezuulira ekkubo.
- *By'olina okwegendereza*: Tekyetaagisa kusosonkereza gw'owabula okutambulira mw'ekyo ky'omulaga. Kisingako okuleka enkolagana okugenda ng'ebibikkula.
- *Zimba sitayiro y'emapabula yo*: Tewaliiwo ngeri ya kuwabula ey'enkomeredde.

## OKUFUNDIKIRA D—EBIZUULIDDWA KU KUWABULWA KWA BAYIBULI

**(1)** Abantu babiri bajja ku kkanisa nga basaba obuyambi bw'ensimbi. Omu alina amabanja olw'obutali buvunaanyizibwa bwe n'obunafu bwe, era ayagala nnyo ebitiibwa, era ekkanisa bw'esalawo okumuyamba olw'okubeera ekkanisa oba olw'okuba/ng'ono "Mukristaayo." Waliwo omulala naye alina amabanja naye si lwa nsobi ze, akola nnyo era alina endowooza ey'okugondera Katonda n'abakadde b'ekkanisa. Buli omu omuwa magezi ki?

**(2)**. Omwami we amuwadde ekisembayo ky'alina okusalawo—salawo okugenda ewuwe oba okuggyamu olubuto. Alina ebyokusalawo bitaano:

(a) Okuggyamu olubuto;
(b) Asigaza omwana n'afiirwa omwami we eyamugambye okumugoba singa ekyo akikola;
(c) Afunayo ab'oluganda lwe okukuza omwana;
(d) Omwana amuwa kitaawe okumukuza, bw'aba ng'ayagala;
(e) Omwana amufunira bazadde abalala.

Oyo omubudaabuda otya?

**(3)** omukazi omufumbo akukubira ngakugamba nti obufumbo buli mu buizbu era nakusaba ne mukyala wo okugenda ewuwe okumuwa ku magezi. Akubuulira nti atulugunyizibwa mu bigambo ne mubiowoozo, bamuduumira nga muddu, amukaka omukwano, era takyasobola kukigumiikiriza. Bombi ye nomwami we

bamanyiddwa ngabakristaayo era ba mmemba ba kkanisa yo. Ateekateeka kunoba, naye balina abaana abato babiri. Otandikira wa?

**(4)** Abafumbo abato bajja mu maaso go kubanga balina omwana atawulira, naye tebakkaanya ku nkagavvula ye. Omwami alabika nga mugumiikiriza okusinga ku mukyala, era omwana n'ategeera endowooza eyo eri mu bazadde be, kale bombi abakoonaganya, agenda ewa kitaawe n'amusaba ebintu kubanga akimanyi nti kitaawe "akkiriza," naye y'ewala nnyina, era nga mugeya n'okumwogerako mu maaso ga kitaawe. Kino kireese obukuubagano mu bufumbo kubanga maama tayagala kulabibwa ng'omukangavvuzi so ng'omwami we muwala waabwe omulaba ng'amukwata obulungi era omununuzi we. Abafumbo abo obabudaabuda otya?

**(5)** Oyitiddwa ba mmemba bo okuva mu kusaba kw'ekkanisa odduke mangu mu ddwaliro omwana waabwe agudde ku kabenje ak'omutawaana. Tomanyi mwana akoseddwa kyenkana ki, era tomanyi oba akyali mulamu. Naye olubadde okutuuka mu ddwaliro, osobola okukimanya okusinziira ku ntunula y'abazadde nti omwana afudde. Ogumya otya abazadde mu ssaawa eyo, era weyongerayo otya okuteekateeka olumbe mu ngeri eyongera okugumya ab'omu maka agafiiriddwa omwana?

**(6)** Omukyala akuliridde mu kkanisa yo mwennyamivu era muwubaavu kubanga awulira ng'ayagala okufumbirwa bubi nnyo, naye tannazuula amusaanira. Ajja gy'oli n'akubuuza ekibuuzo nti, "Kiki kye nnina okwetegereza ku mwami? Kiki kye nnina okukola okulabika nga nsikiriza omusajja atya Katonda? (ku ngulu ne munda)"

**(7)** Omusajja atya Katonda mu kkanisa gy'okulembera alabikako ku Ssande emu ng'ali n'omuwala omuto gw'otasisinkanagako. Amukwanjulira nti gw'ayogereza, era ng'ayagala obagatte mu bufumbo. Omuddamu ki?

**(8)** Abasajja babiri mu kkanisa yo buli omu takyabuuza munne era kimanyiddwa nti tebakolagana, wadde nga bonna basabira mu kkanisa y'emu. Balina ebyafaayo by'okwewakanaya mu nkiiko z'ekkanisa, ne mu kukubaganya ebirowoozo ku nkola ne ku kw'olesebwa kw'ekkanisa, ne ku njigiriza. Buli omu yagaana okusonyiwa munne n'okutabagana naye kubanga buli omu akkiriza nti ye ye mutuufu, oli omulala ye mukyamu. Kino kiigenze kifuuka ensasagge mu kkanisa kubanga abo bombi bagundiivu, era baludde nnyo mu bukulembeze. Kino okikwata otya?

**(9)** Ayagala okuwabulwa ajja gy'oli nga munakuwavu, aweddemu amaanyi, era nga munyiivu. Yakoma okwenyigira mu by'ekkanisa omwaka oguwedde, era agamba nti "takyalaba nsonga emutwala ku kkanisa." Agamba nti akimanyi nti Katonda amwagala, naye tawulira kwagalibwa. Ono ayogera ku mikwano gye mitonotono, newakubadde nga yalina mingi gye buvuddeko. Ono si mufumbo era alaga obwagazi butono mu by'okukolagana n'abantu. Ono agamba nti "akimanyi ebintu si birungi," naye teyeekakasa kya kukola. Kiki ky'olina okunoonya ng'oyogera n'omusajja ono?

**(10)** Abazadde bajja gy'oli nga basobeddwa olwa mutabani waabwe ow'emyaka 18 atandise okwambala mu ngeri etategeerekeka, akyusa langi y'enviiri, era awuliriza ennyimba bazadde be ze batayagala. Abazadde beraliikirivu olwa mutabani waabwe, nga beebuuza kino kye kitegeeza, era na butya bwe kigenda okukosa omwana waabwe. Bintu ki by'olina okuzuula era n'owa abazadde amagezi?

## <u>OKUFUNDIKIRA E—EBIZUULIDDWA KU KUWABULWA KWA BAYIBULI: EBY'OKUDDAMU EBIWEEREDDWA</u>

**(1) <u>Abantu ababiri abajja ku kkanisa nga basaba obuyambi bwa ssente.</u>**

Ssaawo enkola eyitibwamu okuddukirira abantu <u>nga bukyali.</u> Okusaba bwe kuti kungi, ate nga tosobola kugabira buli muntu akusaba, kubanga: (1) tewabaawo ssente zimala kuwa buli omu; ne (2) okugaba ssente eyinza okuba nga si ngeri esinga obulungi ey'okuyamba oyo asaba. Enkola eyo erina okubaamu bino wammanga:
(a) <u>Ekigendererwa ky'Obuyambi</u> (oba Okugaba Okw'okusaasira)
(b) <u>Ennono eziruŋŋamya abagaba era abo abeetaaga</u> (Ekyam. 15:7, 8, 11; Eng. 14:31; 19:17; 22:9; 28:27; Mat. 5:16; 25:31-46; Lukka 6:27-38; Ebik 20:35; 2 Abakk. 9:6-7; Abag. 6:9-10; 1 Tim. 5:3-16; Yak 1:27; 1 Yok 3:17).

(c) Okulabula eri abo abatasaanira, (abanafu, ababuyabuya) n'abo abasaanira (Eng. 10:4; 19:15; 2 Abas 3:10; 1 Tim. 5:8; 6:8). Kino tekitegeeza nti tolina kubayamba n'akamu, naye kiyinza okutegeeza nti "walina okubaawo obukwakkulizo" ku buyambi bwo obw'ensimbi (okulongoosa ekkanisa; okumuwola ssente naye nga waliwo azimuterekera; okunoonya omulimu, n'ebirala.).
(d) Engeri ez'obwoleke ez'okuyambako mu by'enfuna. Ekiruubirirwa kwe kuyamba abantu okwetengerera, so si kwesigama ku balala. Omuntu ali mu bwetaavu yandibaddeko aliko kyakola okusinga okudduukirirwa buli kiseera. N'olwekyo, lowooza ku bino wammanga:

1. Abantu abo "basasule" olw'okubaako ebintu bye bakoze awo ku kkanisa.
2. Beera n'olukalala lw'ebitongole bya gavumenti, ebitongole by'obwannakyewa, oba obuweereza obulala oba ebitongole ebidduukirize gy'obeera olagirira omuntu okuyambibwako ggwe bw'obeera tosobola kumuyamba.
3. Beera n'olukalala lw'abantu b'ekkanisa yo abasobola okukozesa abalala oba okuyamba mu ngeri endala (naye kino kyetaaga okukolebwa nga bukyali, era bw'okiyingizaamu bannakanisa ogenda kwesanga nga bangi ku bo balina obusobozi n'obwagazi bw'okuyamba ku bali mu bwetaavu).
4. Mu kifo ky'okubawa ssente mu mpeke, muyinza okutwala omuntu oyo ku dduuka ne mumugulira ebiteebereka (amata, emigaati, ebibala, amagi, omuceere, ebivaavava, n'ebirala.), oba ne mu sasula landiloodi oba kkampuni emubanja ez'obupangisa mu kifo ky'okumuwa ssente mu mpeke.
5. Mubeere n'enteekateeka y'okuwola ensimbi entonotono eziyamba omuntu okwetandikirawo omulimu gwe.

(e) Mukulembezeemu—ba mmemba b'ekkanisa n'abo abasabira awo bulijjo nga temunnayamba bayise n'abatannalokoka (Abag. 6:10).
(f) Tosalawo wekka. Buno butwalibwa ng'obuweereza bwa badinkoni b'ekkanisa okusinziira ng'ebyetaago ebyo bwe byakolebwangako mu Ebik 6:1-7. Soma 1 Tim. 3:8-13 olabe ebisaanyizo bya badinkoni.

**(2) Omukazi omuvubuka omufumbo ajja ng'alina olubuto lwe yafuna mu bwenzi ne muliraanwa.**

(a) gezaako okufuna bba ne kitaawe wolubuto babeere nga benyigira mu kusalawo amangu ddala nga bwekisoboka. Kino tekitegeeza kubaleeta mu kisenge kimu kubanga ebifuba biyinza okubabuguma nga ffena bwe tuyinza okukirowoozaako. Naye bonsatule balina eddembe nobuvunaanyizibwa mu kuwa ebirowoozo ku biseera byomwana ebyomu maaso.
(b) vumirira nnyo ekyokuggyamu olubuto, nga weesigamy ku kyomwana ali mu lubuto okubeera mu kifaananyi kya Katonda era nga yagattibwa wamu Katonda kennyini mu lubuto lwa nnyina (Zab. 100:3; 139:13-16; Is. 44:24).
(c) kubiriza nnyo omwami nomukyala okusigala bombi kakibe ki. Katonda akyawa okwawukana (Mal. 2:16).
(d) yita mu byokusalawo byonna ebyaweereddwa, obolyawo oleete nomuntu ava mu kitongole ekigaba abaana okunnyonnyola enkola. Oyinza nokwetaaga amagezi ga bannamateeka.

**(3) Omukazi omufumbo akukubira ng'akugamba nti obufumbo bwe buli mu buzibu era n'akusaba ne mukyala wo okugenda ewuwe okumuwa ku magezi.**

(a) Wadde nga kikema nnyo okwagala okumugumya mu bwangu, ekisingako kwe kulagaana mubasisinkane, ye era n'omwami we (okuggyako nga kya mbagirawo). Omwami mumuteeke mu nsonga amangu ddala kubanga: (1) okugonjoola ensonga z'obufumbo, enjuyi zombi zirina okwenyigiramu; ne (2) singa omwami akizuula nti omukyala yalabye omusumba, oba yamuleese n'ewaka nga ye tamanyi oba takkiriza, agenda kusunguwala era awulire ng'aliriddwaamu olukwe—era ekyo kye kigenda okufuuka ensonga mu ndowooza ye okusinga eky'obufumbo obwacankalana ekyaleetedde mukyala we okubaako baayita.
(b) Wuliriza enjuyi zombi, buuza ebibuuzo, ofune okumanya. Weetegereze olabe oba beetaaga njiri. Balekere eby'okukolera ewaka. Eky'okukola ekirungi ky'osooka okubalekera lwe lukalala "nnaamutayiika" (Mata. 7:1-5): olwo lwe lukalala lw'ebibi by'omuntu oba emize ebireetedde obufumbo ebizibu, nga buli kyawandiika kitandika n'ekigambo "Nze." Kino kitegeeza okwesosonkereza, oba okwekebera, oba okwettikka ensobi z'omulala n'endowooza ze.
(c) Mukkiriziganye okuddamu okusisinkana abafumbo nga bali wamu ate era oluvannyuma ng'abasajja n'abasajja, n'abakazi n'abakazi, bwe kiba nga kyetaagisa kasita ebintu bibeera nga bitambula (kitera okutwala essaawa nga ssatu ku ttaano). Omuwabuzi omukazi ayinza okuba mukyala w'omusumba oba omukyala omukulu, omukyala omugezi mu kkanisa.

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

(d) Olw'okuba bano bammemba ba kkanisa, ekiseera kiyinza okutuuka abakadde ne bayingizibwa mu nsonga ezo, okusingira ddala nga waliwo ekibi eky'olutentezi ekitenenyezebwa ekyetaagisa okukangavvulwa akakiiko k'ekkanisa ak'empisa (Mata. 18:15-17).

**(4)) Abafumbo abato bajja mu maaso go kubanga balina omwana atawulira, naye tebakkaanya ku nkagavvula ye.**

(a) Kitegeerekeka bulungi nti, olina kusooka kukola ku nkolagana yaabwe mu bufumbo nga **tonnaba** kukola ku nkolagana yaabwe ne muwala waabwe, kubanga obufumbo kwe kwegatta kw'ababiri ne bafuuka omu, olwo nga tewali (omuli n'abaana) asobola kubaawula (Mata. 19:6). Muwala waabwe agenda kukula ave ewaka (bwe kitera okuba), naye obufumbo bugenda kusigalawo obulamu bwabwe bwonna.
(b) Balagirire mu Abef. 4:25-32 ku bintu bwe basaanira okukolebwa okusigala nga bali bumu ng'abafumbo (nga boogera amazima mu kwagala, nga batabagana buli lunaku, nga bazimbagana, nga basonyiwagana).
(c) Bawe "olukalala" lw'ebyokukolera ewaka- (soma ebyazuulibwa #3 waggulu) era obaweereko n'ennono za bayibuli ezoogera ku kukuza abaana ng'ekiruubirirwa kwe kutuuka ku kukkaanya ku butya bwe babeera bakuza muwala waabwe nga bali wamu, ng'abafumbo.

**(5) Oyitiddwa ba mmemba bo oye mu kusaba kw'ekkanisa odduke mangu mu ddwaliro omwana waabwe a gudde ku kabenje ak'omutawaana.**

(a) Olw'okugumya okw'embagirawo, ebigambo tebitera kwetaagisa, era mu butuufu bisobola okukola obubi bungi okusinga obulungi (ng'okugamba nti, "okwo kubadde kwagala kwa Katonda"). Okubeerawo kwo n'essaala yo kye kintu ekisinga obulungi ky'osobola okukola. Olw'olumu ebigambo ebisinga obulungi bwe biba nga byakwogerwa kwe kubagamba nti "Bannange nga mulabye," n'ebifaanana bwe bityo. Oyinza n'okwewaayo okukubira abantu baabwe okukola ku nteekateeka eyeetaagisa.
(b) Mu kuteekateeka okukuma olumbe, weeyongere okubaako by'omanya ku mugenzi okuva ku bazadde be—ebifaananyi, enneeyisa ye, ne bye bamujjukirako (okuva ku b'eŋŋanda). Bino biteeke mu bubaka bwo obw'okubuulira nga musiibuula omugenzi.
(c) Mu bubaka bwo kakasa ab'ennyumba y'omugenzi nti obulamu bw'omwana waabwe bubadde nekiruubiriwa era nga bwa mugaso.
(d) Mu bubaka bwo kakasa ab'ennyumba y'omugenzi nti omwana waabwe ali mu ggulu ne Yesu (okusingira ddala abaana b'abalokole—1 Abakk. 7:14; cf. 2 Sam. 12:23; Mat. 19:14).

**(6) Omukyala akuliridde mu kkanisa yo mwennyamivu era muwootevu kubanga awulira ng'ayagala okufumbirwa bubi nnyo, naye tannazuula amusaanira.**

(a) Noonya enneeyisa ye ey'obuntu oba emize gye egiyinza okuba nga gyakendeeza emikisa gye egyokufumbirwa. Mubuuze enkolagana ye ne Katonda (okugeza., yanyiigira Katonda?), ebyafaayo bye n'abasajja, enkozesa y'obudde bwe n'essente ze, endowooza ye, n'obulamu bwe ob'okwewaayo, n'ebirala.
(b) Mubuuze ky'agenda okukola mu bulamu bwe obusigaddeyo singa tafumbirwa. Alinayo ebiruubiriwa byonna nga ye nnamunigina?
(c) Mubuuze ky'alina ekisikiriza omusajja atya Katonda omuwasa, oyinza okwogera ku nneeyisa nga zino: (1) ezisangibwa mu Eng. 31; (2) omukazi anabeera mukwano gw'omwami era nga y'asinga okumuzzaamu amaanyi; ne (3) omukazi eyeewaayo eri omwami we, amaka, n'abaana.
(d) Ng'obuuza ebisaanyizo by'ayagala ku mwami, oyinza okwogera ku bisaanyizo: (1) ebyo ebisangibwa 1 Tim. 3:1-7 ewoogera ku bisaanyizo by'omukadde w'ekkanisa; (2) omusajja agenda okwewaayo eri mukazi we, amaka, n'abaana be; ne (3) omusajja alina omutima gwa Katonda (1 Sam. 13:14; Mat. 22:37-38).

**(7) Omusajja atya Katonda mu kkanisa gy'okulembera alabikako ku ssande emu ng'ali n'omuwala omuto gwotasisinkanagako.**

(a) Nga tonnateekawo lunaku lwa mbaga, ekkanisa erina okumanya ebiwerako ku muwala oyo. Omuwala abeere mu kkanisa okumala emyezi mukaaga olwo balyoke bafumbiriganwe, buli muntu mu kkanisa agenda kukisanyukira kubanga bagenda kuba nga babeetegerezza ekimala okumanya nti bombi balokole era nga basaaniragana.

(b) Sisinkana abaagala okufumbiriganwa emirindu 4 okubabuulirira ku nsonga z'obufumbo ng'obawa ne by'okukolera ewaka.
(c) Bategeeze nti toli mu kunenya muwala gw'ayagala, naye otwala eky'abantu abagenda okufumbiriganwa nga kikulu ekyetaagisa okugezesa abaagalana nga tebannagattibwa.

**(8) <u>Abasajja babiri mu kkanisa yo buli omu takyabuuza munne era kimanyiddwa nti tebakolagana, wadde nga bonna basabira mu kkanisa yemu.</u>**

(a) Olw'okuba nga kino kibeera kifuuse ekibi ekimanyiddwa mu bakulembeze, abantu bano bombi beetaaga okunenyezebwa olukiiko lw'abakadde (1 Tim. 5:20). Wabula, enkola y'ekkanisa ey'okukangavvula eri mu Matayo 18:15-17 erina okusooka okugobererwa, naye tekirina kutwala budde bungi nga ziri ensonga endala ezitazingiramu bakulembeze ba kkanisa bonna. Embeera eno ey'obunkenke erina okuggyibwawo mu ngeri emu oba endala ku lw'erinnya lya Kristo n' Ekkanisa.
(b) Abasajja bombi balina okujjukizibwa obubi bw'obutasonyiwa (Mat. 6:14-15) era ne bakubirizibwa okwekebera okulaba oba nga mu mazima baalokoka (2 Abakk. 13:5).
(c) Wayinza okubaawo obwetaavu bw'omutabaganya omulala atya Katonda okuva mu kkanisa endala n'ajja n'abaawo n'abakadde bano wamu n'abasajja bali ababiri oyo n'abeera nga talina ludda, n'awuliriza enjuuyi zombi nga talina kyekubiira, era n'abaako bye yeetegereza n'okubawa eby'okukola nga bwe kyetaagisa.

**(9) <u>Ayagala okuwabulwa ajja gy'oli nga munakuwavu, aweddemu amaanyi, era nga munyiivu.</u>**

(a) Newakubadde nga ky'asooka okwogera kigamba nti "ntawaanira ki okugenda ku kkanisa," naye endowooza ye erina ekibuuzo eky'eby'omwoyo. Weetaaga okukebera embeera ye ey'omwoyo. Wabula ate, ebigambo by'ayogera ku kkanisa kabonero bubonero oba ensajjabavu ey'ekizibu ekirala ekiri mu bulamu bwe.
(b) Eky'okuba nti yalina emikwanao, naye nga kaakati gyakendeera (era nga takyayagala kubeera mu bantu) kiraga nti obulamu bwe bw'afuna enkyukakyuka. Ekyo kyetaaga okwetegerezebwa. Kiyinza okuba nga kiva ku kiwuubaalo, era ng'awulira muwooteevu, muyongobevu, munyiivu, era ng'obutayagala bwe okugenda ku kkanisa bwonna bubonero bwa kiwuubaalo. Okwetegereza ebibadde mu bulamu bwe kikulu. Bwe kiba bwe kityo, okumubuulira ekyo mikwano gye kye gimwenyumirizaamu kisobola okumuyamba okutegeera nti akyali wa mugaso.
(c) Ku ludda olulala, ebizibu bye biyinza okuba nga biva ku nneeyisa ye. Obusungu bwe, ob'olyawo nga bwegasse n'obutasonyiwa bwe nga bye bivaako ebizibu.
(d) Olina okuwuliriza n'obwegendereza ono by'ayogera era ne bwe yeeyisa okulaba oba ng'ali mu mbeera ya kwennyamira. Mu mbera ng'eno, mu bwegendereza mubuuze oba nga yafunako ebirowoozo by'okwetta ng'alaba nga kye kisaanira.
(e) Wuliriza bulungi nga bwe weefumitiriza, nga weeyambisa ebibuuzo n'ebyogeddwa bisobola okukuyamba okumanyira ddala ekizibu kye. Bwe kiba ng'ekizibu kye kyesigamye ku kukyusa embeera gye yalimu, osobola okumubuulira ebintu by'alina okugezaako. Okumuwa amagezi okwenyigira mu bikolebwa ku kkanisa nakyo kiyinza okumuyamba. Abantu bangi baagala okwenyigira mu bikolebw naye batya okubeera bannakyewa, era baagala okumanyibwa. Bw'omuyamba okukola ekyo kimuyamba mu by'omwoyo ate era n'okukwatagana n'abantu abalala.

**(10) <u>Abazadde bajja gy'oli nga basobeddwa olwa mutabani waabwe ow'emyaka 18 atandise okwambala mu ngeri etategeerekeka, akyusa langi y'enviiri, era awuliriza ennyimba bazadde be ze batayagala.</u>**

(a) Ebyafaayo ku bulamu bw'omulenzi oyo bikulu. Kino kimaze bbanga ki? Wabaddewo ebikyuse gye buvuddeko, bwe kiba bwe kityo, byaliwo ddi era lwaki byabaawo? Kaakati "engoye embi" omulenzi zayambala ze zitya? Waliwo enneeyisa endala, ng'oggyeeko enviiri, engoye, n'ennyimba ebinakuwaza abazadde? Omulenzi asoma, bwe kiba nti ye, akola atya mu kibiina? Enteekateeka ze ziri zitya? Yakyusa emikwano gye? Mikwano gye nagyo gyambala bwe gityo era ne gisiiga enviiri? Ennyimba bazadde be ze batayagala ziri zitya, kiki ekiziriko (bazimanyi bulungi okutuuka okuzikyawa; oba bo tebazaagala bwagazi ng'abantu)? Enneeyisa y'omwana eyinza okuba nga nsonga ya kukyusa misono okuva kw'egyo gye bamukulizaamu, nga tekyetaagisa ku beraliikiriza nnyo.
(b) Ku ludda olulala, ekyeraliikiriza kiyinza okuba nga buno bwe bubonero obw'okungulu obulaga akozesa ebiragalalagala. Kale nno, okumanyisibwa kw'oyinza okuba nakwo ku bubonero bw'abo abakozesa ebiragalalagala kwa mugaso.

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

(c) Ensonga endala eyinza okuba ng'omulenzi ono yeegatta ku "kabondo akakyamu" oba ng'ayolesa obwewagguzi bwe eri bazadde be. Mu ebyo byonna, ekizibu kyennyini eyinza okuba enkolagana y'abazadde ne mutabani waabwe. Ebibuuzo ebitangaaza ku nkolagana yaabwe, butya abazadde bwe bawulira ku mwana waabwe, boogera batya eri omulenzi, bakyamukwata ng'owemyaka 8 wadde nga kati alina emyaka 18, biki ddala bye batya, n'ebirala., bigenda kukuyamba okumanyira ddala ekigenda mu maaso.
(d) Olw'okuba ng'omwana wa myaka 18 egy'obukulu, agenda kuba ng'ava ewaka mu bbanga si ddene (okugenda okusoma, okukola, oba mu magye). Enneeyisa ye eno eyinza okuba engeri ey'okulaga okwetongola kwe. Omwana bw'aba nga talina buzibu, osobola okubagamba nti mutabani waabwe talina buzibu okubaako n'ekkomo ku by'akola olw'abazadde be, ekintu ekirungi. Okusobola okusigaza enkolagana ennungi y'ensonga enkulu. Abazadde bayinza okutya eky'okulabika "ng'abazadde abaalemwa." Wabula, osobola okubabuulira nti ekyo kituuka ku bazadde bangi "kya bulijjo abazadde okuwulira ng'abalemwa, naye katulabe bye mubadde mukola, n'omwana by'akola" (era ne weeyongera okubagumya). Okubabuulira nti omwana ali mu myaka gy'akavubuka, nakyo kiyinza okwongera okubagumya. Okujjukiza abazadde nti nabo baayitako mu kiseera bwe kityo ne bazadde baabwe nakyo kiyinza okubazzaamu amaanyi.
(e) Ensonga y'okuba nga Katonda ayinza byonna nayo nkulu, ezzaamu amaanyi, era egumya abazadde. Wadde ng'abazadde bayinza "okumanya" nti Katonda ayinza byonna, naye omuwabuzi okukikkaatiriza kigasa nnyo.

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

## OKUFUNDIKIRA F: ENDAGAANO Y'OYO GW'OWABULA

## EKIWANDIIKO KY'OKUTEGEERAGANA

Nze, ________________________________________, nkitegedde nti nnyingidde mu kuwabulwa okw'ekiseera ekigere ne Musumba _______________. nga tetunnatandika lutuula olusooka, nnategeezeddwa bino wammanga:

(Ebisookerwako)

_____ Nkimanyi nti Musumba [AMANNYA GO] awa abantu okuwabulwa kwa Bayibuli.

_____ Nzikirizibwa okulekeraawo okuwabulwa ekiseera kyonna.

_____ Ebyo bye njogera oba bye mbikkula mu kubudaabudibwa biyinza obutaba bya nkiso.

_____ Omusumba [AMANNYA GO] muwadde olukusa okusisinkana mukyala wange, Mary Jane.

_____ Abantu abasinga obungi abajja mu kkansolingi bawulira bulungi, naye tewali bukakafu nti nange njakuganyulwamu (ekitegeeza., "okuwulira obulungi").

_____ Buli lutuula lwa silingi 100. Nvunaanyizibwa okusasula Omusumba AMANNYA GO ng'olutuula terunnatandika.

Musumba _________________ anyonnyodde ebiri waggulu era Nze, ____________________________ Nzikiriza kyeyagalire okwenyigira mu kuwabulwa kuno.

__________________________________________ ______________

Omukono Ennaku z'omwezi

__________________________________________ ______________

(Omuzadde, Omukuza, oba omujulizi) Ennaku z'omwezi

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

**OKUFUNDIKIRA G: ENSENGEKA Y'OLUSOMA**

**EMBALIRIRA Y'OLUSOMA**

Awabulwa: ________________________________ EZL: ___________________

Ennaku z'Omwezi ez'Olusoma: _______________________

******************************************************************************

*Ebizuuliddwa mu Byogeddwa*

(Ebisookerwako)

_____ 1. Mbuuzizza ayagala okuwabulwa oba ng'alina ekibuuzo kyonna kw'ebyo byassizzaako omukono.

_____ 2. Ntegeezezza ayagala okuwabulwa ku buzibu ne ku miganyulo egiri mu Kuwabula kwa Bayibuli.

_____ 3. Ntegeezezza ayagala okuwabulwa ku kkomo ly'okukuuma ebyama.

_____ 4. (Abalala) ____________________________________________________________

******************************************************************************

**EKIZIBU EKIKULU (mu bigambo by'ayagala okuwabulwa)**:

**AMAANYI GAYAGALA OKUWABULWA**:

**OBULAMU OBW'OMWOYO:**
- **Okukuŋŋaana mu kkanisa/obulamu**
- **Obudde obw'eddembe**
- **Okuyiga Bayibuli**

**EBYAFAAYO BY'OBULAMU BWE:**
- **Obulwadde obusinga okumutawaanya/ebyazuulibwa:**
- **Omusawo w' ayagala okuwabulwa ye:**
- **Ennaku zeyasemba okumulaba/ng'ali n'omusawo mu buliwo:**
- **Eddagala ly'akozesa ENNAKU ZINO (amannya/ebipimo):**
- **Enneebaka oba Endya Ye:**
- **Obulamu bw'ekisenge**

**ENKOLAGANA YE N'ABANTU:**
- **Amaka mwali kati/ebirala ebikulu/abaana**
- **Famile gy'esibuka**
- **Abaamutendeka/emikwano**

**ENTEGEERA/OBWONGO**:
- **Ebirowoozo ebibi ebimugwira**
- **Alowooza mangu/oba mpola**
- **Ajjukira kyenkana ki**

**ENKOZESA YEBINTU EMBI**: **Omwenge, ebiragalalagala**

Kyawandiikibwa © Frank Cummings, Jonathan Menn, ne Equipping Church Leaders – East Africa 2010-2020. Olukusa lwonna tulwesigalizza.

**ENNEEYISA:**

- **Olunaku Olwa Bulijjo**
- **Emizannyo egimunyumira**
- **Emirimu egikola amagoba/n'egitakola**

**ENNEEWULIRA**:

- **Okuwulira obubi ennyo? Ekiseera, ekifo, ekyaliwo**
- **Okuwulira obulungi? Ekiseera, ekifo, ekyaliwo**
- **okucamuka/okuwotoka/ bwe biddiraἠἠana**

**KIKI KY'OSUUBIRA OKUVA MU KUWABULWA**?

**TUKKIRIZIGANNYIZA OKUSSA ESSIRA KU NSONGA**:

______________________________________ __________________

**Omukono gw'Omuwabuzi** **Ennaku z'Omwezi**